

# *Enkola z'okukubisaamu*

## ***HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.***

Olusoma luno luli kitundu ku “**Harvestime International Institute,**” ng’enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g’omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n’abalala okufuuka abakristaayo ab’omugaso, abaatambula amawanga n’enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery’etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw’ekubisaamu, okwetegeka n’okwekufhjaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky’okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

<http://www.harvestime.org>

## EBIRI MU KITABO

Enkozesa y'ekitabo kino.....	3
Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja.....	4
Ennyanjula y'olusoma.....	5
Ebigendererwa by'olusoma.....	7
1. Abavubi b'abantu.....	8
2. Olunaku lw'ebintu ebitono.....	16
3. Engero z'okukubisaamu.....	36
4. Emu gattako emu kyenkana okusukka ku bbiri.....	46
5. Ennyanjula ku kukula kw'Ekkansa.....	58
6. Okukula kw'omunda.....	70
7. Okukula kw'okugaziwa.....	89
8. Okukula kw'okugaziya.....	114
9. Okukula kw'okusala ensalo.....	123
10. Okusalawo oba abayigirizwa?.....	141
11. Okukonziba.....	161
12. Ekifo awatenderwa.....	173
Eby'okuddamu ku bibuuzo by'okwegezaamu.....	190

## ENKOZESA Y'EKITABO KINO.

### (Ensengeka y'ekitabo)

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa:** Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu:** Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula:** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu:** Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

## EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

## EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

### OLUTUULA OLUSOOKA.

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja:** Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka:** Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

### OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya:** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwerezeza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

## ENNYANJULA Y'OLUSOMA

Baibuli ewandiika okutondebwa kw'ensi, omusajja n'omukazi abaasooka (Olubereberye 1). Ekiragiro ekisooka Katonda kye yawa abantu bano abaali bakatondebwa kwali kwekubisaamu:

**Kale Katonda yatonda omuntu mu kifaananyi kye, mu kifaananyi kya Katonda yamutonda; omusajja n'omukazi yabatonda.**

**Katonda n'abawa omukisa, Katonda n'abagamba nti Muzaale, mweyongere; era mujjuze ensi, era mugifugenga...(Olubereberye 1:27-28)**

Enkola eno teyali ya kwekubisaamu kwa mubiri kwokka, naye era yali ya kwekubisaamu mu mwoyo. Nga Adamu ne Kaawa we beyeeyongera okwekubisaamu mu mubiri baali bagenda kujjuza ensi n'abantu abalala abalinga bo. Baali bakwekubisaamu mu by'omwoyo nga bwe kiri ne mu mubiri.

Okugwa kw'omuntu mu kibi kwataataaganya enkola eno (Olubereberye 3). Ekibi kyavaamu okufa mu mubiri kyalemesa okwekubisaamu kw'omubiri (Olubereberye 2:17). Era kyavaako okufa kw'omwoyo era nga kuno kwe kwawukana kw'omwoyo kw'omuntu omwonoonyi ne Katonda omutuukirivu. Kino kyalemesa eby'omwoyo okwekubisaamu.

Olw'okuba Katonda yali ayagala nnyo omuntu, yakola enteekateeka ey'enjawulo okuwonya abantu okuva mu mbeera eno ey'entiisa ey'okufa kw'omwoyo. Katonda yatuma Yesu Kristo okufiirira ebibi byabantu bonna. Yesu yasasula ekibonerezo ky'okufa mu kifo kyaffe, olwo n'awangula okufa ng'azuukira mu bafu (Yokaana 20).

Buli muntu ssekinnoomu alina okusalawo okukkiriza enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi ng'asaba okusonyiyibwa ekibi era okukkiriza Yesu ng'Omulokozi. Ng'omukkiriza mu Yesu ng'ebibi bisoniyiyibwa, olokoka okufa kw'omwoyo.

Wadde ng'omubiri gujja kufa olunaku lumu, ojja kweyongera okuba omulamu mu by'omwoyo era ojja kufuna omubiri omuggya ogulibeera omulamu emirembe gyonna:

---

*Omusomo gwa Harvestime International Institute, "Emisingi gy'okukkiriza," gunnyonnyola enteekateeka ya Katonda ey'obulokozi mu bujjuvu.*

**...Ffenna tujja kukyusibwa...Mu kaseera katono, mu kumyansa kw'eriiso...abafu tulizuukizibwa nga tebakyaddayo kufa, naffe tujja kukyusibwa...olwo ekyawandiikibwa ne kiryoka kituukirira ekigamba nti, Okufa kuwanguddwa. (1 Abakkolinso 15:51, 52, 54)**

Bw'okkiriza Yesu ng'Omulokozi, kiba ng'okutondebwa Katonda obuggya. Bayibuli ekiyita "okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri":

**Yesu n'addamu n'amugamba nti Mazima ddala nkugamba nti Okujjako ng'omuntu azaalibwa omulundi ogwokubiri, tayinza kulaba bwakabaka bwa Katonda. (Yokaana 3:3)**

"Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri" tekitegeeza kuzaalibwa mu mubiri. Kitegeeza okuzaalibwa mu by'omwoyo. Oddamu okutondebwa mu by'omwoyo ng'ekitonde ekiyita mu Kristo. Oli "mupya" kubanga tokyabeera mu kibi n'okubeera mu bulamu obw'ekibi obw'edda:

**Noolwekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo, aba kitonde kipya: ebintu eby'edda nga bigenze; laba, ebintu byonna bifuuse bipya. (2 Abakkolinso 5:17)**

Mu ntandikwa y'ensi, ekiragiyo kya Katonda ekyasooka eri abantu be abaatondebwa kyali kya kwekubisaamu. Ekiragiyo kye ekyasooka eri abakkiriza abazzeemu okutondebwa, "abazaalibwa omulundi ogw'okubiri" kye kimu. Tulina okweyongera mu by'omwoyo n'okujjuzza ensi n'abantu abalala nga ffe; abantu abagala Katonda era abatambuliramu kussa ekimu naye.

Yesu bwe yasooka okuyita abantu okumugoberera, kyali kukoowoola kwa kweyongera mu by'omwoyo (Lukka 5:10). Ekiragiyo kye ekyasembayo eri abakkiriza kyali kya kweyongera mu by'omwoyo (Ebikolwa 1:8). Okusobola okuvvuunuka okusoomoozebwa kw'enkumi n'enkumi z'abantu abafiira mu kibi nga tebalina Njiri, buli mukkiriza alina okuyiga ennono z'okwekubisaamu mu by'omwoyo.

Omusomo guno gugabana enkola za Baibuli ez'okuzaala mu by'omwoyo ezijja okukusobozesa okweyongera mu kugondera ekiragiyo kya Katonda. Ojja kuyiga engeri y'okweyongera mu by'omwoyo ng'omuntu ssekinnoomu era ng'ekibiina mu mbeera y'ekkanisa y'omu kitundu. Bw'ossa mu nkola emisingi gya Baibuli egyisomesebwa mu musomo guno, osobola okuvunaanyizibwa ku kukubisaamu enkumi n'enkumi z'abakiriza abatendeke n'abakubirizibwa.

Bw'oba okola emisomo gya Harvestime International Institute mu nsengeka, guno gwe musomo ogw'okusatu mu ezo essatu, etunuulidde okukubisaamu abakozi ab'omwoyo abatendekebwa okuyita mu kumaliriza omusomo ogw'okubiri.

Emisomo zino essatu ze; "Okukulaakulanya endaba y'ensi mu ngeri ya Baibuli, "Obukodyo bw'Okusomesa, "Enkola z'okukubisaamu, ne "Ennono z'amaanyi. Emisomo gino gikulaakulanya okumanyisa obwetaavu obw'omwoyo obw'ensi n'okunnyonnyola engeri y'okutuukirizaamu obwetaavu obwo nga tuyita mu njigiriza ya Baibuli n'okubuulira, okweyongera, n'okwolesa amaanyi ag'omwoyo

## EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA

Bw'omala omusomo guno ojja kuba osobola:

- Okuzaala mu by'omwoyo nga oyita mu kukozeza enkola za Baibuli ez'okukubisaamu.
- Okufunza emisingi gy'okukubisaamu egyasomesebwa mu ngero z'Endagaano Empya.
- Okunyonnyola engeri omukkiriza gy'ayinza okweyongera mu by'omwoyo okusitula ebikumi n'ebikumi by'abakkiriza abapya.
- Okufuula amaka go ekifo eky'okukuzaamu abantu mu by'omwoyo.
- Okufunza ennono z'okukubisaamu okw'omunda mu Kkanisa.
- Okufunza ennono z'okugaziya okwekubisaamu mu kkanisa.
- Okufunza ennono z'okugaziya okukubisaamu mu kkanisa.
- Okufunza ennono z'okuzimba omukutu gw'okukubisaamu mu kkanisa.
- Okusitula abakkiriza abaggya okusukka okusalawo okudda mu buyigirizwa.
- Okulaba ensonga eziremesa okweyongera kw'eby'omwoyo.
- Okuteekawo ekifo kya Harvestime International Institute eky'okukubisaamu mu by'omwoyo.

# ESSUULA ESOOKA

## ABAVUBI B'ABANTU

### **EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuzuula ebiragiro bya Yesu ebisooka n'ebisembayo eri abagoberezi be.
- Okunnyonnyola "okukubisaamu."
- Okunnyonnyola kye kitegeeza okukubisaamu kw'eby'omwoyo.
- Okunnyonnyola "enkola."
- Okunnyonnyola "engeri"
- Okunyonnyola kiki ekitegeeza "enkola z'okukubisaamu."
- Okufunza ennono z'envuba ez'obutonde ezikwata ku nvuba ey'omwoyo.

### **OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Yesu n'abagamba nti Mujje mungoberere, nange ndibafuula abavubi b'abantu. (Makko 1:17)**

### **ENNYANJULA**

Yesu Kristo bwe yatandika obuweereza bwe obw'olukale ku nsi, yayita abasajja abawerako okubeera abayigirizwa be abasooka:

**Yesu n'abagamba nti Mujje mungoberere, nange ndibafuula abavubi b'abantu. (Makko 1:17)**

Ekiragiro kye yasooka okulagira abasajja bano kyali kya kweyongera mu by'omwoyo. Singa baamugoberera, abafuule "abavubi b'abantu. Baali ba kwekubisaamu nga bwe "bavuba" mu by'omwoyo eri abasajja abalala n'abakyala.

Obubaka bwa Yesu obwasembayo eri abagoberezi be bwali kukoowoola eri okuzaala mu by'omwoyo:

**Naye mulifuna amaanyi oluvannyuma lw'Omwoyo Omutukuvu okujja ku mmwe: era muliba bajulirwa gye ndi mu Yerusalemi ne mu Buyudaaya yonna ne mu Samaliya, n'okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi.**



**Awo bwe yamala okwogera ebyo, nga balaba, n'asitulwa; ekire ne kimusembeza okuva mu maaso gaabwe. (Ebikolwa 1:8-9)**

Abayigirizwa bandisobodde batya okutuukiriza omulimu guno omunene Yesu gwe yawa? Kino ekibinja ekitono kyandisobodde kitya okusaasanira ensi yonna?

**ENKOLA Z'OKUKUBISAAMU**

Yesu yabikkula enkola entongole ezandisobozesezza abayigirizwa be okutuukiriza ekiragiro ky'okwekubisaamu mu by'omwoyo. Ekisooka era ekisinga obukulu ku bino kyaweereddwa ng'ekimu ku mulimu omukulu Ebikolwa 1:8. Abayigirizwa bandyeyongedde okwekubisaamu okuyita mu kufuna amaanyi olw'Omwoyo Omutukuvu. Enkola endala zabikkulwa ng'abagoberezi ba Yesu batandika okweyongera n'okutuuka mu nsi n'Enjiri. Enkola zino ziwandiikiddwa mu bitabo by'Ebikolwa by'Abatume n'Ebbaluwa mu Ndagaano Empya.

Omusomo guno gunnyonnyola enkola zino ez'okukubisaamu. Kikuyigiriza engeri y'okuzikozesaamu okuzaala mu by'omwoyo era okutuukiriza ekiragiro kya Katonda. Naye okusooka, olina okutegeera okwekubisaamu kye kitegeeza. "Okukubisaamu" kitegeeza okweyongera mu muwendo nga tuyita mu kuzaala. Ekintu bwe kikubisibwamu, kiddibwamu emirundi n'emirundi mu kikula.

Mu nsi ey'obutonde, abasajja n'abakazi beekubisaamu nga bazaala abaana. Beeyongera obungi mu mubiri. Okweyongera mu by'omwoyo kukolebwa nga tuzaala mu by'omwoyo. Omukkiriza azaala okuyita mu kugabana Enjiri n'abalala, okubatuusa okufuuka abakkiriza, n'okubanyweza nga abayigirizwa ba Mukama waffe Yesu Kristo.

Bayibuli eraga engeri Katonda gy'akozesaamu okukubisaamu abantu mu by'omwoyo. "Engeri" ye nteekateeka y'okutuukiriza ekiruubirirwa. "Enkola" gwemuyungirano okugattibwa okutuuka ku kiruubirirwa "Enkola z'okukubisaamu" nkola ezisobozesa abakkiriza okutuuka ku kiruubirirwa eky'omwoyo okuzaala. Ekigendererwa tekikyuka. Tulina okuzaala mu by'omwoyo n'okutuuka eri ensi n'Enjiri. Waliwo enkola nnyingi ez'enjawulo ekigendererwa kino mwe kiyinza okumalirizibwawo. Zino ze "enkola, oba enteekateeka ez'enjawulo, z'osobola okwekubisaamu."

Omuntu bw'akolagana n'enkola za Katonda ez'okukubisaamu, kivaamu okuzaala okw'omwoyo. Abakkiriza bazaala mu by'omwoyo munda mu lubuto lw'Ekanisa.

**OKUYITIBWA ERI OKUKOLA**

Abasajja Yesu be yasooka okuyita ng'abayigirizwa baali bavubi. Baali basajja ba bikolwa. Tebaakwata nga byennyanya kimu ku kimu. Baakozesa obutimba obunene okuvuba era ne baleeta ebyennyanya bingi ebya buli ngeri.

Yesu bwe yabayita okubeera "abavubi b'abantu, yabikkula enteekateeka efaananako bwetyo mu kwekubisaamu mu by'omwoyo. Abagoberezi be baali ba "kukwata" abasajja n'abakazi okuva mu buli ggwanga, obuwangwa, olulimi, n'amawanga. "Obutimba" bwabwe obw'omwoyo bwali bwa kujjula.

Yesu yayita abantu okukola. Yagamba nti ajja kubafuula abavubi b'abantu. Tebaali ba kubeera balabi bulabi mu nteekateeka ya Katonda. Baali bakubeera nga bavuba ab'olubeerera ab'emyoyo gy'abasajja n'abakazi.

Omulanga gwa Yesu gukyali gwe gumu. Tulina okufuuka abavubi b'abantu. Bwe tuba nga tetuvuba, olwo tetugoberera.

### **ABAVUBI B'ABANTU**

Lwaki Yesu yakozesa ekyokulabirako ky'okuvuba okuyita abagoberezi be?

Ekisooka, kyali kyakulabirako kye baali basobola bulungi okutegeera. Abasajja bano beeyimirizaawo nga bavuba. Ky'ekintu kye baawaayo ebiseera byabwe n'amaanyi gaabwe. Yesu bwe yabayita okufuuka abavubi b'abantu, baategeera nti bajja "kuvuba" abasajja mu by'omwoyo, nga bwe baali bakutte ebyennyanya mu nsi ey'obutonde. Era baategeera ebyetaago by'omulanga guno. Envuba ey'omwoyo yandyetaagisa okwewaayo kw'ebiseera byabwe n'amaanyi gaabwe.

Ekyokubiri, Yesu yakozesa ekyokulabirako ky'okuvuba okuyita abagoberezi kubanga waliwo ennono ez'obutonde ez'envuba eziyinda okukozesebwa mu by'omwoyo. Bino bye bimu ku nnono zino:

#### **OLINA OKUGENDA EBYENNYANJA WE BIRI:**

Bw'oba oyagala okukwata ebyennyanya, olina okugenda awali ebyennyanya. Ebyennyanya bibeera mu mazzi. Tojja kujja kukwata ebyennyanya ng'olindirira waggulu ku lusozi oba wakati mu ddungu.

Ng'omukkiriza, olina okugenda ebyennyanya gye biri mu by'omwoyo. Abasajja n'abakazi babeera mu nsi.

Toyinza kulinda mu kizimbe ky'ekkanisa abatakkiriza kujja gy'oli. Olina okugenda mu katale, amasomero, ne ofiisi ne "ebyennyanya" wonna awasangibwa abantu abatalokose.

#### **OLINA OKWEKENNEENYA OBWEBULUNGULULE:**

Bw'oba ovuba mu nsi ey'obutonde, kikulu okulowooza ku butonde bw'ensi. Olina okweetegereze amazzi n'ebuziba waago. Olina okumanya oba mazzi ga munnyo oba mazzi mayonjo. Olina okwetegereza engeri empewo gy'efuwamu. Ensonga zino zonna ez'obutonde ze zisalawo ekika ky'eky'okutega n'enkola z'ogenda okukozesa okuvuba.

Bwe kityo bwe kiri ne mu nsi ey'obutonde. Olina okwekenneenya embeera gy'osangamu abasajja n'abakazi. Ebyetaago byabwe bye biruwa? Kiki ekigenda mu maaso mu bulamu bwabwe? Kino kijja kukuyamba okusalawo enkola gye balina okukozesa mu kuvuba emyoyo gyabwe.

Yesu bwe yasisinkana omukazi ku luzzi mu Yokaana 4, yeekenneenya embeera mwe yamusanga. Yali anoonya mazzi ag'obutonde. Yakozesa obwetaavu bunu obw'obutonde okumuyamba okumutegeera obwetaavu obw'omwoyo. Enkola gye yakozesa yamusikiriza okuyingira mu Bwakabaka bwa Katonda.

Mu nsi y'obutonde, bw'oba okozesa enkola y'okuvuba envubu mu mazzi ag'omunno tojja kugikwata. Envubu tezibeera mu mazzi ga munno. Zibeera mu mazzi amayonjo.

Bw'oteekenneenya butonde mu nsi ey'omwoyo, ojja kwesanga nga "ovuba" nvubu mu mazzi g'omunno" kubanga tewategeera bantu gye bali n'engeri y'okubatuukako.

#### **OLINA OKUKOZESA ENGERI EZ'ENJAWULO:**

Omuwubi omulungi akozesa enkola ez'enjawulo okukwata ebyennyanja. Akozesa eby'okutega eby'enjawulo okusikiriza ebyennyanja. Akozesa ebika by'ebikozesebwa mu kuvuba eby'enjawulo okuli emiggo, obutimba, amafumu, oba ebisero. Ebika by'ebyennyanja eby'enjawulo bisikirizibwa enkola ez'enjawulo. Eno y'ensonga lwaki omuvubi omulungi akozesa enkola ez'enjawulo.

Omuwubi asobola okuyiga ezimu ku nkola zino mu bitabo ebiwandiikiddwa ku nvuba. Ayiga enkola endala okuyita mu bumanyirivu n'okwetegereza. Enkola z'akozesa zikyuka, naye ekigendererwa bulijjo kiba kye kimu...Kukwata byennyanja.

Bw'oba oyagala okuba omuvubi omulungi mu by'omwoyo, olina okukozesa enkola ez'enjawulo. Abantu abamu basikirizibwa Enjiri nga bakozesa enkola ez'enjawulo. Abamu basikirizibwa nga basomesa era n'okubuulira oba okubudaabuda mu kiseera ky'obwetaavu. Abalala "bakwatibwa" enkola ez'enjawulo.

Enkola z'okuvuba okw'omwoyo za njawulo, naye ekigendererwa bulijjo kye kimu...Okuvuba emyoyo gy'abasajja n'abakazi.

#### **OLINA OKUSUULA EKITIMBA N'OVUBA**

Ne bwoba okozesa omuggo, akatimba oba effumu mu nsi ey'obutonde, olina okubikasuka mu mazzi n'ovuba. Mu nsi ey'obutonde, engeri gy'osuilamu mu mazzi kikulu nnyo. Okukasuka kwo kulina kuba ku kinyusi kwenyini. Era olina okwegendereza okusobola okussa ebyennyanja byo ku ttaka ng'omaze okubikwata.

Mu nsi ey'omwoyo, tusuubizibwa singa "tukasuka" Ekigambo kya Katonda, tekijja kudde bwereere. Kijja kutuukiriza ekigendererwa kyakyo mu mitima n'obulamu bw'abasajja n'abakazi (Isaaya 55:11).

Bw'okozesa Ekigambo kya Katonda, ojja kuba ku kumulamu buli mulundi. Oluvannyuma, kijja "kuvuba" abasajja n'abakazi.

#### **OBUDEDE KIKULU:**

Ekiseera ky'emisana ne sizoni z'omwaka bikosa envuba mu nsi ey'obutonde. Ebyennyanja ebimu bisenguka era tebisobola kukwatibwa mu bitundu ebimu mu sizoni ezimu. Ebyennyanja ebisinga obunene bikwatibwa nga makya lwe bibeera kungulu wa mazzi nga birya. Bw'ovuba mu sizoni enkyamu oba mu kiseera ekikyamu, tojja kukwata byennyanja bingi.

Ebiseera bikulu mu nvuba ey'omwoyo nakyo. Ojja kuyiga oluvannyuma mu musomo guno engeri gye kikulu "okuvuba" ebitundu by'ensi ebisembeza ng'ebyennyanja "bilya" mu by'omwoyo.

## **OLINA OKUBA OMUGUMIIRIZA:**

Omuvubi mu nsi ey'obutonde alina okuba omugumiikiriza. Alina okulinda ebyennyanya okukwata ku mutego oba okuwuga mu katimba. Bwe kityo bwe kiri ne mu nsi ey'eby'omwoo

**Kale mugumiikiriza, ab'oluganda, okutuusa ku kujja kwa Mukama. Laba, aba omulimi alindirira ebibala eby'omuwendo eby'ensi, era aludde okugumiikiriza olw'ekyo, okutuusa lw'afuna enkuba ey'amangu n'ey'oluvannyuma. (Yakobo 5:7)**

## **OKWEKUBISAAMU OKW'OMWOYO**

Okuvuba mu nsi ey'obutonde kivaamu ebyennyanya okweyongera. Okuvuba mu nsi ey'omwoyo kivaamu okweyongera kw'abasajja n'abakazi mu Bwakabaka bwa Katonda. Ebiva mu kuzaala mu butonde kwe kweyongera kw'abantu abalamu. Okuzaala mu by'omwoyo kivaamu okwekubisaamu kw'abantu ab'omwoyo.

Okuzaala mu butonde kiva mu bulamu. Okuzaala mu by'omwoyo nakyo kiva mu bulamu. Tekiva mu nteekateeka n'okukuba obulango bw'abantu. Okuzaala okw'omwoyo kujja nga kuyita mu obulamu obw'omwoyo ng'ensibuko yaabwo ye Katonda.

Mu by'obutonde, okuzaala kutandikira mu lubuto lw'omukazi ng'alina akatoffaali kamu ak'obulamu. Akatofaali ako keekubisaamu okutuusa ng'omubiri omujjuvu gutondeddwa era omwana n'azaalibwa.

Okukula mu by'omwoyo kufaanako bwe kutyo. Kitandikira ku ntambula y'obulamu bwa Katonda mu musajja oba omukazi omu. Kyekubisaamu mu "lubuto" olw'omwoyo olw'Ekkanisa. Ojja kuyiga engeri okuzaala mu by'omwoyo gye kutandika "Olunaku Lw'ebintu Ebitonotono" mu ssuula eddako.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Mateeka ki agasooka n'agasembayo Yesu ge yawa abagoberezi be?

.....  
.....  
.....

3. Okukubisaamu kye ki?

.....  
.....  
.....

4. Omukkiriza azaala atya mu by'omwoyo?

.....  
.....  
.....

5. Nnyonnyola "Engeri."

.....  
.....  
.....

6. Nnyonnyola "Enkola."

.....  
.....  
.....

7. Nnyonnyola kye kitegeeza "enkola z'okukubisaamu."

.....  
.....  
.....

.....  
..

8. Funza ennono z'envuba ez'obutonde ezikozesebwa mu nvuba ey'omwoyo.

.....  
.....  
.....

## OKWEYONGERA OKUSOMA

Omulanga gwa Yesu okwekubisaamu mu by'omwoyo si kwa kuteesa. Kiragiho. Soma ekipande kino wammanga ekigeraageranya n'ebiwandiiko bya Baibuli eby'enjawulo eby'Omulimu Omunene. Noonya buli kujuliza mu Baibuli yo. Weetegereze obuyinza bw'olina okutuukiriza ekiragiho. Wetegereze obuweereza bwo we butuuse, obubaka bwo, n'emirimu gy'ogenda okwenyigiramu mu nkola y'okukubisaamu.

<b>Okujuliza</b>	<b>Obuyinza</b>	<b>Ekigero</b>	<b>Obubaka</b>	<b>Ebikolebwa</b>
Matayo 28:1-20	"Obuyinza bwonna".	Amawanga gonna.	Ebintu byonna  Yesu  bye yalagira	Omuyigirizwa nga agenda  okubatiza, okuyigiriza
Mark: 16:15.	Erinnya lya Yesu.	Ensi yonna eri ebitonde byonna.	Enjiri.	Genda obuulire,  okuwonya abalwadde.
Lukka: 24:46-49	Erinnya lya Yesu.	Amawanga gonna.  okutandika ku ne Yerusalem	Okwenenya	Okubuulira, okulangirira  n'okubeera omujulizi  Okusonyiwa wa bibi
Yokaana: 20:21.	(Yasindikibwa Yesu nga bwe yali yasindikibwa Kitaffe)	(Ekigero ky'obuweereza, obubaka, era emirimu girina okuba ng'ejja "Yesu.")		
Ebikolwa by'Abatume: 1:8	Amaanyi ga g'Omwoyo Omutukuvu	Yerusaalemi, Buyudaaya, Samaliya, era Nekunkomerero y'ensi	Kristo.	Omujulizi

# ESSUULA EYOOKUBIRI

## OLUNAKU OLW'EBINTU EBITONO

### **EBIGENDERERWA:**

- Bw'omaliriza essuula eno ojja kuba osobola:
- Okuwandiika olunyiriri lukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okufunza ennono enkulu ez'okukubisaamu.
- Okuwa ebika eby'enjawulo eby'okukula mu by'omwoyo.
- Okuwandiika ebijuliza ebiraga nti okukubisaamu kiri mu byawandiikibwa.
- Okuwa ensonga eziraga okussa essira mu bukyamu ku kwongera kw'omuwendo.

### **OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Kubanga ani anyooma olunaku olw'ebintu ebitono? (Zakaliya 4:10)**

#### **ENNYANJULA**

Okukula mu mubiri gw'omuntu kutandikira ku katoffaali kamu ak'obulamu nga kino kiva mu kwegatta wakati w'omusajja n'omukazi. Akatoffaali ako kakula munda mu lubuto lwa maama okutuusa omuntu omulala lwatondebwa. Bwe kikula, omuntu oyo omupya naye aba n'obusobozi obw'okwekubisaamu emirundi egiwera.

Okukula mu mwoyo kutandikira ku nkolagana wakati w'omuntu omu ne Mukama waffe Yesu Kristo. Obulamu obw'omwoyo bukulukuta mu mmeeme n'omwoyo gw'oyo akkirizza Yesu ng'Omulokozi. Akaliro ako ak'obulamu, mu lubuto olw'omwoyo olw'Ekkansa, bikula okutuusa omuyigirizwa omupya lw'atondebwa. Omuyigirizwa alina obusobozi okuzaala mu by'omwoyo ng'akulemba abalala eri Mukama waffe Yesu Kristo.

Ka kibeere mu nsi ez'obutonde oba ez'omwoyo, okukubisaamu kutandikira ku katoffaali kamu ak'obulamu. Y'ensonga lwaki Katonda yagamba nti:

**Kubanga ani anyooma olunaku olw'ebintu ebitono? (Zakaliya 4:10)**

Mu ssuula eno ojja kutandika n'ebintu ebitonotono. Ojja kuyiga ennono enkulu egy'okukubisaamu era n'ebikwata ku bika eby'enjawulo eby'okukula mu by'omwoyo. Ojja kuyiga ku ngeri Katonda gy'afaayo ku by'omwoyo okukubisibwaaamu n'ensonga eziraga nti essira liteekeddwa mu bukyamu ku



kukula kw'omuwendo. Ojja kutandika nennonno ezisookerwako, ebintu ebitonotono okubikkulirwa okunene kwe kwesigamye.

### **ENNONO EZISOOKERWAKO MU KUKUBISAAMU**

Olina okutegeera ennono z'okukubisaamu mu by'omwoyo ezisookerwako okusobola okuyiga n'okussa mu nkola "enkola z'okukubisaamu. Ennono za Baibuli ez'okukubisaamu tezikyuka, wabula enkola mukubisaamu ziyinza okwawukana. Enkola zikyuka, naye ekigendererwa bulijjo kisigala kye kimu.

Ekigendererwa n'ennonno za Katonda bulijjo bisigala nga bye bimu, naye akakodyo k'okutuuka bigendererwa bikyuka. Ekigendererwa kya Katonda okuva ku ntandikwa y'ebiseera kibadde...

**...Mu biseera ebijjuvu, alyoke akunjaanye wamu ebintu byonna mu Kristo byombi ebiri mu Ggulu ne kusi. (Abaefeso 1:10)**

Ng'obulamu obw'omwoyo obw'abantu be n'embeera z'ebyafaayo bwe zikyuka mu mawanga, Katonda akyusa enkola ye nga bwe kyetaagisa okutuukiriza ebigererwa bye. Okugeza bataata mu maka g'Abaisiraeri baalemererwa omulimu gaabwe ogw'omwoyo, Katonda yayimusa bakabona. Bakabona we beeyoneonesha, Yayita bannabbi ng'abakulembeze ab'omwoyo.

Yesu yakozesa enkola nnyingi ez'enjawulo ez'obuweereza. Teyakolagana na bantu bonna mu ngeri y'emu. Enkola ze zaawukana, naye ekigendererwa kye kyasigala kye kimu...Okukoma n'okukyusa obulamu bw'abantu.

Gino g'emisingi egisookerwako gy'oteekeddwa okutegeera mu "olonaku lw'ebintu ebitonotono" nga tonnatandika kukubisaamu:

#### **KATONDA AFAAYO NNYO KU BUNGI BW'ABANTU:**

Okufaayo kwa Katonda bulijjo kubadde ku nsi yonna:

**Kubanga Katonda yayagala nnyo ensi, n'awaayo Omwana we omu yekka, nti buli amukkiriza tayinza kuzikirira wabula abeere n'obulamu obutaggwaawo. (Yokaana 3:16)**

Katonda ye...

**...nga tebaagala muntu yenna okuzikirira, wabula bonna bajje mu kwenenya. (2 Peetero 3:9)**

Yesu yayoleka okufaayo kuno kwe kumu bwe yagamba nti:

**Kubanga Omwana w'omuntu azze okunoonya n'okulokola ekyo ekyabula. (Lukka 19:10)**

**...kubanga sajja kuyita batuukirivu, wabula aboonyoni okwenenya. (Matayo 9:13)**

Katonda afaayo ku bibinja by'abantu. Afaayo ku bungu bwabwe. Afaayo kukwekubisaamu kw'abakkiriza okubunyisa Enjiri. Nga bw'otandika okusoma kwo mu nkola z'okukubisaamu olina okutandika

n'okufaayo kwe kumu nga Katonda--okwo okw'okutuuka eri ensi yonna n'obubaka bw'Enjiri.

### **KATONDA Y'ALEETERA OKUKULA:**

Okwekubisaamu kw'eby'omwoyo tekuyinza kutuukirira awatali toline Katonda. Katonda y'awa okukula:

**...Kyokka Katonda ye yakuza. (1 Abakkolinso 3:6)**

### **OMUNTU ALINA OKUKOLAGANA N'ENNONO ZA KATONDA:**

Waliwo ennono mu Kigambo kya Katonda ezikozesebwa mu buli kitundu ky'obulamu n'obuweereza. Katonda akola ng'eyita mu basajja abamanyi okukolagana n'ennono zino. Okuva ku ntandikwa y'ensi, Katonda akoze ku nsi ng'ayita mu muntu. Yawa Adamu ne Kaawa omulimu gw'okukuuma olusuku. Yakozesa omusajja ayitibwa Nuuwa okukuuma obulamu ku nsi mu kiseera ky'amataba.

Katonda yayimusa Ibulayimu okutandikawo eggwanga lya Isiraeri lye yayitamu okwebikkulira amawanga g'ensi. Katonda era yakozesa bannabbi, bakabaka, n'abalamuzi okutuukiriza enteekateeka ye mu biseera by'Endagaano Enkadde.

Mu ndagaano empya, omusajja ayitibwa Yokaana Omubatiza "yategekera Mukama Yesu ekkubo." Yesu yatandika obuweereza bwe n'abantu ba bulijjo era bwe yakomawo mu Ggulu n'aleka amagenda g'Enjiri mu mikono gy'abasajja bano be bamu. Ebiwandiiiko byonna ebya Baibuli bikwata ku muntu okukolagana n'ennono za Katonda okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda.

Kino kituufu mu kwekubisaamu kw'eby'omwoyo. Katonda tayita ku muntu okubunyisa Enjiri. Akozesa abasajja n'abakazi abategeera era abakolagana n'emisingi gye egy'okukubisaamu. Pawulo yafunza enkolagana eno ey'obwegassi:

**Nsimbye, Apolo n'afukirira; naye Katonda ye yakuza (1 Abakkolinso 3:6)**

Pawulo yaggumiza obwangu abakiriza bwe balina okukozesa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe mu nteekateeka ya Katonda:

**Kubanga buli anaakoowoola erinnya lya Mukama alirokolebwa Kale balikoowoola batya oyo gwe batakiriza? Era balikiriza batya oyo gwe bataawulirangako? baliwulira batya awatali abuulira? (Abaruumi 10:13-14)**

### **YESU Y'ALINA OKUTUNUULIRWA MU KUKUBISAAMU:**

Yesu yagamba nti:

**Nange bwe ndisitubwa okuva ku nsi, ndisendeka abantu bonna gye ndi. (Yokaana 12:32)**

Yesu yali ayogera wano ku "kositula" kwe ku musaalaba okufiirira ebibi by'abantu bonna. Okuyita mu kufa kwe, yandisika abantu bonna okuyita mu maanyi g'Enjiri. Bw'ogabana obubaka bw'Enjiri, Yesu asitulibwa waggulu. Bw'asitulwa mu bulamu bwo ne mu kkanisa yo, abantu basendebwasendebwa amaanyi g'obubaka bw'Enjiri. Okukubisaamu kukakasibwa nga Yesu asituddwa waggulu.

#### **EKIGAMBO KYA KATONDA KIREEETA OKUKULA:**

Yesu yayogera olugero olukwata ku kukula mu Matayo 13:1-9. Yannyonyola olugero luno mu Matayo 13:18-23. Soma ebitundu bino mu Baibuli yo. Mu lugero luno, ensigo ekiikirira Ekigambo kya Katonda. Katonda yasubiza bwe tusimba Ekigambo kye, tekisimbibwa bwereere:

**Bwe kityo bwe kiriba Ekigambo kyange ekifuluma mu kamwa kange; tekijja kudda gyendi nga tekiliimu nsa, naye kirituukiriza kye njagala, era kijja kukulaakulana mu kintu kye nnakisindikira. (Isaaya 55:11)**

**...Kubanga ndiyanguwa ekigambo kyange okukituukiriza. (Yeremiya 1:12)**

Kigambo kya Katonda kyekireeta enkyukakyuka mu bulamu bw'abasajja n'abakazi. Enkyukakyuka eyo evaamu okukula n'okukubisaamu nga kwesigamiziddwa ku Kigambo kya Katonda.

#### **OMWOYO OMUTUKUVU ALEETERA OKUKUBISAAMU:**

Mu bubaka bwa Yesu obusembayo eri abayigirizwa be yagamba nti:

**Naye mulifuna amaanyi oluvannyuma lw'Omwoyo Omutukuvu okujja ku mmwe: era muliba bajulirwa gye ndi mu Yerusalemi ne mu Buyudaaya yonna ne mu Samaliya, n'okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu gasobozesa okwekubisaamu. Ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu bizimba olw'okukubisaamu. Ekibala ky'Omwoyo Omutukuvu kireeta okuzaala. Tugenda kwekenneenya omulimu gw'Omwoyo Omutukuvu mu kukubisaamu kw'omwoyo mu ssomo eddako.

#### **OKUKUBISAAMU BUVUNANYIZIBWA BWA BULI OMU:**

Mu kkanisa eyasooka, okubunyisa Enjiri tekwalekebwa ku basumba, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, n'abasomesa. Buli mukkiriza w'Endagaano Empya yali azaala mu by'omwoyo. Bwe tuba nga tuli kutuukirira ensi n'Enjiri, tulina okudda ku nkola eno ey'ekkanisa eyasooka. Abakulembeze n'abantu bonna ab'abulijjo baalina okugabana obuvunaanyizibwa bw'okukubisaamu mu by'omwoyo. Okweyongerera mu muwendo gw'abantu mu nsi yonna gwetaaga okudda mu nteekateeka y'obuweereza ey'Endagaano Empya eya buli mmemba w'Omubiri gwa Kristo. Tetusobola kutuuka ku nsi nga tuyita mu kaweeefube ow'akabonero n'okwewaayo okw'ekitundu ky'omutima.

Waliwo Abakristaayo abamala, ensi yonna okusobola bulungi okutuukibwako n'Enjiri. Waliwo bubeezi muwendo gw'abantu abatalunjamizibwa okutegeera n'okuddamu eri omukisa gw'okukubisaamu.

Ekiragiro Yesu kye yawa abakkiriza kwe "kugenda" mu nsi yonna n'obubaka bw'Enjiri. Tolina kulinda kiragiro "kugenda" kubanga kyaweebwa dda. Mu nkola y'okubunyisa Enjiri, ekiragiro kiri nti "genda."

## **EBIKA BY'OKUKULA**

Baibuli eyogera ku bika bina eby'okukula oba okukula kw'ekkanisa:

### **OKUKULA MU BITUNDU:**

Okukula kw'ebitundu kwalagulwa Mukama waffe Yesu:

**Naye mulifuna amaanyi oluvannyuma lw'Omwoyo Omutukuvu okujja ku mmwe: era muliba bajulirwa gye ndi mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya yonna ne mu Samaliya, n'okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Okukula kwali kwa kugaziwa mu bitundu mu mawanga gonna ag'ensi.

### **OKUKULA MU BUNGI BW'ABANTU:**

Ekkanisa yandifunye okukula mu muwendo nga bwe yeeyongera mu bitundu. Okukula kw'omuwendo kw'ekkanisa eyasooka ewandiikiddwa mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume. Ekyokulabirako, ekkanisa yali yeeyongedde okuva ku 12 okutuuka ku 120 mu Bikolwa 1:15, okutuuka ku 3,000 mu Bikolwa 2:41. n'okutuuka ku 5,000 mu Bikolwa 4:4.

### **OKUKULA MU MAWANGA:**

Ekkanisa eyasooka nayo yafuna okukula kw'amawanga. Enjiri yagaziyizibwa okusukka Abayudaaya okutuuka okuzingiramu ba namawanga (abantu ab'amawanga gonna) .

### **OKUKULA MU MWOYO:**

Okukula mu muwendo si kye kyokka ekissibwako essira mu kweyongera kw'eby'omwoyo. Nga bw'ogenda okuyiga oluvannyuma ko omusomo guno, okukula mu by'omwoyo munda nakyo kikulu. Abagoberezi ba Yesu balina okukula mu by'omwoyo kwotadde ne mu bungu:

**Naye mukule mu kisa, ne mu kumanya Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo... (2 Peetero 3:18)**

Katonda ky'ayagala kwe kuba nti...

**Tube ba mazima mu kwagala, tulyoke tukulire mu Kristo mu byonna, nga tweyongera okuba nga ye, Omutwe gw'Ekkanisa. (Abaefeso 4:15)**

## **ESSIRA KU BUNGI BW'ABANTU**

Abantu abamu tebafaayo ku nsonga y'okukubisaamu eby'omwoyo n'okukula kw'ekkanisa kubanga bakkiriza nti okussa essira ku nnamba kikyamu. Naye mu Baibuli mulimu ebijuliza bingi ebikwata ku bya Katonda gyafaayo ennyo ku bungi bw'abantu. Ekyokulabirako, laba Okubala 1:1-3, 2:23-24, 26:1-4; Okubikkulirwa 7:9, 20:8, Olubereberye 22:17, n'Abaebbulaniya 6:14.

Yesu yayogera engero nyingi ezikwata ku kukula kw'omuwendo. Bino ojja kubisoma mu ssuula endala. Era yalaga nti ebiwandiiiko by'ennamba eby'obwegendereza bikuumibwa mu Ggulu:

**Mbagamba nti bwekityo essanyu liriba mu Ggulu, ku mwonoonyi omu nga yeenenyeza, okusinga abantu abatuukirivu abasukka mu kyenda mu mwenda abateetaaga kwenenya. (Lukka 15:7)**

Okukubisaamu kussibwako essira mu biwandiiiko by'ekkanisa eyasooka mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume. Ebifunze by'okukula kw'ekkanisa kuwandiikiddwa mu Bikolwa 1:15, 2:41, 4:4, 6:7, 9:31, 12:24, 16:5, 19:20 ne 28:30-31.

Tolina kubuusa maaso nsonga ya kukubisaamu olw'ebizibu ebitonotono. Wabula olina okutegeera ebizibu ebyo era n'obikolako. Okwekubisaamu kuba kukyamu singa ensonga enkyamu nga zino ziteekebwako omulaka.

#### **OKUKULA KW'OMWENDO KIKULU OKUSINGA OKUKULA KW'OMWOYO:**

Okukula mu by'omwoyo bwe kukosebwa okusikiriza abantu, wabaawo okussa essira mu ngeri etali ntuufu ku, obw'okuteeka essira ku bungi bw'abantu. Abaweereza abamu boogera ebyo byokka abantu bye baagala okuwulira okusobola okusikiriza abantu abangi. Bayibuli erabula nti...

**...ekiseera kijja kutuuka lwe batagumiikiriza njigiriza nnungi; naye oluvannyuma lw'okwegomba kwabwe balyekungaanyiza abasomesa, abali bayigiriza bye baagala okuwulira. Baligaana okuwuliriza eby'amazima, ne bagoberera enfumo obufumo. (2 Timosewo 4:3-4)**

#### **AMALALA:**

Soma 1 Ebyomumirembe 21:18. Okufaayo kwa Dawudi ku muwendo wano kwava ku Sitaani era kyali kikulwa eky'amalala. Bw'otandika okwenyumiriza mu bungi, essira lyo liba likyamu.

#### **OKUKOPPA BWE KUKOLEBWA:**

Waliwo ekibi eky'omubiri ekyogerwako mu Abaggalatiya 5:20 ekiyitibwa "Okukoppereza." Y'engeri y'obuggya evaamu okukoppa abalala okwenkanankana oba okusukkuluma ku ebyo byebatuuseeko. Bw'okwatira obuggya obuweereza obunene n'otandika okubukoppa okusobola okukula, oba otadde essira ekyamu ku bungi bw'abantu.

### **ESSIRA KU KUKULA KW'EKKANISA MU KIFO KY'OKUKULA KW'OBWAKABAKA:**

Ekigendererwa ky'okukubisaamu mu by'omwoyo kwe kuwangula abantu bakkirize Yesu Kristo n'okubayigiriza okutuusa lwe bafuuka ab'obuvunaanyizibwa, abazaala mu Bwakabaka bwa Katonda. Waliwo aenjawulo wakati w'okukula kw'ekkanisa n'okukula kw'Obwakabaka. Singa Ekkansa esooka eyawukana n'abantu baayo 100 ne bagenda mu Kkanisa ey'okubiri, okukula kw'ekkanisa kubaawo mu Kkanisa eyookubiri, naye tewabaddewo kukula kw'Obwakabaka. Okukubisaamu tekubaddewo. Wabaddewo okukyusa kwokka okwa ba mmemba.

Ekigendererwa ky'okukubisaamu si kusikiriza bammemba bapya okuva mu kkanisa endala, wabula okutuuka eri abantu Enjiri gyetanatuuka. Okussa essira ku muwendo kikyamu ng'ekiruubirirwa ky'okukula kw'ekkanisa kida mu kifo ky'ekyo eky'okukula kw'Obwakabaka.

### **NG'OMUNTU TAFIIRIDDWAKO:**

Yesu yaweereza enkuyanja y'abantu mu kiseera ky'obuweereza bwe ku nsi (Lukka 6:17, 7:11, 8:37, 9:14-16, 14:26, 23:27, Yokaana 6:2). Naye Yesu teyafaayo ku muntu oyo olw'abantu abangi. Yayita abantu ssekinnoomu okuva mu bibinja okubaweereza (Yokaana 5:3-13; Makko 5:24-34). Mu Yokaana 4, Yesu yaweereza eri omukazi omu eyaleeta ekyalo kyonna eri Mukama.

Mu Bikolwa 8 mulimu ebijuliza ebikwata ku kuzzibwa obuggya obunene okwabuulirwa Firipo mu kibuga Samaliya. Wakati mu nkunjaano zino Katonda yayogera ne Firipo ave mu Samaliya agende mu ddungu wakati wa Yersaalemi ne Gaza. Amangu ago Firipo yava we yali aweereza. Yagenda mu kifo omuli abantu abangi okutuuka mu ddungu. Yaleka abantu abangi okusobola okuweereza eri omusajja omu, Omuethiopia ng'akomawo eka okuva e Yersaalemi. Omusajja ono omu oboolyawo ye yavunaanyizibwa ku kusaasaana kw'Enjiri eri ssemazinga wa Afrika yenna.

Emyaka mingi emabega mu buweereza obw'obuminsani mu London, Bungereza, abantu babiri bokka be baagendayo kubanga obudde bwali bubu nnyo. Omuweereza eyali akyadde yakubiriza abantu abakozi mu bayindi mu mambuka ga America naye nga yaaloozwa nti yali ayonoona budde olw'abantu okujja abatono. Naye omu ku basajja yawulira omulanga gwa Katonda n'awaayo obulamu bwe gy'ali. Mu mwezi gumu yali atunze bizinensi ye era yali yeetegekera okukola mu Bayindi mu North America. Yamaala emyaka 35 mu buweereza mu bantu bano. Amannya ge yali David Brainard.

Tonyooma bintu bitono. Jjukira nti kandulo entono esobola okukola enjuba ky'etayinza kukola...esobola okwaka ekiro.

### **OKUSSIRA OKULIJA KU BANTU OKUDDA KU BINTU:**

Okukubisaamu bwe kivaamu okukula kw'ekkanisa, essira oluusi likyuka okuva ku bantu okudda ku bintu. Olw'okukula, ekizimbe ky'ekkanisa ekinene kiyinza okwetaagisa era kaweeefube n'akyusibwa okuva okukubisaamu abayigirizwa okutuuka ku pulogulaamu y'okuzimba. Bw'oba ng'ekikulu ekikufaako kiri ku bizimbe okutuuka okuwanirira okukula okwo, ennamba zikuleetedde okuziba amaaso ku kiruubirirwa ekikulu.

Katonda afaayo nnyo ku bantu okusinga ebizimbe. Ebijuliza bya Baibuli ebikwata ku Katonda ng'akola mu nsi essira asinga kulissa ku bantu. Okukubisaamu bwe kivaamu okukyusa essira okuva ku bantu okudda ku bintu eby'omubiri ng'ebizimbe, awo kiba kikyamu.

#### **ABALALA BALAMULWA OKUSINZIIRA KU BUNGI BW'ABANTU:**

Tolamula nga okukula mu mwoyo ng'okusinziira ku muwendo gwa bantu. Omuwendo omunene si bulijjo kye kiraga okukula mu by'omwoyo. Obuwanguzi mu muwendo mu mbeera ezimu bujulizi obulaga nti mubutuufu Ekkanisa eremereddwa okubeera Ekkanisa. Oluusi, obwesigwa eri Ekigambo kya Katonda ne Mukama Yesu Kristo ayinza okugoba mu kifo ky'okusikiriza. Ekyokulabirako, Yesu bwe yatandika okuyigiriza abantu obubaka bwe obw'okufa kwe, bangi ku bagoberezi be baamuvaako (Yokaana 6:52-64).

Waliwo ensonga endala lwaki okukula kuyinza obutalabika. Baibuli eyigiriza nti waliwo sizon ez'okukula mu by'omwoyo nga bwe waliwo sizon y'okukula mu nsi ey'obutonde. Mu nsi ey'butonde, mu sizoni ezimu ez'omwaka ebimera ebimu tebizaala. Tebiba na bikoola oba ebibala era bifaanana ng'ettabi erifudde erifuluma mu ttaka. Naye mu sizoni entuufu, ebimera bino bijja kumera ebimuli n'ebibala n'ebikoola bijja kumera.

Bwe kityo bwe kiri ne mu nsi ey'ebw'omwoyo. Waliwo ebiseera ebimu ng'ebitundu by'ensi ebimu byaniriza nnyo Enjiri okusinga ebirala. Ng'osoma enkola z'okukula osobola okussa amaanyi go ag'omwoyo mu nnimiro "ezengedde okukungula."

Enkola ya Katonda ey'okukula si y'emu n'ey'omuntu. Tugattako okusobola okwongera ku muwendo. Naye oluusi Katonda aggyako okusobola okugattako. Ananiya ne Safira bwe baaggyibwa mu ekkanisa olw'ekibi (Ebikolwa 5), abakkiriza ne bongerwako (Ebikolwa 5:14). Oluusi Katonda akozesa enjawukana okukubisaamu. Pawulo ne Balunabba bwe baawukana, Katonda yakubisaamu amaanyi g'obuminsani (Ebikolwa by'Abatume 15:36-41). Oluusi n'oluusi Katonda akendeeza ku muwendo asobole okutuukiriza ekigendererwa ekinene. Soma ku embooji ya Gidyoni mu Balamuzi 7.

Tolamula nga buweereza oba omuntu ssekinnoomu ng'osinziira ku muwendo. To "nyooma" bintu bitono. Omulenzi omuto bwe yawaayo omugaati gwe n'ebyenyanja bibiri ebitonotono eri Yesu, byatuukiriza ebyetaago by'ekibiina ky'abantu abaali abalumwa enjala. Katonda akyatwala ebintu ebitali bikulu, n'abiwa omukisa, era abikozesa nnyo ku lw'ekitiibwa kye.

#### **JANGU N'EBINYWA**

Okutya okussa essira mu bukyamu ku muwendo tekirina kulemesa kusoma na kukozeza nkola z'okukubisaamu. Olugero lw'ebitone (Matayo 25:14-30) lulaga bulungi nti Katonda akusuubira okukubisaamu ebyo by'oweereddwa era nti okwekwasa okutya tekukkirizibwa.

Yesu yagamba abagoberezi be nti:

**Temugamba nti wakyaliwo emyezi ena, amakungula ne gajja? Laba, nze mbagamba nti muyimuse amaaso gammwe, mutunule mu nnimiro; kubanga amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)**

Katonda bw'asindika abakungula mu nnimiro ez'omwoyo ez'ensi, ayagala baveeyo nga balina ebinywa, so si kwekwasa:

**Abo abasiga mu maziga balikungula mu ssanyu. Oyo agenda n'akaaba ng'alina ensigo ez'omuwendo, awatali kubuusabuusa alijja nate n'essanyu, ng'aleeta ebinywa bye. (Zabuli 126:5-6)**

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Funza ennono enkulu ez'okukubisaamu ezisomesebwa mu ssomo lino.

.....  
.....  
.....

3. Laga ebika bina eby'okukula mu by'omwoyo.

.....  
.....  
.....  
.....

4. Wandiika ebimu ku bijuliza ebiraga nti okufaayo ku kukubisaamu kiva mu Byawandiikibwa.

.....  
.....  
.....  
.....

5. Funza ensonga eziteeseddwako mu ssomo lino eziraga okussa essira mu ngeri enkyamu kukula kw'abantu mu nnamba.

.....  
.....  
.....



6. KITUUFU OBA KIKYAMU: Singa sentensi eba ntuufu, wandiika "KITUUFU" ku kasaze akali mu maaso gaayo. Singa sentensi eba nkyamu, wandiika "Kikyamu" ku kasaze mu maaso gaayo:

a. \_\_\_\_\_ Okufaayo ku namba si kwa kyabyawandiikibwa.

b. \_\_\_\_\_ Ekkanisa bw'eba tekula, si ya mwoyo.

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume mu Baibuli kyogera ku mbozi y'okukubisaamu mu kkanisa eyasooka. Kozesa enkola y'ensengeka eno wammanga okusoma ekitabo kino eky'Endagaano Empya. Ensengeka eno egoberera enteekateeka y'okukubisaamu eya Mukama aweereddwa mu Bikolwa 1:8 olw'okugaziya Enjiri okuva e Yerusalemi okutuuka e Buyudaaya, Samaliya, n'ebitundu by'ensi yonna.

**OMUWANDIISI** : Lukka.

**ERI ANI?** : Eri abakkiriza bonna, wadde ng'ekitabo kigenda eri Teefiro.

**OBUKULU** : Ekitabo kifaayo ku ebyo Yesu bye yayongera okusomesa n'okukola ng'amaze okulinyisibwa mu ggulu okuyita mu mubiri gwe ogw'omwoyo, Ekkanisa (Ebikolwa 1:1-2)

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : Ebikolwa 1:8

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Okujulira ku Mwoyo Omutukuvu kulagibwa na maanyi. Amaanyi ag'okufuuka abajulirwa ku lw'okubunyisa enjiri mu nsi yonna.

**ABALIMU ABAKULU** : Yokaana, Peetero, Paulo, Siira, Balunnaba, Yokaana, Firipo, Siteefano, Ananiya n'eSafira, Duluka, Koluneeriyo, Ferikisi, Agulipa

## EKIMENYEDDWA

(Weetegereze: Ekimenyeddw kino kiraga ekiragiyo Mukama kye yawamu Ebikolwa 1:8, olw'okwongerayo enjiri okuva mu Yerusalemu okutuuka mu Buyudaaya, e Samaliya, n'ebitundu ebirala eby'ensi)

**Ennyanjula**

**Ebikolwa 1:1-1**

1. Ennyanjula: 1:1-2
  - A. Eri Teefiro: 1:1
  - B. Ebikwata ku Yesu bye yeeyongera okukola n'okusomesa oluvannyuma lw'okuddayo okuyita mu mubiri gwe ogw'omwoyo, ekkansa: 1:1-2
2. Obuweereza bwa Yesu oluvannyuma lw'okuzuukira: 1:3
  - A. Ebbanga lyabwo: Ennaku amakumi ana: 1:3
  - B. Obukulu bwa bwo: okuwa obukakafu: 1:3
  - C. Obubabaka bwa bwo: Obwakabaka bwa Katonda: 1:3
3. Ensisinkano ya Yesu eyasembayo n'abayigirizwa be: 1:4-8
  - A. Ekiragiro eri Abayigirizwa: 1:4-5
  - B. Ekibuuzo ky'abayigirizwa: 1:6
  - C. Okulabulwa eri Abayigirizwa: 1:7
  - D. Okutumibwa kw'abayigirizwa: 1:8
4. Okuddayo kwa Yesu mu ggulu: 1:9-11
  - A. Okunnyonyolwa kw'okuddayo: 1:9
  - B. Okulangirira kw'okudda kwe okw'okubiri: 1:10-11

**Ekitundu ekisooka: Okufuna abajulirwa mu Yerusalemu: Ebikolwa 1:12-7:1**

1. Okufuna abajulirwa: 1:12-2:4
  - A. Abayigirizwa ba Kristo nga balindiridde e Yerusalemu: 1:2-26
    - a. Okukuhfjaana kw'abayigirizwa: 1:12-15
      - ekifo kyabwe ekyokusisinkanimu: 1:12-13
      - omuwendo gwabwe n'amannya: 1:13-15
      - obukulu bwabwe: 1:14
        - b. omulimu ogwaweebwa abayigirizwa: 1:15-22
      - omwozezi: Peetero 1:15
      - obubaka: 1:16-20
        - ✓ ensibuko: 1:16-20
        - ✓ ebiragiro: 1:21-22
      - c. okuddamu kw'abayigirizwa: 1:23-26
  - okulondebwako: 1:23
  - essaala 1:24-25
  - okulonda: 1:26
- B. Okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu: 2:1-4
  - a. Bwe kyali: 2:1
  - b. Abantu: 2:1
  - c. Ekifo: 2:1
  - d. Ekyaliwo: 2:2-4
- Omuyaga: 2:2
- Ennimi ez'omuliro: 2:3
- Okwogerera mu nnimi: 2:4

## **Ekitundu ekyokubiri: Okukola kw'abajulirwa abaali mu Yerusalemu: 2:5-7**

1. Omujulirwa eyasooka: 2:4-40
  - A. Engeri okujulirwa gye kwa weebwamu: 2:4-6
  - B. Okuddamu kw'abajulirwa: 2:7-13
  - C. Okubuulira kwa Peetero: 2:14-36
    - a. Obunnabbi obukwata ku biseera: 2:17
    - b. Obunnabbi obukwata ku mwoyo: 2:17-18
    - c. Obunnabbi obukwata ku kyaliwo: 2:19-20
    - d. Obunnabbi obukwata ku bulokozi: 2:21
    - e. Omulimu gwa Yesu: 2:22-36
  - Yesu yakakasibwa Katonda: 2:22
  - Yesu yakomererwa: 2:23
  - Yesu yazuukira mu bafu: 2:24-32
  - Yesu yayimusibwa ku mukono gwa Katonda ogwa ddyo: 2:33-35
  - Yesu kati ye Mukama era ye Kristo: 2:36
  - D. Okuddamu eri obubaka: 2:37-40
    - a. Okulumirizibwa mu mutima: 2:37
    - b. Okubuuza: 2:37
    - c. Ekiragiyo: 2:38
    - d. Ebisuubizo: 2:38-39
    - e. Okunnyonyolwa: 2:40
2. Ekkanisa ey'omukitundu eyasooka: 2:41-47
  - A. Abaali mu kkanisa eyasooka: 2:41
    - a. Okwezuula kwabwe: Abo abaafuna ekigambo.
    - b. Omuwendo gwabwe: Enkumi essatu (3000)
  - B. Enkola z'ekkanisa eyasooka ez'omwoyo: 2:42
    - a. Enjigiriza y'abatume
    - b. Okukufhjaana okwabatukuvu.
    - c. Okussekimu
    - d. Essaala
  - C. Enkola z'ekkanisa eyasooka: 2:44-46
    - a. Okwewaayo kw'abantu: 2:44-45
    - b. Okusinza n'okujulira okwa buli lunaku: 2:46
    - c. okukufhjaanira mu maka: 2:46
    - d. obumu: 2:46
  - D. Okujulira kw'ekkanisa ey'omukitundu: 2:46-47
    - a. Engeri y'okujulira: 2:46-47
    - b. Ebyava mu kujulira: 2:47
3. Ekyamagero ekyasooka: 3:1-26
  - A. Ekyamagero kinnyonyolwa: 3:1-11
    - a. Ekifo 3:1

- b. Omusajja n'ekyetaago: 3:2-3
      - c. Obubaka: 3:4-6
      - d. Ekyamagero: 3:7-8
      - e. Okuddamu kw'abantu: 3:9-11
    - B. Ekyamagero kinnyonnyolwa: 3:12-18
      - a. Omusajja teyawonyezebwa na maanyi ga batume: 3:12
      - b. Omusajja yawonyezebwa Katonda ku lw'ekitiibwa kya Yesu: 3:13-15
      - c. Omusajja yawonyezebwa mu kukkiriza mu linnya lya Yesu: 3:16
      - d. Omusajja yawonyezebwa okulaga okutuukirizibwakw'obunnabbi: 3:17-18
    - C. Obubaka bwa Peetero: 3:19-26
      - a. Ekisuubizo ekyakolebwa Peetero: 3:19-21
  - Katonda kye yasoomooza Abayisirayiri okukola: 3:19
  - Ekyo Katonda kye yasubiza okukola: 3:19-21
    - b. Obunnabbi bwa bannabbi: 3:22-26
  - Obunnabbi bwa Musa: 3:22-24
  - Ekisuubizo ky'endagaano: 3:25
  - Enteeekateeka ya Masiya: 3:26
  - 4. Okuwakanyizibwa okwasooka: 4:1-31
    - A. Okukwatibwa: 4:1-4
      - a. Ensibuko y'okuwakanyizibwa: 4:1
      - b. Ensonga y'okuwakanyizibwa :4:1
      - c. Engeri y'okuwakanyizibwa: 4:3
    - B. Okugezesebwa : 4:5-14
      - a. Mu kkooti: 4:5-6
      - b. Ebibuuzo by'e kkooti: 4:7
      - c. Ekyayogerwa mu maanyi: 4:8-12
  - Ensibuko y'okuddamu kwe: 4:8
  - Okuddamu kwe: 4:9-10
  - Okujulira kwe ku Yesu: 4:10-12
  - Okulangirira kwe ku bulokozi: 4:12
    - d. Obujulizi bukkirizibwa kkooti: 4:13-14
  - Embala yabajulirwa: 4:13
  - Obujulizi bw'omusajja eyawonyezebwa: 4:4
    - e. Okusalawo: 4:15-22
  - Okwebuuzo: 4:15-17
  - Okusalawo: 4:17-18
  - Okuddamu kwa Peetero ne Yokaana: 4:19-20
  - Okuteebwa: 4:21-22
    - f. Ekyakolebwa: 4:21-31
  - Essaala y'ekkanisa: 4:23-30
  - Ekikolebwa ekkkanisa: 4:31
5. Okuyigiriza okwasooka ku kibi: 4:32-5:16

- A. Entegeka y'ekkanisa: 4:32-37
- kufhjaanira: 4:32
- okujulira: 4:33
- Ebyenfuna: 4:32-37
- B. Ekibi ekyasooka ekitaataaganya okukufhjaana: 5:1-10
  - a. Ekibi 5:1-2
  - b. Okweggula eri ekibi: 5:3-4
  - c. Okuyigiriza ku kibi: 5:5-10
- C. Ebiva mu kuyigiriza: Abajulizi abalaba ebibala mu kkuhjaanira 5:11-16
  - a. Okwennyanya okwa bammemba: 5:11
  - b. Obumu: 5:12
  - c. Obubonero obw'ebyamagero: 5:12, 15-16
  - d. Okuddamu kw'abeekitundu ekyo: 5:12-14
- 6. Okutulugunyizibwa okwasooka: 5:17-43
  - A. Ensibuko y'okuwakanyizibwa: 5:17
  - B. Ebikolwa by'okuwakanya: 5:18
  - C. Okusumululwa Katonda: 5:19-26
    - a. Ekikolwa kye: 5:19
    - b. Ekiragiyo kye: 5:20
    - c. Okuddamu ku kiragiyo kye: 5:21
    - d. Okuzaalibwa kw'ekikolwa kye: 5:21-23
    - e. Ebyava mu kikolwa kye: 5:24-26
  - D. Okugezesebwa: 5:27-40
    - a. Bayimirizibwa mu maaso g'olukiiko olukulu: 5:27-28
    - b. Okuwoza kwa Peetero: 5:29-32
    - c. Okunoonyereza kw'olukiiko olukulu: 5:33-39
    - d. Obutasalawo mu mazima obw'olukiiko olukulu: 5:40
  - E. Okuddamu olw'okutulugunyizibwa: 5:41-42
    - a. Okujaguza: 5:41
    - b. Obumu: Baasisinkananga bonna buli lunaku: 5:42
    - c. Okujulira: Okusomesa n'okubuulira: 5:42
- 7. Enteekateeka eyasooka: 6:1-7
  - A. Obwetaavu bw'enteekateeka: 6:1
  - B. Enteekateeka eteesebwako: 6:2-4
    - a. Ensibuko y'okugiteesaako: 6:2-4
    - b. Ensonga y'okugiteesaako: 6:2
    - c. Ekyateesebwa 6:3
    - d. Omugaso gw'ekiteeso: 6:4
  - C. Enteekateeka eteekebwa mu nkola: 6:5-6
    - a. Enkola eyakozesebwa 6:5-6
    - b. Abasajja abaalondebwa: 6:5
    - c. Okwawulibwa kwabwe: 6:6

- D. Ebyava mu nteekateeka: 6:7
  - a. Ekigambo kyeyongera: 6:7
  - b. Abayigirizwa beekubisaamu: 6:7
  - c. Okugondera enzikiriza: 6:7
- 8. Omujulizi eyasooka okuttibwa: 6:8-8:1
  - A. Okunnonnyola Siteefaano: 6:3-15
    - a. Omu ku musanvu: 6:3, 5
    - b. Ajuziddwa Omwoyo Omutukuvu: 6:5
    - c. Omusajja alina amagezi: 6:3
    - d. Omusajja ow'okukkiriza: 6:5
    - e. Omusajja ow'amagezi: 6:3, 10
    - f. Omusajja alina amaanyi ag'enjawulo: 6:8
    - g. Omujulirwa atuukiridde: 6:9-10
  - B. Okutulugunyizibwa kwa Siteefano: 6:11-15
  - C. Obubaka bwa Siteefano: 7:1-53
    - a. Ibulayimu: 7:1-8
Ekkansa y'Abatukuvu: 1 Abakkolinso 14:33

Abantu ba Katonda: Abebbulaniya 4:9, 1 Peetero 2:9-10

### **EBIGENDERERWA BY'EBYAWANDIIBWA ERI EKKANISA**

Waliwo ebigererwa by'Ekkansa bingi ebibikkuliddwa mu Baibuli. Bammemba baayo balina okwenyigira mu:

#### **OKUSINZA KATONDA:**

Egigererwa ekisinga obukulu omuntu kye yatondebwa kwe kusinza Katonda. Okusinza kigererwa kikulu nnyo mu Kkanisa. Soma ennyiriri zino wammanga: 1 Peetero 2:5, 9, 1 Abakkolinso 14:26-27, Yokaana 4:23-24, Abeefeso 2:19-22.

#### **OBUWEEREZA MU MUBIRI:**

Abakiise b'Ekkansa balina okuweereza nga buli omu aweereza munne ebyetaago:

-Ebyetaago bino biyinda okuba ebyetaago eby'omubiri: Ebikolwa 11:27-30, Ebikolwa 6:1-6.

-Abakiise balina okugabana ebintu byabwe mu ddembe n'abalala: Ebikolwa 2:44, 4:32,34,37

-Abakiise era balina okulaga okufaayo ku byetaago eby'omwoyo munda mu Mubiri gwa

Kristo: Yokaana 15:1-7, Abaruumi 15:1-15, 1 Abakkolinso 3:9, Abaggalatiya 6:1;

Abakkolosaayi 2:16-23, 1 Abasessaloniika 2:7-16.

#### **OKUS'EKIMU**

-Okukungaana kw'Ekkansa kwesigamiziddwa ku bumu mu Kristo: Abeefeso 4:4-6

-Ekkansa efulibwa emu mu Kristo: Abeefeso 2:11-18. Buli kitundu kyenkana mu maaso ga Mukama:

Abeefeso 2:19-20.

-Ekkansa erina okuba ekibiina eky'okussa ekimu mu bigambo, mu kusaba, ne mu bikolwa: Ebikolwa 2:41-47, 4:24, 32-33, Abeefeso 2:20-22, 1 Yokaana.

-Okugatta kwabwe kwe kugatta n'ekigererwa kimu, ebirowoozo, emmeeme, n'omutima: Ebikolwa 1:14, 2:46, 4:24, 32, 5:12, 15:25

Okussa ekimu si gwa kubeera mu kkanisa ssekinnoomu zokka wabula ne wakati w'amakanisa. Soma ennyiriri zino wammanga eziraga okuss'ekimu wakati w'amakanisa agasooka:

-Baakitegeera nti baali kimu mu Kristo nga balina omukwano ogw'awamu: Ebikolwa 15:1, Abaruumi 15:26-27

- Bulijjo baawuliziganyanga ne bannaabwe: Abaruumi 16:16, 1 Abakkolinso 16:19-20, Abafiripi 4:23
- Bayambagana: Abaruumi 15:26, 1 Abakkolinso 16:1-3.
- Baawagira emirimu gy'abatume mu bintu ebirala: Abafiripi 4:15-16
- Bagabana ebbaluwa okuva mu batume: Abakkolosaayi 4:16.
- Baasindika ababaka eri banaabwe: Ebikolwa 11:22, 23, 27, 15:1, 2, 1 Abakkolinso 16:3, 4
- Bezzangamu amaanyi ng'ekyokulabirako ky'okukkiriza: 2 Abakkolinso 1:24, 9:2, 1 Abasessaloniika 1:7-10, 2:14
- Bakolagana mu nsonga ey'awamu ey'okubuulira enjiri: I Abasessaloniika 1:8.

## **OBUMINSANI**

Ekkansa eriwo lwa buminsani, so si lwa nkunjaana za kusinza n'okussa ekimu zokka. Ekigendererwa kya Isiraeri mu ndagaano enkadde n'Ekkansa mu ndagaano empya byali bya kubikkula Katonda eri ensi.

Mu ndagaano enkadde, Isiraeri yali wa kubeera mujulizi eri amawanga agaali gabeetoolodde. Enkola ya Katonda kwali kuleetera mawanga okujja okulaba amaanyi ge nga gabikkuliddwa mu Isiraeri. Mu ndagaano empya, akakodyo ka Katonda kaali ka njawulo. Enteekateeka ye yali nti Ekkansa egende mu mawanga ng'abajulizi. Obutume obw'amazima obw'Ekkansa bufunzibwa mu Abeefeso:

**Ku kigendererwa nti kaakano eri abaami n'obuyinza mu bifo eby'omu ggulu okumanyibwa ekkansa amagezi ga Katonda ag'enjawulo, Okusenziira ku kigendererwa eky'olubeerera kye yagenderera mu Kristo Yesu Mukama waffe. (Abaefeso 3:10-11)**

**Nga yatutegeeza ekyama ky'okwagala kwe, ng'ebirungi bye bwe biri okusanyuka, kwe yategekera mu Ye: Okwo mu kiseera kyobujjuvu kw'ebiseera, Ayinza okukunjaanya mu kimu ebintu byonna mu Kristo, byombi ebiri mu Ggulu, n'ebiri ku nsi, era mu Ye. (Abaefeso 1:9-10)**

Obubaka bw'Ekkansa bufunzibwa bwe buti:

1. Ekkansa erina okwanjula Yesu eri ensi nga Mukama era Omulokozi. Ekkansa y'erina okukulembera abantu mu nkolagana entuufu ne Yesu basobole okufuna okusonyiyibwa ebibi era n'obulamu obupya.
2. Okuyita mu kuyigiriza kw'okubatiza mu mazzi, n'okubuulira, Ekkansa erina okuzimba abakkiriza mu njigiriza, emisingi, n'enkola z'obulamu bw'Ekikristaayo. Abaggya mu Kristo balina okuyigirizibwa "bakuume byonna" ebiragiddwa mu kigambo kya Katonda.
3. Ekkansa erina okutegeka abakkiriza abapya mu nkolagana z'omu kitundu ezikola.

4. Amakanisa gano agatandikiddwawo olwo galina okuddamu enkola eno okusobola okuwangula abakkiriza abapya era n'okuteekawo ebibiina ebipya eby'okukunganiramu.

Soma ebisingawo ku butume bw'Ekkansa mu nnyiriri zino wammanga:

Okubunyisa Enjiri mu nsi: Matayo 5:13-14, 28:18-20, Makko 16:15-16, Lukka 24:45-49, Yokaana 20:19-23, Ebikolwa 1:8.

Okuweereza ng'omunyo gw'ensi n'ekitangaala ky'ensi: Matayo 5:13-16, Abafiripi 2:14-16: 1 Yokaana 4:1.

Okuyigiriza abaggya mu Kristo: Matayo 28:19-20, Ebikolwa 20:27-28, Abeefeso 4:11-16, 1 Peetero 5:1-3.

### **EBIKA BY'OKUKULA KW'EKKANISA**

Singa Ekkansa etuukiriza ebigendererwa byayo eby'omu Byawandiikibwa, ebika bina eby'okukula bijja kuvaamu:

#### **OKUKULA OKW'OMUNDA:**

Okukula kw'omunda kitegeeza okukula mu mwoyo kw'abantu abali mu kkanisa.

#### **OKUKULA KW'OKUGAZIWA:**

Okukula kw'okugaziwa kwe kukula mu muwendo ekibaawo ng'obutume bw'okubuulira enjiri bwe butuukiriziddwa. Abakkiriza abapya bawangulwa ne bayingizibwa mu Mubiri gwa Kristo.

#### **OKUKULA KW'OKUGAZIYA:**

Ekkansa egaziwa bw'etandika amakanisa amapya mu buwangwa obufaanagana.

#### **OKUKULA OKUSUKA ENSALO:**


Okukula kuno kubaawo ng'Enjiri egabanyizibwa okuyita ku nsalo z'obuwangwa n'abantu b'ekika ekirala, amawanga oba eggwanga eddala.

Kino ky'ekifaananyi ekiraga ebika eby'enjawulo eby'okukula kw'Ekkansa:


Okw'omunda:




Okw'okugaziwa:



Okwokugaziya:



Okusuka ensalo:



Ojja kusoma buli kimu ku bika by'okukula bino mu ssuula ennya eziddako ezikwata ku kukubisaamu mu Kkanisa y'omu kitundu.

### **OMWOYO Omutukuvu N'OKUKULA KW'EKKANISA**

Omwoyo Omutukuvu ge maanyi ag'omwoyo agali emabega w'okukula kw'ekkanisa okw'engeri zonna:

**Naye mmwe mulifuna amaanyi oluvannyuma lw'Omwoyo Omutukuvu okujja ku mmwe; muliba bajulirwa gye ndi mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya yonna ne mu Samaliya, n'okutuukira ddala ku nkomerero y'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Olunyiriri luno lulaga engeri Omwoyo Omutukuvu gy'asobozesa:

**Okukula kw'omunda:** Abayigirizwa bandifunye ensisinkano empya olw'okufuna Omwoyo Omutukuvu mu ngeri ey'enjawulo. Kino kyandibasobozesezza okufuuka abajulizi ab'amaanyi ab'Enjiri.

**Okukula okw'okugaziwa:** Ekkanisa yandibadde yeeyongera mu Yerusaalemi.

**Okukula kw'okugaziya:** Ekkanisa yandigaziyizizza okusimba amakanisa amapya mu buwangwa obulala obuwangwa obufaanagana (Buyudaaya).

**Okussuka Ensalo:** Ekkanisa yandiziba emiwaatwa gy'obuwangwa okutuuka mu bitundu ebirala nga Samaliya ne "ebitundu by'ensi ebirala.

Baibuli eyigiriza nti Omwoyo Omutukuvu alina obuweereza bungi. Yali mujjumbize mu kutonda... ensi, ye yali maanyi agalunjamya mu Kigambo kya Katonda ekyawandiikibwa, yali akola nnyo mu bulamu ne mu buweereza bwa Yesu obw'oku nsi, era akola emirimu mingi ku lw'omukkiriza.



Omwoyo Omutukuvu abikkula amazima g'Enjiri era asika abasajja n'abakazi okutuuka mu bulokozi. Omutukuvu Omwoyo alina n'obuweereza obukwata ku Sitaani. Ye maanyi ag'omwoyo agaziyiza n'okukoma ku maanyi ga Sitaani (Isaaya 49:19). Obuweereza bwa Mwoyo Mutukuvu bwogerwako mu bujjuvu mu ssoomo lya Harvestime International Institute erimanyiddwa "Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu."

Omwoyo Omutukuvu era alina obuweereza obw'enjawulo ku nkula n'enkulaakulana y'Ekkansa:

#### **OMWOYO OMUTUKUVU YE YATONDA EKKANISA:**

Ku lunaku lwa Pentekooti oluwandiikiddwa mu Bikolwa 2:1-41 Omwoyo Omutukuvu yatonda Ekkansa. Baibuli eyigiriza nti Ekkansa ye nnyumba ya Katonda eyazimbibwa Omwoyo Omutukuvu:

**Kaakano temukyali baamawanga oba abagwira, wabula muli ba kika kimu n'abatukuvu, n'ab'omu nnyumba ya Katonda; Eya zimbibwa ku musingi gw'abatume ne bannabbi, Yesu Kristo Ye kennyini ng'ejjinja eddene ery'oku nsonda; Mu ye ekizimbe kyonna nga kizimbiddwa bulungi ne kikula ne kifuuka yeekaalu entukuvu mu Mukama; Mu ye nammwe mwe mwazimbibwa wamu okuba ekifo kya Katonda olw'Omwoyo. (Abaefeso 2:19-22)**

#### **OMWOYO ALUNGAMYA OKUSINZA:**

Okusinza kw'Ekkansa kulina okulungamizibwa Omwoyo Omutukuvu:

**Naye ekiseera kijja, era kaakano kituuse, abasinza ab'amazima lwe balisinza Kitaffe mu Mwoyo ne mu mazima; kubanga Kitaffe anoonya ng'abo okumusinza.**

**Katonda Mwoyo; n'abo abamusinza balina okumusinza mu Mwoyo era mu Mazima. (Yokaana 4:23-24)**

**Kubanga ffe abakomole, abasinza Katonda mu Mwoyo, era mu abasanyukira Kristo Yesu, era tetwesiga mubiri. (Abafiripi 3:3)**

#### **OMWOYO ALUNGAMYA EMIRIMU GY'OBUMUNSI:**

Kino kyeyolekera mu biwandiiko ebikwata ku mirimu gy'obuminsani egy'Ekkansa eyasooka:

**Awo Omwoyo n'agamba Firipo nti Sembera weegatte ku ggaali lino. (Ebikolwa 8:29)**

**Awo bwe baamala okutambula mu Fulugiya n'ekitundu ky'e Ggalatiya, ne baagaanibwa Omwoyo Omutukuvu okubuulira ekigambo mu Asiya:**

**Bwe baamala okutuuka e Misiya, ne bagezaako okugenda e Bisuniya; naye Omwoyo n'atabakkiriza:**

**Awo bwe yamala okulaba okwolesebwa, amangu ago ne tufuba okuyingira Makedoni, nga tukakasa nti Mukama yali atuyise okubuulirayo enjiri. (Ebikolwa 16:6, 7, 10)**

**Nga baweereza Mukama, era nga basiiba, Omwoyo Omutukuvu n'agamba nti, "Njawulira."  
Balunabba ne Sawulo olw'omulimu gwe mbayitidde.**

**Awo bo bwe baasindikibwa Omwoyo Omutukuvu, ne bagenda e Serewukiya; ne okuva awo ne  
basaabala ne bagenda e Kupulo. (Ebikolwa 13:2, 4)**

**OMWOYO ALONDA ABAWEEREZA:**

Amadiini agamu galonda abaweereza okuweereza mu Kkanisa. Abantu bangi bagenda mu matendekero college oba seminariyo okutendekebwa nga baminisita. Naye ekyetaagisa ekyateekebwawo Ebyawandiikibwa kiri nti abaweereza bayitibwa era balondebwe Omwoyo Omutukuvu:

**Kale mwegendereze mmwe n'ekisibo kyonna, ekikulemberwa Omwoyo Omutukuvu  
yabafudde abalabirizi, okuliisa ekkkanisa ya Katonda, ye yagula n'omusaayi gwe. (Ebikolwa  
20:28)**

**OMWOYO AFUKA AMAFUTA KU BABUULIZI:**

Pawulo yawandiika nti:

**Era okwogera kwange n'okubuulira kwange tebyali bigambo bya amagezi ebisikiriza, naye mu  
kwolesebwa kw'Omwoyo n'amaanyi. (1 Abakkolinso 2:4)**

**OMWOYO ALUNGAMYA OKUSALAWO:**

Ebikolwa by'Abatume essuula 15 ewandiika olukiiko olw'enjawulo olw'abakulembeze okukubaganya ebirowoozo ku bizibu eby'enjawulo mu Kkanisa.

Okusalawo kwabwe okwasembayo kwakulemberwa Omwoyo Omutukuvu:

**Kubanga kyalabika bulungi eri Omwoyo Omutukuvu na ffe, nga tekisaanira kubatika migugu  
gya bwerere egiteetaagibwa, wabula musaana okugoberera bino. (Ebikolwa 15:28)**

**OMWOYO ABATIZA EKKANISA N'AMAANYI:**

Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume kiggulawo n'ebiwandiiko ebikwata ku kintu kino ekinene:

**Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka, bonna baali bamu mu kifo kimu:**

**Amangwago ne wabaawo eddoboosi okuva mu ggulu ng'ery'embuyaga ey'amaanyi ewuuma,  
ne kijjula ennyumba yonna mwe baali batudde.**

**Awo ennimi ezaawuddwamu ng'omuliro ne zitulako buli omu ku bo. Bonna ne bajjula  
Omwoyo Omutukuvu ne batandika okwogera ennimi, ng'Omwoyo bwe yabawa okwogera.  
(Ebikolwa 2:1-4)**

Okubatiza kuno kwe kwali amaanyi ag'ali emabega w'okugaziya, n'okuzimba olutindo lw'okukula kw'Ekkansa okuwandiikiddwa mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Ekkalisa entuufu erimu baani?

.....  
.....  
.....

3. Ekkalisa yatandika etya?

.....  
.....  
.....

4. Waaliwo ebifaananyi ebiwerako ebyakozesebwa mu Baibuli okunnyonnyola Ekkalisa. Osobola ojjukira waakiri basatu ku byo?

.....  
.....  
.....

5. Ebigendererwa ki ebina eby'Ekkalisa ebyogeddwako mu ssomo lino?

.....  
.....  
.....

6. Mennya era mu bufunze onnyonnyole ebika bina eby'okukula kw'ekkalisa.

.....  
.....  
.....  
.....

7. Essuula eno yayogera ku bigendererwa musanvu eby'Omwoyo Omutukuvu ebikwatagana n'okukula kw'ekkalisa. Bimeka b'oyinza okuwandiika?

.....  
.....  
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Ebigobererwa ku kutegeera Ekkansa entuufu. Ekkansa ye:

-Enjigiriza entuufu: Enjigiriza zonna zeesigamiziddwa ku kigambo kya Katonda ekiwandiike

-Ekoledwa bammemba abazzeemu okuzaalibwa: Obulamu bwa bammemba baayo bukyusiddwa olw'amaanyi ga Katonda.

-Okusinza: Basinza Katonda omu ow'amazima Kitaffe, Katonda Omwana, ne Katonda Omutukuvu Omwooyo.

-Okubuulira: Yenyigira nnyo mu bubaka bw'okutuuka ku nsi n'Enjiri ya Yesu Kristo.

2. Ebigobererwa ku kutegeera Ekkansa ey'obulimba:

-Enjigiriza enkyamu: Ziggumiza ebitundu ebirondeddwa mu Kigambo kya Katonda ne ziggyawo ebitundu ebirala. Tebatwala Kigambo kya Katonda nga bwe kiri. Bakkiriza enjigiriza z'omuntu ezikontana n'Ekigambo kya Katonda.

-Enjawukana: Baleeta enjawukana mu kkanisa era banoonya okuleeta enjawukana mubiri gwa Kristo okutwaliza awamu. Laba Abaruumi 16:17-18, Ebikolwa 20:29,30, Abaefeso 4.

-Okufuga: Ekkansa ey'obulimba ejja kugezaako okufuga obulamu n'ebikolwa bya bammemba baayo.

-Ekoledwa bammemba abatanakyusibwa: Abantu bakyagenda mu maaso n'okubeera mu bibi eby'edda embeera z'obulamu.

# ESSUULA EYOOMUKAAGA

## OKUKULA OKW'OMUNDA

### EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnonnyola kye kitegeeza okukula kw'ekkanisa "okw'omunda".
- Okunnonnyola "okukula mu by'omwoyo."
- Okulaga obukakafu obulaga nti omuntu akula mu by'omwoyo.
- Okunnonnyola obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu mu nkolagana n'okukula kw'Ekkanisa okw'omunda.
- Okulaga embeera z'okukula mu nsi ey'obutonde ezifaanagana n'ezo eziri mu nsi ey'omwoyo.

### OLUNYIRIRI OLUKULU:

**So nga teyeekwase Mutwe, omuva omubiri gwonna, ennyingo n'ebinyweza nga biguleetera era nga bigugatta wamu, nga gukula n'okukuza kwa Katonda. (Abakkolosaayi 2:19)**

### ENNYANJULA

Mu ssuula esembyeyo wayize ku bika ebina eby'okukula mu nteekateeka ya Katonda ey'okukubisaamu kw'ekkanisa. Ekkanisa erina okwekubisaamu okuyita mu kukula kw'omunda, okugaziwa, okugaziya, n'okusala ensalo. Essomo lino lissa essira ku nkula y'Ekkanisa ey'omunda.

### OKUKULA OKW'OMUNDA

Bwe twogera ku "kukula okw'omunda" kw'Ekkanisa, tuba twogera ku kukula okw'omwoyo era n'okukulaakulana kwa bammemba baayo. Ekkanisa ekula mu by'omwoyo okusenziira ku kukula kwa bammemba baayo ssekinnoomu.

Ekkanisa telina kukoma ku kukula mu bungi okuyita mu kugaziya, okugaziya, n'okusala ensalo, erina okukula mu mutindo. Okukula mu mutindo kwe kukula okw'omunda oba okw'omwoyo.

Pawulo yayogera ku nkola eno, ng'agigeraageranya n'okukula okw'omunda mu mubiri ogw'obutonde:

**So nga teyeekwase Mutwe, omuva omubiri gwonna, ennyingo n'ebinyweza nga biguleetera era nga bigugatta wamu, nga gukula n'okukuza kwa Katonda. (Abakkolosaayi 2:19)**

"Okweyongera kwa Katonda" kitegeeza okukula mu by'omwoyo. Nga bammemba bakula mu by'omwoyo, Ekkansa efuna okukula okw'omunda. Omubiri gwonna guliisibwa era gweyongera mukukula mu Katonda.

Okukula mu by'omwoyo kwe kwongera okukula mu by'omwoyo ekivaamu enkulaakulana y'embala ya Kristo obulamu bw'omukkiriza. Kwe kukula mu kumanya Yesu:

**Naye mukule mu kisa, ne mu kumanya Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo... (2 Peetero 3:18)**

Kwe kukula mu Yesu:

**Naye okwoyera amazima mu kwagala, okukula mu Ye mu byonna, ebiri omutwe, ye Kristo. (Abaefeso 4:15)**

Okukula mu mwoyo kitegeeza kukendeera nga ggwe, obulamu bwa Kristo mu ggwe ne bweyongera:

**Ateekwa okweyongera, naye nze nnina okukendeera. (Yokaana 3:30)**

Okukula mu by'omwoyo tekujja butereevu nga kiva ku bbanga omuntu ly'amaze ng'omukkiriza. Kiva mu nkulaakulana y'obulamu bwa Kristo mu mukkiriza.

Obujulizi obulaga nti omuntu akula mu by'omwoyo mulimu:

1. Okweyongera mu kumanya okw'omwoyo.
2. Okukozesa obulungi okumanya okwo mu bulamu n'obuweereza.
3. Okusanyuka ennyo mu bintu eby'omwoyo.
4. Okwagala Katonda n'abalala okusingawo.
5. Okukulaakulanya embala ez'omwoyo ezinga eza Kristo (ebibala eby'omwoyo).
6. Okweyongera mu kwagala n'obusobozi bw'okugabana Enjiri n'abalala.
7. Okukulaakulanya n'okukozesa obulungi ebirabo eby'omwoyo.

Okukula kiva mu butonde mu bulamu. Singa wabaawo obulamu obw'omwoyo mu kkanisa, okukula okw'omunda kujja kuvaamu nga kwotadde n'okugaziwa, okugaziya, n'okusala ensalo.

### **OMWOYO OMUTUKUVU N'OKUKULA OKW'OMUNDA**

Mu ssuula esembayo mwayize ku buweereza bw'Omwoyo Omutukuvu eri ekkansa. Omwoyo Omutukuvu:

-Yayekola Ekkansa

- Alungamya okusinza kwayo.
- Alungamya emirimu gyayo egy'obuminsani.
- Alonda abaweereza baayo.
- Afuka amafuta ku babuulizi b'enjiri.
- Alungamya okusalawo kwayo.
- Agibatiza n'amaanyi.

Ng'oggyeeko obuweereza buno mu Kkanisa, Omwoyo Omutukuvu alina emirimu emikulu mu nkolagana okutuuka ku nkula y'Ekkansa ey'omunda. Mu bino mulimu:

#### **OKULUMIRIZA EKIBI:**

Okukula mu by'omwoyo kulemesebwa ekibi. Omwoyo Omutukuvu asingisa abakkiriza omusango gw'ekibi:

**Era bw'alijja, alinenya ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'omusango:**

**Ku kibi, kubanga tebakkiriza mu nze;**

**Ku butuukirivu, kubanga njenda eri Kitange era temukyandaba;**

**Ku musango, kubanga omulangira w'ensi eno asalirwa omusango. (Yokaana 16:8-11)**

Omwoyo Omutukuvu bw'asingisizza ekibi, olwo tusobola okugoberera ekiragiro...

**Bwe twatula ebibi byaffe, mwesigwa era mwenkanya okutusonyiwa ebibi byaffe, era okutusonyiwa n'okutulongoosa okuva mu butali butuukirivu bwonna. (I Yokaana 1:9)**

#### **OKUZZA OBUGGYA**

"Okuzza obuggya" kitegeeza enkyukakyuka. Omwoyo Omutukuvu akyusa obulamu bw'abakkiriza. Enkyukakyuka ng'eyo ereeta enkulaakulana ey'omunda:

**Si lwa bikolwa bya butuukirivu bye twakola, wabula olwokusaasira kwe mu kunaazibwa olw'okuzaalibwa okw'omulundi ogwokubiri n'okufuulibwa abaggya olwa Mwoyo Mutukuvu. (Tito 3:5)**

#### **OKUTUKUZA:**

Okutukuzibwa kitegeeza "okwawulibwa ku lwa Katonda." Okwawuliba kuno kuvaamu okukula mu mwoyo:



**Naye tulina okwebaza Katonda bulijjo ku lwammwe, ab'oluganda, abaagalwa Mukama, kubanga Katonda okuva ku lubereberye yabalonda mu bulokozi okuyita mu kutukuzibwa kw'Omwoyo n'okukkiriza amazima... (2 Abasessaloniika 2:13)**

#### **OKUTUBEERA MUNDA:**

Omwoyo Omutukuvu abeera mu bulamu bw'abakkiriza. Ekigendererwa ky'okubeera munda kuno kwe kunyweza embala y'obulamu bwe twafuna mu bulokozi:

**Kiki! Temumanya ng'omubiri gwammwe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu ali mu mmwe, gye mulina okuva eri Katonda, so temuli bammwe? (1 Abakkolinso 6:19)**

**Temumanya nga muli yeekaalu ya Katonda, era nga Mwoyo wa Katonda abeera mu mmwe? (1 Abakkolinso 3:16)**

**Noolwekyo omuntu yenna bw'aba mu Kristo, aba kitonde kipya; ebintu eby'edda bigenze; laba byonna bifuuse bipya. (2 Abakkolinso 5:17)**

**Kale kino njamba nti Mutambulire mu Mwoyo, so temutuukiriza kwegomba kwa mubiri.**

**Kubanga okw'egwegomba kw'omubiri kulwanagana n'Omwoyo, n'Omwoyo gulwanyisa omubiri; ne bino bikontana n'ekimu ku kirala; bwe mutyo ne mulema okukola ebintu bye mwagala**

**Naye bwe mukulemberwa Omwoyo, temuli wansi wa mateeka. (Abaggalatiya 5:16-18)**

#### **OKUTUNYWEZA:**

Okunywezebwa n'okukula bikwatagana. Ofuuka wa maanyi bw'okula. Kyetaagisa amaanyi okukula. Okukula okw'omunda kujja okuyita mu kunyweza Omwoyo Omutukuvu:

**Nsaba Katonda oyo akola eby'ekitalo era agulumizibwa, agumyenga era anywezenga omuntu wammwe ow'omunda , olw'omwoyo we. (Abaefeso 3:16)**

#### **OBUMU:**

Obumu buleeta enkulaakulana ey'omunda mu Kkanisa:

**Naye eyeegasse ku Mukama waffe bafuuka omu mu mwoyo. (1 Abakkolinso 6:17)**

Kubanga ng'omubiri bwe guli gumu, era nga gulina ebitundu bingi, n'ebitundu byonna ne byegatta ne biba omubiri gumu, kale ne Kristo bw'atyo.

**Kubanga Mwoyo omu ffenna mwetwabatizibwa mu mubiri gumu, ka tube nga tuli Bayudaaya oba Abaamawanga, ka tube nga tuli baddu oba ba ddembe; era bonna bafuulibwa okunywa mu Omwoyo omu. (1 Abakkolinso 12:12-13)**

### **OKWEGAYIRIRA:**

Okwegayirira kw'Omwoyo Omutukuvu kuzimba omukkiriza mu by'omwoyo:

**Mu ngeri y'emu Omwoyo ayamba obunafu bwaffe: kubanga tetumanyi kusaba nga bwe tusaanidde: naye Omwoyo yennyini atuwolereza n'okusinda okutasobola kwogerwa. (Abaruumi 8:26)**

**Naye mmwe abaagalwa, mwezimba ku kukkiriza kwammwe okutukuvu ennyo, nga musaba mu Omwoyo Omutukuvu. (Yuda 20)**

**Okusaba bulijjo n'okusaba kwonna n'okwegayirira mu Mwoyo, n'okutunula ku ekyo n'okugumiikiriza kwonna n'okwegayirira abatukuvu bonna. (Abaefeso 6:18)**

### **OKULUNGAMYA:**

Omwoyo Omutukuvu alungamya abakkiriza mu mazima g'Ekigambo kya Katonda ekireeta okukula mu mwoyo:

**Naye Ye, Omwoyo ow'amazima, bw'alijja, ajja kubalungamya mu mazima gonna; kubanga tajja kwogera ku Ye; naye buli ky'anaawulira, kyanaayogera; era ajja kukulaga ebintu ebigenda okujja. (Yokaana 16:13)**

**Kubanga bonna abakulemberwa omwoyo gwa Katonda, be baana ba Katonda. (Abaruumi 8:14)**

### **OKUBIKULIRWA:**

Omwoyo Omutukuvu abikkula amazima g'ekigambo kya Katonda eri omukkiriza ekivaamu okukula mu mwoyo:

**Naye Katonda yabitubikkulira mu Mwoyo we: kubanga Omwoyo anoonya byonna, weewaawo, ebintu ebizito ebya Katonda. (1 Abakkolinso 2:10)**

### **OKWAGALA:**

Abantu bakula mu by'omwoyo mu mbeera ey'okwagala:

**N'essuubi teriswaza; kubanga Katonda atuwadde Mwoyo Mutukuvu ajjuza emitima gyaffe okwagala kwa Katonda. (Abaruumi 5:5)**

### **OKUFAANANYIZIBWA:**

Omwoyo Omutukuvu akola munda okufaananya abakkiriza ng'ekifaananyi kya Yesu:

**Naye ffenna, nga tulaba ekitiibwa kya Mukama nga mu ndabirwamu, tukyusibwa ne tufuuka ekifaananyi kye kimu okuva mu kitiibwa okudda mu kitiibwa, nga bwe kiri olw'Omwoyo wa Mukama. (2 Abakkolinso 3:18)**

**OKUSOMESA:**

Tukula mu by'omwoyo nga bwe tukula mu kumanya Katonda. Omwoyo Omutukuvu ye musomesa waffe:

**Naye okufukibwako amafuta kwe mwafuna okuva gy'ali kubeera mu mmwe, era temwetaaga muntu yenna okubayigiriza: naye Mwoyo Mutukuvu yabayigiriza mu byonna, era w'amazima, so si bulimba, era nga bwabayigiriza, kale mubeerenga mu Ye. (1 Yokaana 2:27)**

**OKUKAKASA:**

Okubusabuusa kulemesa okukula mu by'omwoyo. Omwoyo Omutukuvu amalawo okubusabuusa ng'awa okukakasa kw'obulokozi:

**Omwoyo yennyini awa obujulirwa, n'omwoyo gwaffe, nti tuli baana ba Katonda. (Abaruumi 8:16)**

**Era oyo akwata ebiragiro bye abeera mu ye. Era kino kye tumanyi nti abeera mu ffe, olw'Omwoyo eyatuweebwa. (1 Yokaana 3:24)**

**EDDEMBE:**

Ebiziyiza bikoma ku kukula. Omwoyo Omutukuvu awa eddembe okuva mu kibi n'obulombolombo bw'omuntu:

**Kubanga etteeka ly'Omwoyo ow'obulamu mu Kristo Yesu gansumuludde okuva mu teeka ly'ekibi n'okufa. (Abaruumi 8:2)**

**Kaakano Mukama ye Mwoyo oyo: era Omwoyo wa Mukama w'abeera, we wali eddembe. (2 Abakkolinso 3:17)**

**OKUBUDAABUDA:**

Okwennyamira n'okuggwaamu amaanyi biremesa okukula mu by'omwoyo. Omwoyo Omutukuvu awa okubudaabudibwa

**...n'okutambulira mu kutya Mukama, ne mu kubudaabudibwa kw'Omwoyo Omutukuvu...(Ebikolwa 9:31)**

**N'Omwoyo ow'amazima, ensi gw'etayinza kufuna, kubanga temulaba era temumanyi, naye mmwe mumumanyi; kubanga abeera nammwe, era ajja kuba mu mmwe...**

**Naye Omubeezi, nga ye Mwoyo Omutukuvu, Kitaffe gw'alisindika mu linnya lyange, bw'alijja Alibayigiriza ebintu byonna n'okubajjukiza byonna bye mbagambye. (Yokaana 14:17, 26)**

#### **OKUZUUKIZA:**

Ekimu ku mirimu gy'Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwa Yesu kwali kumuzuukiza mu bafu:

**Omwoyo Omutukuvu y'omu eyazuukiza Kristo mu bafu abeera mu mmwe. Omwoyo asobola okulamusa (okuwa amaanyi, okuwa obulamu obupya, okuzuukiza) omuntu wo ow'omubiri afa:**

**Naye Omwoyo w'oyo eyazuukiza Yesu mu bafu bw'abeera mu mmwe, Yeyazuukiza Kristo okuva mu bafu nayo alizuukiza emibiri gyammwe egy'okufa olw'Omwoyo we abeera mu mmwe. (Abaruumi 8:11)**

Bw'otokula mu mwoyo, ofuuka "omufu mu mwoyo. Enkola y'okukula ekoma. Amaanyi g'Omwoyo Omutukuvu agakuzzaamu obulamu obw'omwoyo.

#### **OKULAGA AMAANYI:**

Pawulo yagamba nti:

**Era okwogera kwange n'okubuulira kwange tebyali bigambo bya muntu ebisikiriza naye mu kwolesebwa kw'Omwoyo n'amaanyi; Okukkiriza kwammwe kuleme kuyimirira mu magezi g'abantu wabula mu maanyi ga Katonda. (1 Abakkolinso 2:4-5)**

Okwolesebwa kw'amaanyi Omwoyo Omutukuvu kyongera okukkiriza kwo mu Katonda.

#### **AKUWA AMAANYI OLW'OKUJJULIRA:**

Amaanyi ag'enjawulo ag'okujulira bwe bujulizi obw'amazima obulaga nti omuntu yabatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu

**Naye mmwe mulifuna amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'amala okubatuukako; muliba bajulirwa gye ndi mu Yersaalemi ne mu Buyudaaya yonna ne mu Samaliya, n'okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. (Ebikolwa 1:8)**

Abakkiriza abakuze mu by'omwoyo bajja kuba bajulizi ba Njiri mu kwekubisaamu.

#### **OKUBATIZA:**

Ekkanisa efuna okukula okw'omunda okuyita mu kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu:

**Bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu ne batandika okwogera mu ngeri nnimi endala, ng'Omwoyo bwe yabawa okwogera. (Ebikolwa 2:4)**

Okubatizibwa mu Mwoyo Omutukuvu kivaamu okukulaakulanya ebirabo eby'omwoyo n'ebibala mu bulamu bw'abakkiriza.

**OKUWA EBIRABO EBYOMWOYO:**

Ebirabo eby'omwoyo bikulu nnyo mu kukula kw'Ekkanisa munda kubanga "bizimba" abakkiriza. "Okuzimba" kitegeeza "okuzimba n'okutumbula okukula mu by'omwoyo. (Ojja kuyiga ebisingawo ku birabo eby'omwoyo mu ssomo eriddako.)

**OKUKULAAKULANYA EBIBALA BY'OMWOYO:**

Ebibala eby'omwoyo bwe z'embala z'Omwoyo ezeyolekera mu bulamu bw'omukkiriza. Kitegeeza engeri ez'omwoyo ezirina okweyolekera mu bulamu bw'abakkiriza bonna.

Ebibala eby'omwoyo bwe bukakafu obw'okukula mu by'omwoyo. Okufaananako ebibala mu nsi ey'obutonde, ky'ekibala ekiva mu nkola y'obulamu. Nga ebibala bwe bitwala ekiseera okukula mu nsi ey'obutonde, ebibala eby'omwoyo bitwala ekiseera okukula. Kiva mu kukula okw'omunda mu bulamu bw'omukkiriza.

Luno lwe lukalala lw'ebibala eby'Omwoyo Omutukuvu:

**Naye ebibala by'Omwoyo kwe kwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza, obukkakkamu, obulungi, okukkiriza, Obuwombeefu, okwefuga: ku ebyo tewali tteeka. (Abaggalatiya 5:22-23)**

Katonda ayagala okule mu:

**Okwagala:** Omukwano ogw'amaanyi, okufaayo, n'okufaayo.

**Essanyu:** Essanyu eritasinziira ku mbeera z'obulamu.

**Emirembe:** Okusirika, okukkakkamu, okukwatagana; obutayomba, kweraliikirira, n'okweraliikirira.

**Obugumiikiriza:** Obugumiikiriza--obusobozi okugumira n'essanyu embeera etagumiikiriza; okuguma.

**Obukkakkamu:** Engeri ey'obukkakkamu; si ya maanyi, si ya ffujjo oba ya ddoobozi ery'omwanguka; ekisa ekisirifu, ekissa ekitiibwa eri abalala.

**Obulungi:** Ebikolwa eby'obutukuvu n'obutuukirivu.

**Okukkiriza:** Endowooza ey'okwesiga Katonda.

**Obuwombeefu:** Amaanyi agafugibwa.

**Okwefuga:** Okwekkakkanya mu nneewulira, mu birowoozo, ne mu bikolwa; okwefuga.

## EMBEERA Z'OKUKULA

Mu nsi ey'obutonde waliwo embeera ezimu ezeetaagisa okukula n'okukula n'okwekubisaamu. Embeera zino ez'obutonde zifaanagana nez'omwoyo ezeetaagisa okukula kw'ekibala ky'okukula mu by'omwoyo. Bino bye bimu ku bifaanagana:

### OBULAMU.

Awatali bulamu, okukula tekusoboka. Wateekwa okubaawo obulamu mu nsigo, oba si kyo tejja kukula. Yesu ye yali e kigambo kya Katonda ekirabika, ensigo era mu ye mwe mwali obulamu.

**Mu ye mwe mwali obulamu; era obulamu bunu ne buba ekitangaala eri abantu. (Yokaana 1:4)**

**Kubanga nga Kitaawe w'Omwana bw'alina obulamu mu ye, bw'atyo bwe yawa Omwana okuba n'obulamu mu ye. (Yokaana 5:26)**

Yesu yajja kusimba ensigo ey'obulamu okukuyamba okwekubisaamu.

**Nze najja, zibe n'obulamu, era zibe nabwo mu bujuvu. (Yokaana 10:10)**

Obulamu bwe buli mu ggwe. Bw'osiga ensigo y'ekigambo kye, okimanya nti...

**Era ng'enkuba bwetonnyan'omuzira ne gugwa okuva mu ggulun'ebitaddayo, wabula ne bifukirira ettaka, ebirime ne bikula, ne bimerusa ensigo z'omusizi, era ne biwa omuli emmere,**

**Bwe kityo ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange bwe kiri; tekiriddayo bwereere, naye kirikola ekyo kye njagalaera kirituukiriza ekyo kye nakituma. (Isaaya 55:10-11)**

### ETTAKA ETTUUFU.

Oyize mu lusoma luno nti ettaka eritalimiddwa liremesa okufuna amakungula amangi. Ettaka ettuufu lyetaagisa ku lw'amakungula amalungi.

**Ettaka eddungi gy'emitima gy'abantu abawulira ekigambo ne bakkiririza ddala era ne bavaamu ebibala, emirundi amakumi asatu, abalala emirundi nkaaga, n'abalala kikumi. (Makko 4:20)**

Bw'okungula mu nsi ey'omwoyo, oteekwa okuteeka ennyo amanyigo ku ttaka eddungi. Oteekwa okutegeka ettaka n'osimba bulungi ensigo y'ekigambo. Byombi byetaagisa kulw'amakungula agajja.

Okusenziira ku lugero lw'omusizi (Makko 4:3-20), bwe waba nga tewali makungula, obuzibu buba buvudde ku ttaka. Eno nnono nkulu nnyo ey'amakungula. Ettaka eritaviisa kintu teririna kulekebwa awo. Omuntu alina okusiga, alime era azuule ekiseera ekituufu mwalina okuyitiramu abakunguzi (Lukka 13:6-9). Naye kino si ky'ekifo ky'okumalirako amaanyi g'omwoyo. Yesu teyagambako nti walibaawo ebbula

ly'abasizi wabula abakunguzi. Amaanyi ag'omwoyo geetaaga kumalira ku ttaka eriviisa ne liwa amakungula.

Okumanya ebiseera kikulu nnyo mu kukungula. Abakunguzi tebeetaagibwa ng'ensigo yaakasimbibwa oba ng'ekirime kikyalina amalagala. Naye waliwo akaseera akatono ako akatuufu amakungula g'okuttaka eddungi we gengerera. Kati awo abakunguzi abangi we beetagibwa. Abakozi bonna bwe baba nga beewaddeyo ennyo eri ennimiro ezitaviisa nga tewali bakungula, awo omukisa ogwo gufiira ddala olubeerera.

### **AMAZZI.**

Amazzi geetaagibwa ku lw'ensigo eyo okumeruka n'okuzaala mu nsi ey'omubiri. Katonda yasubiza:

**Kubanga ndifuka amazzi ku ttakaeririna ennyonta n'enzizi ku ttaka ekkalu... (Isaaya 44:3)**

Okuyiika kuba kufukibwako mafuta okw'Omwoyo Omutukuvu okukiikirwa akabonero ak'amazzi.

**Ndifuka Omwoyo wange ku nsigo yo... (Isaaya 44:10)**

**Ng'Ekyawandiikibwa bwe kigamba nti buli akkiriza Nze emigga egy'amazzi amalamu girikulukuta nga gifuluma mu mutima gwe! (Yokaana 7:38)**

Amazzi ag'Omwoyo Omutukuvu galeetera ensigo ey'ekigambo kya Katonda okusimba emizzi mu mitima gy'abasajja n'abakazi abaafa mu kibi.

**Wakiri waliwo essubi ng'omuti guloka: Bwe gutemebwa, guloka nate,era ekikolo kyagwo ekiggya tekifa.**

**Emirandira gyagwo gyandikaddiyidde mu ttakaera n'ekikonge ne kifiira mu ttaka,**

**Naye olw'emirandira okutambula ne ginoonya amazzi kimulisane kireeta amatabi ng'ekisimbe. (Yobu 14:7-9)**

### **EKITANGAALA.**

Ekimera ky'ensi ey'omubiri kikula okusenziira ku ngeri gye kikwataganye n'ekitangaala. Ekitangaala kya Katonda ky'ekireetawo okukula kw'amakungula g'omwoyo.

**Mu ye mwe mwali obulamu; era obulamu bunu ne buba ekitangaala eri abantu. (Yokaana 1:4)**

**Nze Musana gw'ensi. Angoberera taatambulirenga mu kizikiza, wabula anaabeeranga n'omusana ogw'obulamu." (Yokaana 8:12)**

Ekitangaala kya Katonda kireetawo obulamu bw'omwoyo.

### **EMPEWO.**

Empewo eyabulijjo entabuletabule ebimera eby'omubiri bigisika okuva mu mpewo oba ebibyetoolodde. Empewo yetaagisa ebimera okukula obulungi. Mu Baibuli omwoyo Omutukuvu ageraageranyizibwa ku mpewo oba omuyaga.

**Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kwayo, naye tomanya gy'eva newaakubadde gyegenda; bw'atyo bw'abeera omuntu yenna azaalibwa Omwoyo.” (Yokaana 3:8)**

Omwoyo Omutukuvu assiza obulamu mu nsigo y'ekigambo ekireetawo okukula mu mwoyo.

#### **EBBANGA.**

Mu lugero lw'omusizi, okulwanira ebbanga kyaleetera ebimera ebimu okufa.

**N'ensigo eyagwa mu maggwa efaanana ng'omuntu awulira ekigambo naye okweraliikirira kw'ebintu by'ensi n'obugagga obutaliimu ne bibuutikira ekigambo ne kitabala bibala. (Matayo 13:22)**

Okuvuganyiza ebintu by'ensi kuyinza okufumita ensigo y'ekigambo kya Katonda n'etabala bibala bya mwoyo.

#### **ENSIMBA Y'EMIRANDIRA.**

Emirandira mikulu okusika ekiriisa okuva mu ttaka okuda eri ekimera. Zabuli 1, etugamba engeri y'okukuza emirandira mu bulamu bwo obw'omwoyo:

**Alina omukisa omuntuatambulira mu kuteesa kw'ababi,era atayimirira mu kibiina ky'ababi,newaakubadde okutuula n'abo abanyooma ebya Katonda.**

**Naye asanyukira okugondera amateeka ga Mukama,era mu mateeka ago mw'alowooleza emisana n'ekiro.**

**Afaanana ng'omuti ogwasimbibwa ku mabbali g'omugga,ogubala ebibala byagwo mu ntuuko zaabyo,n'ebikoola byagwo tebiwotoka.Na buli ky'akola kivaamu birungi byereere. (Zabuli 1:1-3)**

#### **OKUWUMMULA.**

Ekimera kiwummula mu kiseera ekiyitibwa “eky'obutakula.” Ekiseera eky'obutakula ky'ekyo ekimera we kiwummulira. Ekiseera ekyo kibaawo ng'ekiseera ekimera mwekikulira amangu tekinatuuka. Ekimera kirabika ng'ekifudde naye kiba tekifudde. Ensigo ey'obulamu eba nnamu mu kkyo.

Bw'osiga ensigo y'ekigambo kya Katonda mu bulamu bw'abasajja n'abakazi, watera okubaawo ekiseera ky'obutakula nga tolabawo kukula. Okuyinza okulowooza nti olemereddwa mu kyewagenderera. Naye ensigo eba tennafa. Nga bwe kiri mu nsi ey'omubiri, obutakula mu mwoyo kubaawo ng'ekiseera ky'okumera n'okukulira amangu tekinatuuka eky'amakungula ag'omwoyo. Lindirira amakungula n'obugumiikiriza.



**Noolwekyo abooluganda mugumiikirize, okutuusa amadda ga Mukama waffe, ng'omulimi bw'agumiikiriza ng'alindirira enkuba eya ddumbi n'eya ttoggo okukuza ebibala bye biryoke byengere. (Yakobo 5:7)**

#### **KIKWATA KU KIKOLO.**

Okusobola okubala ebibala mu nsi ey'omubiri, ettabi lirina okuba nga likyakutte ku nduli y'omuti. Etabi ly'omuti bwe limenyeka okuva ku kikolo oba enduli eriwa obulamu, telijja kubala bibala.

Yesu ye kikolo ate ffe matabi. Okusobola okubala ebibala, oteekwa okukuuma enkolagana naye:

**Nze muzabbibu ogw'amazima, ate Kitange ye mulimi.**

**Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala.**

**Mmwe kaakano muli balongoofu olw'ekigambo kye mbagambye;**

**Mubeere mu Nze era nange mbeere mu mmwe. Ng'ettabi bwe litayinza kubala bibala ku bwalyo nga teriri ku muzabbibu, bwe mutyo nammwe temuyinza kubala bibala bwe mutabeera mu Nze. (Yokaana 15:1-4)**

#### **OKUSALIRA.**

Okusalira naky'o kikulu mu nsi ey'omubiri, ekimera bwe kiba kyakubala bibala. Omulimi bw'asalira ekimera asalako amatabi agatalina mugaso okusobola okuyamba ekimera okubala ebibala abingi. Aggyako buli kintu ekiyinza okulemesa ekimera ekyo okubala obulungi.

Okusalira era kwetaagisa ne mu nsi ey'omwoyo. Okusalira okw'omwoyo kwe kugololwa okwa Katonda Baibuli kweyita okugunjula. Katonda bw'asalira aggya mu bulamu bwo buli kintu ekiyinza okukulemesa okukula mu mwoyo. Enkola eno oggyetaaga bw'oba wa kubala bibala eby'omwoyo.

**Buli ttabi eriri ku Nze eritabala bibala aliggyako. Naye buli ttabi eribala ebibala, alirongoosa lyeyongerenga okubala. (Yokaana 15:2)**

Ebiseera ebisinga tokungula birungi biva mu kusalirwa kubanga onenya sitaani naye nga Katonda yaganya embeera ezo eri obulamu bwo okusobola okukutereza (okusalira). Obukulu bw'okutondebwa bukuweebwa mu Koseya.

**Mujje, tudde eri Mukama. Atutaaguddetaagudde, naye alituwonya; atuleeseeko ebiwundu, naye ebiwundu alibinyiga. (Koseya 6:1)**

Okubonerezebwa kw'okusalira kuvaamu okudda eri Katonda. Okudda gy'ali mwokka mw'onobalira mu by'omwoyo n'okubala ebibala by'omwoyo Omutukuvu.

#### **EMBEERA Y'OBUDDE:**

Embeera y'obudde kikulu nnyo mu nkulaakulana y'ebibala. Mu nsi ey'obutonde ebika by'ebibala bingi biddira mu mbeera ezifugibwa mu ngeri ey'enjawulo. Bizimbibwa mu bizimbe ebityibwa "Amayumba agookya" ku bbugumu eggere. Zikumibwa okuva ku mbeera entuufu ey'ebweru. Singa okwata ekimera eky'omu "Nyumba eyokya" n'okisengulira ebweru, mu bbanga ttono kijja kufa kubanga kibatde kibeera mu mbeera yobutonde obufugibwa. Tekisobola kugumira mbeera y'ensi entuufu. Mu by'omwoyo toyagala ba Kristaayo ba "Mu nnyumba eyokya" abalabika obulungi mu mbeera z'obudde ezifugibwa ne bwebasisinka ensi eyaddala, bakala.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Tutegeeza ki bwe twogera ku nkula y'Ekkanisa ey'omunda?

.....  
.....  
.....

3. Okukula mu by'omwoyo kye ki?

.....  
.....  
.....

4. Wandiiika obukakafu musanvu obulaga nti omuntu akula mu by'omwoyo.

.....  
.....  
.....  
.....  
.....

5. Essomo lino lyayogera ku ngeri nnyingi Omwoyo Omutukuvu gy'aleetamu enkula y'ekkanisa ey'omunda.

Wandiika ebyo by'osobola okujjukira:

.....  
.....  
.....

6. Essomo lino lyayogera ku mbeera z'okukula mu by'omwoyo ezifaananako n'ezo ezeetaagisa okukula mu nsi ey'obutonde.

Wandiika ebyo by'osobola okujjukira.

.....  
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Ekimera bwekiba kinaatera okufa mu nsi ey'obutonde, kiteekwa okuzuukizibwa. Ekanisa bw'eba eri kumpi okufa mu mwoyo, okuzibwa obugya kwetaagisa. Okuzuukuka kwe "kuddamu okufuna obulamu n'okukulaakulana."

Soma ebijuliza bino wammanga:

Okukaaba okw'okuzibwa obugya: Zabbuli 85:6: Entekateeka ya Katonda ey'okuzibwa obugya: 2 Ebyomumirembe 7:14

Soma bino wammanga ebikwata ku kuzibwa obugya mu ndagaano enkadde. Ensonga ki ezaaleetera okuzibwa obugya? Biki ebyava mu kuzibwa obugya?

Okuzibwa obugya e Sinaayi:	Okuva 32:1-35, 33:1:23
Okuzibwa obugya wansi wa Samwiri:	1 Samwiri 7:1-17
Okuzibwa obugya ku lusozi Kalumeeri:	1 Bassekabaka 18:1-46
Okuzibwa obugya mu Nineeva:	Ekitabo kya Yona
Okuzibwa obugya wansi wa Asa:	2 Ebyomumirembe 15
Okuzibwa obugya wansi wa Keezeekiya:	2 Ebyomumirembe 29:1-36, 30:1-27, 31:1-21
Okuzibwa obugya wansi wa Yosiya:	2 Ebyomumirembe 34:1-33, 35:1-19
Okuzibwa obugya oluvannyuma lw'okuwambibwa:	Nekkemiya 8:1-18

2. Mu ssuula esemyeyo, oyize nti Ekanisa egeraageranyizibwa ku kizimbe eky'omwoyo ekizimbibwa ku omusingi gwa Yesu Kristo. Okukula mu by'omwoyo munda y'enkola y'okuzimba ku musingi ogwo. Soma entekateeka eno wammanga:

### OKUKULA NGA NG'OZIMBA

ENNONO ENKULU:

A. Kiki ky'ozimba mu by'omwoyo?

1. Oli kizimbe:

**Nammwe, ng'amayinja amalamu, muzimbibwa ennyumba ey'omwoyo... (1 Peetero 2:5)**

2. Ozimba ekizimbe ekitaggwaawo:

**Kubanga tukimanyi nti singa ennyumba yaffe ey'oku nsi ey'eweema eno yasaanuuka, tulina ennyumba okuva eri Katonda, ennyumba etakoleddwa na mikono, ey'olubeerera mu eggulu. (2 Abakkolinso 5:1)**

3. Ekkanisa kizimbe:

**...Muzimbiddwa ku musingi gw'abatume ne bannabbi, Yesu Kristo ly'ejjinja ekkulu ery'oku nsonda; Mu ye ffena tuzimbibwa wamu mu kugattibwa wamu ne tubeera essinzizo ettukuvu mu Mukama waffe; Era nammwe mwazimbibwa wamu okubeera ekifo kya Katonda okuyitira mu Mwoyo. (Abaefeso 2:20-22)**

B. Waliwo babiri abeenyigira mu nkola eno:

1. Katonda:

**...Eyazimba ebintu byonna ye Katonda. (Abaebbulaniya 3:4)**

**Okujjako Mukama nga yazimbye ennyumba, bakola bwereere abaagizimba...(Zabuli 127:1)**

**...Nja kuzimba ekkanisa yange, era emiryango gya Geyena tegirigiwangula. (Matayo 16:18)**

2. Omuntu: Omuntu, mu bumu ne Katonda, alina okuzimba:

**Kubanga tuli bakozi wamu ne Katonda...muli kizimbe kya Katonda. (1 Abakkolinso 3:9)**

**...Muzimbira ku musingi ogw'okukkiriza kwammwe okutukuvu ennyo... (Yuda 20)**

**Ggwe...n'abo abanaabeera mu ggwe balizimba ebifo eby'edda ebifuuse amatongo...gwe oliyimusa emisingi...oliyitibwa omuddaabiriza azzaawo amakubo ag'okubeeramu (Isaaya 58:12)**

#### **NGA TONNATANDIKA KUZIMBA:**

Nga tonnatandika kuzimba olina:

1. Okubala omuwendo:

**Ku mmwe ani ayagala okuzimba omunaala, atasooka kutuula wansi, era abala omuwendo, oba alina ebimala okugimaliriza? Kubanga singa tagumaliriza n'akoma ku musingi gwokka, buli agulaba atandika okumusekerera, Ng'agamba nti, "Omusajja ono yatandika okuzimba, n'atasobola okumaliriza. (Lukka 14:28-30)**

2. Beera Mumalirivu:

**Sulemaani n'asalawo okuzimba ennyumba ku lw'erinnya lya Mukama ennyumba... (2 Ebyomumirembe 2:1)**

**3. Okuba n'ekigendererwa ekituufu:**

**Laba, nzimba ennyumba eri erinnya lya Mukama Katonda wange, ngiwonge, n'okwokya mu maaso ge obubaane obuwunya obulungi...n'okuweerayo emigaati egya buli lunaku,...ebiweebwayo ebyokebwa..n'embaga ez'ekitiibwa... (2 Ebyomumirembe 2:4)**

**4. Tegeka:**

**Kubanga Ezera yali ategese omutima gwe okunoonya amateeka ga Mukama, n'okugakola, era n'okukiyigiriza... (Ezera 7:10)**

**N'omuddu oyo, eyamanyanga mukama waffe ono by'ayagala, n'atategekera yekka era teyakola nga bw'ayagala... (Lukka 12:47)**

**ENGERI Y'OKUZIMBA:**

**1. Zimba Ku Musingi Omutuufu:**

**Omugezi azimba ku musingi gw'Ekigambo...tekyagwa, kubanga kyatandikibwawo ku lwazi. (Matayo 7:24-27)**

Omusingi omutuufu ye Yesu n'Ekigambo kye:

**..Muzimbiddwa ku musingi gw'abatume ne bannabbi, Yesu Kristo ye kennyini ng'ejjinja eddene ery'oku nsonda. (Abaefeso 2:20)**

**Muzimbibwa mu Ye...munyweredde mu kukkiriza nga bwe mwayigirizibwa.... (Abakkolosaayi 2:7)**

Weegendereze engeri gy'ozimba ku musingi guno:

**Kubanga tewali muntu ayinza kussaawo musingi mulala ogwateekebwawo, gwe Yesu Kristo. Kaakano omuntu yenna bw'azimba ku musingi guno zaabu, ffeeza, amayinja ag'omuwendo; enku, ebikuta by'omuddo; Omulimu gwa buli muntu gulirabisibwa, kubanga olunaku lwe lulibitegeeza; kubanga kiribikkulwa mu muliro, n'omuliro guligezesa omulimu gwa buli muntu kika ki kye kiri. (I Abakkolinso 3:10-13)**

**2. Zimba Okusenziira Ku Nteekateeka:**

Mu buli pulojekiti y'okuzimba eya Baibuli, waaliwo pulaani eyaweebwa Katonda. Laba Olubereberye 6: Okuva 25: 1 Ebyomumirembe 22. Abantu baagondera enteekateeka ya Katonda:

**Bwatyo Nuuwa bwe yakola, nga byonna Katonda bye yamulagira, bwe yakola. (Olubereberye 6:22)**

Enteekateeka yali ya njawulo, naye bwe kityo bwe kyali ne ku Musa, Dawudi, Sulemaani, Ezera, ne Nekkemiya...buli omu yakola nga Mukama bwe yalagira.

**Awo Daudi n'ayogera nti, Ebyo byonna biri mu buwandiike, kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu nange, era yampa okukitegeerera ddala.... (1 Ebyomumirembe 28:19)**

Bw'otogoberera nteekateeka ya Katonda ey'okuzimba obulamu bwo ku Kigambo kya Katonda, tojja kuwangula:

**Kubanga tebatunuulira bikolwa bya Mukama, wadde enkola y'ebibye emikono, alizizikiriza so tazizimba. (Zabuli 28:5)**

**3. Zimba Okusenziira ku Busobozi Bwo:**

Mu pulojekiti z'okuzimba ez'omulembe gw'Endagaano Enkadde, abantu baawaayo okusenziira ku busobozi bwabwe:

**Baawaayo oluvannyuma lw'obusobozi bwabwe.... (Ezera 2:69)**

**4. Zimba nga kyeyagalire:**

Beera mwetegefu okukula mu by'omwoyo:

**Baawaayo ku bwereere olw'ennyumba ya Katonda okugiteeka mu kifo kye... (Ezera 2:68)**

**5. Zimba Mu Maanyi Ga Mukama:**

**Era ne nnywezebwa ng'omukono gwa Mukama Katonda bwe guli ku nze...(Ezera 7:28)**

**6. Okuzimba Mu Bumu:**

**Abantu baalina endowooza y'okukola... (Nekkemiya 4:6)**

**7. Zimba Mu Magezi:**

**Okuyitira mu magezi ennyumba ezimbiddwa; era olw'okutegeera enywezebwa. (Engero 24:3)**

**Buli mukazi omugezi azimba ennyumba ye; naye omusirusiru aginyagulula n'emikono gye. (Engero 14:1)**

**Amagezi gazimbye ennyumba yaago, gagizimbide ku mpagi musanvu. (Engero 9:1)**

Katonda ajja kubawa amagezi:

**Katonda yajjuza abakozi...amagezi, okutegeera, okumanya...ne bakola byonna bye ndagidde...(Okuva 31:3, 6)**

**Sulemaani...yaweebwa amagezi n'okutegeera, asobole okuzimba ennyumba ya Mukama...(II Ebyomumirembe 2:12)**

**Ensibuko y'amagezi ye Katonda:**

**Omuntu yenna ku mmwe bw'abulwa amagezi, asabe Katonda agabira abantu bonna nga takyuka..era gajja kumuweebwa. (Yakobo 1:5)**



# ESSUULA EYOOMUSANVU

## OKUKULA KW'OKUGAZIWA

### EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu birowoozo.
- Okunnyonnyola kye kitegeeza okukula kw'okugaziwa.
- Okufunza okukula kw'okugazia kw'ekkanisa eyasooka mu Yerusalemi.
- Okufunza enkola z'endagaano empya ez'okugaziwa kw'ekkanisa.

### OLUNYIRIRI OLUKULU:

**Ekigambo kya Katonda ne kyeyongera, n'omuwendo gw'abayigirizwa ne gweyongera nnyo mu Yerusalemi... (Ebikolwa 6:7)**

### ENNYANJULA

Mu mubiri ogw'obutonde, ebitundu eby'enjawulo bikwasaganyizibwa omutwe. Ebikolwa byonna eby'omubiri biva mu biragiro ebiweebwa omutwe. Yesu gwe Mutwe oguwa okulungamya eri Omubiri gwe ogw'omwoyo nga y'Ekkanisa. Yesu yagamba nti, "Nja kuzimba Ekkanisa yange" (Matayo 16:18). Mu Baibuli, enkola ze okutuukiriza ekigendererwa kino zibikkulwa.

Enkola z'okukubisaamu Ekkanisa zirina okwesigamizibwa ku ebyo ebisomesebwa n'okulagibwa mu Kigambo kya Katonda. Nga bammemba b'Omubiri gwa Kristo, abakkiriza bayitibwa okukolera ku biragiro bino okuva ku Mutwe, Mukama waffe Yesu Kristo. Essuula eno y'esooka ku ssatu ezikwata ku kukula mu ennamba mu Kkanisa. Essomo lino lissa essira ku nkula y'okugaziwa.

### OKUKULA KW'OKUGAZIWA

Okukula kw'okugaziwa kubaawo ng'abakkiriza abaggya bawangulwa eri Kristo ne babaleeta mu kukolagana n'ekkanisa yaabwe ey'omu kitundu. Kino kivaamu okukula kw'omuwendo gw'ekkanisa y'omu kitundu. Okukula kw'okugaziwa kulina okutunuulirwa okwongera ku Bwakabaka bwa Katonda.

Singa Ekkanisa eyookubiri eyongera bammemba 100 okuva mu Kkanisa esooka nga bayita mu kukyusa obwammemba, Okukula kw'Obwakabaka awo tekuliwo. Wabaddewo okweyongera kw'obwammemba mu kkanisa eyookubiri naye tewali kugaziwa kwa Bwakabaka bwa Katonda. Okukula kw'Obwakabaka kubaawo ng'abakkiriza abapya bawanguddwa eri Yesu n'abayigirizwa okufuuka abantu ab'obuvunaanyizibwa mu Mubiri gwa Kristo.

## LIKODI Y'ENDAGAANO EMPYA

Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume kiwandiika okukula kw'okugaziwa kw'ekkanisa eyasooka e Yerusalemi. Mubufunze likodi y'eno wammanga:

### ENKOLA Y'OKUKULA EYASOOKERWAKO:

**Awo mu nnaku ezo Peetero n'ayimirira wakati mu Bayigirizwa n'agamba nti, (omuwendo gw'amannya awamu gwali nga kikumi mu abiri). (Ebikolwa 1:15)**

Ekkanisa yatandikira mu kisenge ekya waggulu nga mulimu akabinja akatono ak'Abayigirizwa 120. Ku lunaku lwa Pentekooti 3,000 ne bongerwa ku kkanisa ya Yerusalemi:

**Awo abaakiriza ekigambo n'essanyu ne babatizibwa; era ku lunaku lwe lumu ne bongerwako emyoyo nga enkumi ssatu. (Ebikolwa 2:41)**

Oluvannyuma lwa Pentekooti, okukula kw'okugaziwa kwaliwo buli lunaku:

**Era Mukama yayongera ku kkanisa buli lunaku abo abalina okulokolebwa. (Ebikolwa 2:47)**

Omuwendo gw'abasajja mu kkanisa y'e Yerusalemi gwakula ne gutuuka ku 5,000. Okubala kuno tekwazingiramu bakyalala n'abaana abaali mu kkanisa:

**Naye bangi ku abo abaawulira Ekigambo ne bakkiriza; n'omuwendo gw'abasajja abo baali enkumi nga ttaano. (Ebikolwa 4:4)**

Oluvannyuma abantu bangi ne bongerwa ku kkanisa:

**Abakkiriza ne beeyongera okugattibwa eri Mukama waffe, enkuyanja y'abantu ne abakazi. (Ebikolwa 5:14)**

N'abantu abaawakanya ekkanisa eno beewunya nnyo okugigaziwa:

**Kabona asinga obukulu n'omukulu wa yeekaalu ne bakabona abakulu bwe baali bwe baawulira ebigambo bino, ne basamaalirira nga beewunya ebintu ebyo gye binaakoma. (Ebikolwa 5:24)**

Ekigambo "okugattako" kyasooka kukozezebwa okunyonnyola okugaziwa kw'ekkanisa. Mu bbanga ttono okukula kwaali kwa maanyi nnyo, nti ekigambo "kukubisaamu" kyakozesebwa:

**Ekigambo kya Katonda ne kyeyongera, n'omuwendo gw'Abayigirizwa ne gweyongera nnyo mu Yerusalemi... (Ebikolwa 6:7)**

Okuva ku kaseera ako n'okweyongerayo, ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume kiggumiza okweyongera kw'amakanisa awamu n'abakiise mu kkanisa y'e Yerusalemi. Amakanisa amapya gaasimbibwa mu buli kifo ky'abakaafiiri mu nsi eyali emanyiddwa mu kiseera ekya mu myaka egitawera 40. Okugeza, mu Samaliya...

**...nga Firipo omukkiriza ng'abuulira ebintu ebikwata ku Bwakabaka bwa Katonda, n'erinnya Iya Yesu Kristo, baabatizibwa, abasajja ne abakazi. (Ebikolwa 8:12)**

Amakanisa mu Buyudaaya, Ggaliraaya, Samaliya, Ludda, Saloni, ne Yopa gonna gaagaziwa

**Mu kaseera ako Ekkansa n'eba n'emirembe mu Buyudaaya ne mu Galiraaya ne mu Samaliya; ne yeeyongera mu maanyi ne mu muwendo gw'abantu abakkiriza. Ne bayiga okutya Mukama, era Mwoyo Mutukuvu n'abasanyusa. (Ebikolwa 9:31)**

**Bonna abaali babeera e Ludda ne Saloni ne bamulaba, ne bakyuka eri Mukama. Ne kimanyibwa mu Yopa yonna; era bangi ne bakkiriza Mukama waffe. (Ebikolwa 9:35, 42)**

"Abantu bangi" baayongerwa mu kkanisa nga bayita mu buweereza bw'Omuyudaaya omu yekka eyakyuka:

**Kubanga yali musajja mulungi, ajjudde Omwoyo Omutukuvu, n'okukkiriza; era bingi nnyo abantu ne bongerwa ku Mukama. (Ebikolwa 11:24)**

Ennyiriri ssatu ziwandiika omuwendo omunene ogwayongerwa ku kkanisa y'e Antiyokiya:

**Omukono gwa Mukama ne gubeera nabo: omuwendo omunene ne bakkiriza, ne ba bakyuka eri Mukama.**

**Awo bwe yamusanga, n'amuleeta e Antiyokiya. Awo olwatuuka, nti omwaka mulamba ne bakunjaana n'Ekkansa ne baayigiriza abantu bangi. Era Abayigirizwa baasooka kuyitibwa Bakristaayo mu Antiyokiya. (Ebikolwa 11:21, 24, 26)**

Ekigambo kya Mukama bwe kyagenda kyeyongera okukula n'okukubisaamu, abakkiriza abapya ne bongerwa ku kkanisa:

**Naye ekigambo kya Katonda kyakula ne kyeyongera. (Ebikolwa 12:24)**

#### **OKUKUBISAAMU KWEYONGERA:**

Ennyiriri zino wammanga zifunza enkula y'ekkanisa wabweru wa Palestina:

**Abaamawanga bwe baawulira ebyo, ne basanyuka, ne bagulumiza Ekigambo kya Mukama; era bonna abaatekebawo okuweebwa obulamu obutaggwaawo ne bakkiriza. Ekigambo kya Mukama ne kifulumizibwa mu kitundu kyonna. (Ebikolwa 13:49-50)**

**Bwe kityo ekigambo kya Katonda kyakula n'amaanyi era ne kyeyongera. (Ebikolwa 19:20)**

## **OKUKULA MU IKONIYA**

**Awo olwatuuka mu Ikoniya, bombi ne bagenda wamu mu kkuŋŋaaniro lya Bayudaaya ne boogera bwe batyo, ekibiina ekinene eky'Abayudaaya n'eky Abayonaani ne bakkiriza. (Ebikolwa 14:1)**

## **OKUKULA MU DERBE:**

Mu Derbe, abayigirizwa bakakasibwa, ne bakubirizibwa, era ne bategekebwa Pawulo (laba Ebikolwa 14:20-21).

## **OKUKULA MU GALATIYA:**

**Era bwe kityo amakanisa ne ganywerera mu kukkiriza, ne geeyongera obungi buli lunaku. (Ebikolwa 16:5)**

## **OKUKULA MU FILIPI:**

**N'omukazi erinnya lye Ludiya omutunzi w'engoye eza kakobe ow'omu kibuga Suwatira eyasinzanga Katonda, yatuwulira; omutima gwe Mukama gwe yaggulawo, nafaayo nnyo ku ebyo ebyayogerwa Pawulo. (Ebikolwa 16:14 Eno yeyali entandikwa y'Ekkansa e Firipi).**

## **OKUKULA MU SSESALONIKA:**

**Abamu ku bo ne bakkiriza ne beegatta ne Pawulo ne Siira; era n'Abayonaani abasinza Katonda ekibiina kinene nnyo awamu n'abakazi bangi ab'ekitiibwa mu kibuga ekyo. (Ebikolwa 17:4)**

## **OKUKULA E BEREYA:**

**Era Abayudaaya bangi ne bakkiriza, n'abakazi ab'ekitiibwa Abayonaani bangi n'abasajja, nabo ne bakkiriza. (Ebikolwa 17:12)**

## **OKUKULA MU KKOLINTI:**

Mukama yagamba nti "Nnina abantu bangi mu kibuga kino" (laba Ebikolwa 18:8-11). Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume kiggulawo nga Omutume Pawulo akyagaziya ekkansa, newankubadde nga yali musibe mu Rooma:

**Pawulo n'abeera mu nnyumba ye ey'okupangisa emyaka ebiri, ng'ayaniriza abo abagyanga gy'ali.**

**Okubuulira Obwakabaka bwa Katonda, n'okuyigiriza ebyo ebikwata ku Mukama waffe Yesu Kristo, n'obwesige bwonna, nga tewali amuziyiza. (Ebikolwa 28:20-31)**

Pawulo ategeeza nti enkumi n'enkumi z'Abayudaaya bokka bakyukidde Kristo ne bafuuka ekitundu ku Makkansa:

**Awo bwe baawulira, bonna ne bagulumiza Mukama ne bamugamba nti Ggwe laba, ow'oluganda, enkumi n'enkumi z'Abayudaaya abakkiriza, era abaliwo bonna banyiiikivu mu mateeka. (Ebikolwa 21:20)**

#### **ENGERI EKKANISA GYEYAGAZIWA**

Zino ze nkola ekkansa eyasooka mwe yagaziwa.

#### **OKWOLESEBWA:**

**Awatali kwolesebwa abantu bazikirizibwa. (Engero 29:18)**

Awatali kwolesebwa kwa mwoyo, abantu bafa mu by'omwoyo. Ekkansa eyasooka yalina okwolesebwa okw'omwoyo. Kwali kwolesebwa Yesu kwe yali awadde abayigirizwa be bwe yabagamba...

**...Muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro, amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)**

Okwolesebwa okw'omwoyo kugatta abantu mu kigendererwa. Okwolesebwa kuleeta okukulaakulana okw'enkola. Enkola erimu okutegeera ekigendererwa, ebigendererwa okutuukiriza ekigendererwa ekyo, n'enkola y'okwekenneenya okukakasa nti ekigendererwa kituukirira.

Okwolesebwa kuleeta okusaasira. Yesu bwe yalaba ebibiina by'abantu yakwatibwako n'asaasira. Kwali mugugu ogwesigamiziddwa ku kumanya obwetaavu bwabwe. Okwolesebwa okusinga kwe kukulaakulanya Endowooza y'ensi eya Baibuli, okulaba ensi nga Katonda bw'agilaba n'okuddamu nga tusinziira ku ndowooza eyo.

Ekkansa eyasooka yakwata okwolesebwa okw'okugaziwa okuva e Yerusalemi, okutuuka e Buyudaaya, okutuuka e Samaliya, ne kunkomerero z'ensi. Kwali kwolesebwa okwayigirizibwa omukulembeze waabwe (Ebikolwa 1:8). Abantu bwe baba n'okwolesebwa okw'omwoyo, okusuubira kusikizibwa obukoowu ate enkolagana edda mu kifo ky'okuvuganya.

#### **EBITUNDU EBISEEMBEZA N'EBISEERA:**

Yesu yayigiriza nti ebitundu ebimu byandibadde bikkiriza okusinga ebirala:

**Togenda mu kkubo ly'amawanga, era toyigira mu kibuga kyonna eky'Abasamaliya. Naye genda okusinga ku ndiga ez'ennyumba ya Isirayiri ezaabula. Era buli ataabasembeza wadde okuwulira ebigambo byammwe bwe mugenda okuva mu nnyumba eyo oba ekibuga ekyo, mukunkumulanga enfuufu y'ebigere byo. (Matayo 10:5-6, 14)**

Ebitundu n'ebibinja ebimu bikkiriza Enjiri mu biseera ebimu okusinga ebirala. Ekkansa eyasooka yakolera mu nnimiro z'amakungula ez'omwoyo ezaali zikkiriza. Pawulo bwe yagaanibwa mu kkuŋŋaaniro, yayigiriza awalala (Ebikolwa 9:20-31). Bwe yasooka okwagala okugenda mu Asiya, Omwoyo Omutukuvu yamulemesa (Ebikolwa 16:6). Yagenda oluvannyuma mu kiseera ekisinga.

Okugaziwa kusinga kubaawo mangu ng'ossa amaanyi mu nniro z'amakungula. Kino tekitegeeza nti osimbira ekkuuli ennimiro ezitakkiriza. Ogenda mu maaso n'okusimba Ekigambo, okulinda, n'okusaba Katonda okubafuula abakkiriza Enjiri.

### **ENKOLA YA "GENDA" OKUSINGA "JJANGU:"**

Ekkansa eyasooka yakozesanga enkola ya "genda" okusinga enkola ya "jjangu" eya Isiraeri ey'endagaano enkadde. Mu biseera by'Endagaano Enkadde amawanga gaali gagenda kujja mu Isirayiri okufuna okubikkulirwa kwa Katonda. Naye mu ndagaano empya ekiragiyo kyali nti "Mugende mu nsi yonna. Abakkiriza mu ndagaano empya bagoberera enkola eno. Tebaatuula nga balinda ensi okujja jje bali.

### **BULI MUKKIRIZA YEEKUBISAAMU:**

Buli mmemba w'ekkanisa eyasooka yeeyongera okuzaala abayigirizwa abapya:

#### **Awo abaali basaasaanye ne bagenda buli wamu nga babuulira Ekigambo. (Ebikolwa 8:4)**

Ekipande ekiri mu ssuula esemyeyo kyalaga engeri abakkiriza gye beeyongera amangu nga buli omu ayigiriza omu okusobola naye okuyigiriza abalala.

Amakanisa geetaaga okusindika abasajja n'abakazi mu kisaawe ky'obulamu obwa bulijjo. Abantu aboolesa okukkiriza kwabwe okusinga okukyogerako obwozezi, abantu obulamu bwabwe bwe bukysiddwa amaanyi g'Enjiri. Omujaasi tawangula lutalo ng'asigala mu bbaalakisi. Omukunguzi tasigalawo mu materekero, era omuvubi tatuula butuuzi ku lubalama nga takola.

### **ABANTU MUMUYUNGIRANO**

Mu biseera by'Endagaano Empya Enjiri yasaasaana mangu mu miyungirano egy'amaka n'emikwaano. Ng'ekyokulabirako, Yesu yayita Andereya amugoberere. Amangu ago Andrew yatandika okugabana Enjiri. Yatandikira ku b'enganda ze. Yaleeta Peetero eri Kristo.

Soma ebitundu bino wammanga ebiraga engeri Enjiri gye yasaasaanamu mu mbeera z'abantu ez'emiyungirano:

- Zakayo n'ab'omu maka ge: Lukka 19
- Amaka g'omukungu w'e Kaperunawumu: Yokaana 4:53
- Ab'enganda n'emikwano gya Koloneeriyo: Ebikolwa 10:24, 44
- Amaka abiri mu Firipi: Ebikolwa 16:15 ne 27-34
- Amaka g'abakulembeze b'ekkuŋŋaaniro: Ebikolwa 18:8
- Stefano n'ab'omu maka ge: 1 Abakkolinso 1:16
- Amaka ga Aristobulu ne Narcissus: Abaruumi 16:10-11

-Onesiforo n'amaka: 2 Timoseewo 1:16

-Firemoni n'ab'omu maka ge: Filemoni 1

**ENKOLA ZA YESU:**

Mu kitabo kyonna eky'Ebikolwa by'Abatume, Ekkanisa eyasooka yakozesanga enkola ezaayigirizibwa era ezalagibwa Yesu. Baabuulira Enjiri, ne bayigiriza Ekigambo, babatiza abakkiriza abapya, era ne batendeka abayigirizwa abapya (Matayo 28:19-20).


Okusaba n'okusoma Ekigambo byali bikulu mu kugaziya ekkanisa (Ebikolwa 6:4). Okugatta ekigambo kya Katonda n'okwolesa amaanyi naky'o kyagaziya ekkanisa. Ng'abantu ne bawona, ebyamagero ne bikolebwa, ne badayimooni ne bagobwa ebweru, ebibiina ne bijja eri Mukama.

(Okwolesebwa kw'amaanyi kwali kukulu nnyo era Harvestime International Institute erina omusomo mulamba ogwaweebwayo ku ssomo lino ogutuumiddwa "Ennono z'amaanyi").

**EBIBINJA BY'ENDAGAANO EMPYA:**

Ebibinja byali bikulu mu kugaziya mu ndagaano empya. Mu Bikolwa 6:1-7 ekizibu bwe kyabalukawo, ekibiina eky'enjawulo kyategekebwa ng'eky'okugonjoola ensonga. Pawulo yayigiriza ekibinja ky'abayigirizwa eky'enjawulo ekyali kyeyawuddeko mu ssomero ly'okugaziya (Ebikolwa 19:9). Mu biseera ebimu Pawulo yayigiriza ebibinja by'Abayudaaya n'ab'amawanga ebyawuddwamu (Ebikolwa 13:42). Ebibinja ebitonotono byakunjaaniranga mu maka (Ebikolwa 12)

Amakanisa mangi gategese obwammemba bwago bwonna mu bibinja ebitonotono okusobola okutuukiriza ebigererwa ebitasobola kutuukirizibwa nga bwe kiri mu nkiiko ennene ez'ekkanisa yonna. Ebibinja ebitonotono bikolagana mu mbeera ey'omunda era zikyukakyuka okusobola okuweereza ebyetaago by'omuntu. Ekifaananyi kino kiraga engeri ekkanisa esobola okutegeka ebibiina ng'ebyo:



1. Omusumba (ennamba 1) atendeka abakulembeze abakulu okubeera abavunaanyizibwa ku bibinja ebitono (ebiragiddwa ennamba 2). Abalagirira ekigendererwa eky'omwoyo n'emirimu gy'ekibiina, omuli okubeeramu mu kussa ekimu, okusoma Ekigambo kya Katonda, okugabana eby'obuntu, okusaba, okufaayo ku byetaago eby'omugaso eby'omubiri, n'okubuulira enjiri. Omuwendo gw'abakulembeze b'ebibinja baawukana okusinziira ku Kkanisa okusinziira ku bibinja bimeka ebitondeddawo.
2. Buli mukulembeze w'ekibiina (alagibwa ennamba 2) akola era n'akulembera ekibinja ekitono (ekiragiddwa ennamba 3).

## **BULI MAKI EKITUNDU KY'OKUBULIRIRA ENJIRI:**

Enteekateeka ya Katonda, okuva ku nrandikwa, yali nti amaka gabeere ekifo eky'okutendekebwamu Abakristaayo:

**Era ebighambo bino bye nkulagira leero, biriba mutima gwo...Era olibiyigiriza n'obunyiikivu eri abaana bo, era olibyogera ng'otuddeku mu nnyumba yo...N'obiwandiika ku mifuubeeto by'ennyumba yo n'emiryango gyo. (Ekyamateeka 6:6-9)**

Buli maka ng'ekifo ekikulu eky'okubuulira enjiri kyali kitundu ku nkola y'okugaziwa mu kkanisa eyasooka nga wekiragiddwa mu by'okujuliza bino wammanga:

-Ebikolwa 2: Omwoyo Omutukuvu yaweebwa mu lukiiko lw'okusaba mu kisenge ekya waggulu mu maka.

-Ebikolwa 5:42: Abakkiriza baasinzanga mu yeekaalu ne mu maka, ne bagenda nnyumba ku nnyumba mu kulambula, okussa ekimu, n'okusinza.

-Ebikolwa 8:3: Sawulo bwe yagezaako okusaanyawo Ekkkanisa, teyassa maanyi ku yeekaalu. Yayingira buli nnyumba ng'agezaako okuggyamu embuto okubunyisa Enjiri. Buli maka kyali kifo ekikulu eky'okubuulira enjiri.

-Ebikolwa 9:11, 17: Pawulo yayigirizibwa Ananiya mu maka.

-Ebikolwa 10: Okwolesebwa okwasooka okw'okugaziya Enjiri okusalako obuwangwa kwaweebwa mu maka nga Peetero yasaba.

-Ebikolwa 10: Obubaka obwasooka eri ab'amawanga bwabuulirwa mu maka.

-Ebikolwa 12: Olukungaana lw'okusaba awaka lwavaamu okununulibwa kwa Peetero okuva mu kkomera.

-Ebikolwa 20:20, 28:30-31: Pawulo yayigiriza mu lujjudde era n'ayigiriza nnyumba ku nnyumba mu buweereza bwe.

-Ebikolwa 20:7-12: Pawulo yali ayogera mu maka, Yutiko n'agwa mu ddirisa.

-Ebikolwa 21:8-14: Okubikkulirwa okw'obunnabbi kwaliwo mu maka.

-Amakkanisa mu maka gawandiikiddwa mu 1 Abakkolinso 16:19, Abaruumi 16:3-5, Abakkolosaayi 4:15 ne Filemoni 1:2.

## **OBuweereza bw'omwoyo omutukuvu:**

Omwoyo Omutukuvu ge maanyi agalumiriza abasajja n'abakazi aboononyi omusango era ne gabasendasenda okukkiriza obubaka bw'Enjiri. Kino kivaamu abakiriza abapya okugaziya ekkkanisa.



**Era Ye (Omwoyo Omutukuvu) bw'alijja, ajja kulumiriza ensi olw'ekibi n'obutuukirivu n'omusango;**

**Ku kibi, kubanga tebakkiririza mu nze;**

**Ku butuukirivu, kubanga njenda eri Kitange era temukyandaba;**

**Ku musango, kubanga omulangira w'ensi eno asalirwa omusango. (Yokaana 16:8-11)**

#### **EBIRABO EBYOMWOYO:**

Okukula kw'omuntu kwetaaga okukulaakulanya ensengeka y'amagumba okusobola okuwagira okwekubisaamu kw'obutofaali obuyitibwa cells. Omubiri gwa Kristo okukula, ensengeka kikulu nnyo. Yesu yagamba nti amakungula gaali gengedde, naye abakozi batono. Abakozi bwe baba batono, olwo balina okutegekebwa obulungi okusobola okukungula amakungula.

Ku lw'ekigendererwa kino, Omwoyo Omutukuvu agaba ebirabo eby'omwoyo ne ofiisi ez'enjawulo mu Kkanisa. Bino ebirabo ne ofiisi biba bya mirimu gya buweereza. Ebirabo eby'omwoyo bisukkulumu era bwe busobozi obutuweebwa Omwoyo Omutukuvu okusobozesa omulimu gw'obuweereza. Osobola okusoma k birabo eby'omwoyo eby'enjawulo mu bitundu bino wammanga:

-Abaruumi 12:1-8

-1 Abakkolinso 12:1-31

-Abaefeso 4:1-16

-1 Peetero 4:7-11

Katonda alina ekifo eky'enjawulo mu Kkanisa eri buli mukkiriza:

**Naye kaakano Katonda atadde ebitundu by'omubiri, buli kimu ku byo, mu mubiri nga bwe yayagala. (1 Abakkolinso 12:18)**

Buli mmemba alina ekifo Katonda kye yamulondera. Aweebwa obuyinza okutuukiriza eky'enjawulo kye ekigendererwa mu Kknisa okuyita mu birabo by'Omwoyo Omutukuvu. Buli mukkiriza bw'aba ajuza ekifo Katonda ky'amulonda era ng'akozesa ekirabo kye eky'omwoyo, Ekknisa ekola bulungi. Katonda akigeraageranya ku nkola y'omubiri gw'omuntu buli kitundu kye kimanyi era mwekikolera obulungi (1 Abakkolinso 12:1-31).

Buli muntu mukulu mu mulimu gw'obuweereza, nga buli kitundu ky'omubiri ogw'obutonde bwe kiri eky'omugaso:

**Era eriiso teriyinza kugamba mukono nti Sikwetaaga: newakubadde nate omutwe eri bigere. Era ebitundu ebyo eby'omubiri ebirabika ng'ebisinga obunafu bye byetaagibwa ennyo. (1 Abakkolinso 12:21-22)**

Omusomo gwa Harvestime International Institute oguyitibwa "Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu" guwa okusoma mu bujjuvu ku buli kirabo eky'ebw'omwoyo. Olw'ensonga eno, ebiwandiikiddwa wano biri mu bufunze:

**Ebirabo eby'enjawulo eby'obukulembeze:**

Waliwo ebifo eby'enjawulo eby'obukulembeze Katonda by'ayita n'okussaawo abamu mu Klezia:

**Era yawa abatume abamu; ne bannabbi abamu; n'abamu, ababuulizi b'enjiri, era abasumba n'abasomesa abamu. (Abaefeso 4:11)**

Abakulembeze ab'enjawulo Katonda be yabawa mulimu bino wammanga:

**Abatume:**

Omutume y'oyo alina obusobozi obw'enjawulo okukulaakulanya amakanisa amapya mu bifo eby'enjawulo era ne mu buwangwa obw'enjawulo n'okulabirira amakanisa agawerako ng'omulabirizi. Omutume kitegeeza "omusigire" asindikibwa n'obuyinza obujjuvu okukolera omulala. Omutume alina obuyinza obw'enjawulo n'obusobozi okubunyisa Enjiri mu nsi yonna nga akulaakulanya emibiri gy'abakkiriza egyategekeddwa. Ebigambo eby'omulembe guno ekkanisa by'ekozesa ku mutume bye bino: omuminsani n'omusimbi w'ekkanisa.

**Bannabbi:**

Waliwo ebirabo bibiri eby'obunnabbi. Ekimu kye kirabo eky'enjawulo eky'okubeera nnabbi. N'ekirala ky'ekirabo eky'obunnabbi eky'okwogera. Okutwalira awamu, obunnabbi butegeeza okwogera wansi w'okulung'amizibwa Katonda okw'enjawulo. Bwe busobozi obw'enjawulo okufuna n'okubunyisa obubaka bwa Katonda obw'amangu eri abantu be. Omuntu abeera nnabbi alina ekirabo eky'enjawulo eky'obukulembeze ekya nnabbi nga kwotadde n'ekirabo ky'okwogera obunnabbi.

**Ababuulizi b'enjiri:**

Omubuulizi w'enjiri alina obusobozi okugabana Enjiri n'abatali bakkiriza mu ngeri nti abasajja n'abakazi baddamu era ne bafuuka bammemba ab'obuvunaanyizibwa mu Mubiri gwa Kristo. Amakulu g'ekigambo "omubuulizi w'enjiri" ye "oyo aleeta amawulire amalungi.

**Abasumba:**

Abasumba be bakulembeze abatwala obuvunaanyizibwa obw'obuntu obw'ekiseera ekiwanvu ku bulamu bw'omwoyo obw'ekibinja ky'abakkiriza.

**Abasomesa:**

Abasomesa balina obusobozi okubunyisa ekigambo kya Katonda obulungi mu ngeri abalala nti abalala bayiga ne bassa mu nkola ebyo ebisomesebwa. Omusomesa y'oyo alina ekirabo ky'okusomesa era n'aweereza mu ekifo ky'obukulembeze mu Kkanisa.

Ebirabo ebitaano eby'enjawulo eby'obukulembeze bikola wamu okugaziya Eklezia. Omutume agaziya obubaka bw'Enjiri eri ebitundu eby'enjawulo era busitula emibiri gy'abakkiriza egyategekeddwa. Katonda agaba obubonero obw'ekyamagero n'ebyeuwunyo okuyamba mu kugaziya kuno okw'Enjiri. Omutume awa obukulembeze obw'enjawulo eri amakanisa g'asitula.

Nabbi era awa obukulembeze mu Kkanisa. Omu ku mirimu gye kwe kuwa obubaka okuva eri Katonda okuyita mu kulungamizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Ababuulizi b'enjiri babunyisa Enjiri mu engeri abantu gye baddamu ne bafuuka abakkiriza. Bayinza okuweereza kinnoomu oba eri ebibinja ebinene, naye obuweereza bwabwe bulijjo buvaamu abakkiriza abapya.

Abakkiriza bano olwo ne baja wansi w'obulabirizi bw'abatume, bannabbi, abasumba, n'abasomesa b'ekkanisa abalungamya enkulaakulana yaabwe ey'omwoyo. (Ekyokulabirako kya Firipo mu Bikolwa 8 kiraga kino. Yalmeta Abasamaliya eri Kristo, oluvannyuma n'abakyusa eri abatume okwongera okuyigirizibwa.)

Abasumba bafaayo okumala ebbanga eddene eri abakkirizza nga bayita mu bubaka bw'abatume n'ababuulizi b'enjiri. Obuweereza bwabwe kifaananyi ky'engeri omusumba gy'alabirira endiga ze mu ngeri ey'okwagala. Abasomesa okuyigiriza okusukka ku kw'omubuulizi w'enjiri. Bayigiriza abakkiriza okubasobozesa okukula mu by'omwoyo. Batendeka abantu abeesigwa abasobola okuyigiriza abalala.

Bannabbi:

Obuvunaanyizibwa obukulu obw'abo abalina ebirabo eby'enjawulo eby'obukulembeze kwe kuyamba abakkiriza abalala bazuule era bakozese ebirabo byabwe eby'omwoyo (Abaefeso 4:11-16). Omulimu gw'obuweereza gwetaaga buli mmemba okwetabamu. Ensengeka eno ey'obuweereza bw'Omubiri bw'eba tekola mu ngeri entuufu, bammemba abatakola kyangu okutwalibwa enjigiriza ez'obulimba (Abaefeso 4:14) .

Mu bufunze ebirabo ebirala eby'omwoyo ebiweebwa abakkiriza by'ebino:

**Ebirabo by'okwogera:**

Ebirabo bino biyitibwa "ebirabo eby'okwogera" kubanga byonna bizingiramu okwogera mu ngeri ewulikika (mu ddooboozi ery'omwanguka).

Obunnabbi: Omuntu alina ekirabo ky'obunnabbi ayogera mu kulungamizibwa kwa Katonda okuwa nobubaka obw'amangu eri Abantu be.

Okuyigiriza: Abasomesa balina obusobozi okubunyisa ekigambo kya Katonda obulungi mu ngeri nti abalala bayiga n'okussa mu nkola ebyo ebisomesebwa.

Okubuulirira: Obusobozi bw'okusemberera abantu ssekinnoomu mu kiseera ky'obwetaavu, okubabuulirira obulungi n'Ekigambo kya Katonda.

Ekigambo eky'Amagezi: Obusobozi bw'okufuna amagezi ku ngeri okumanya gye kuyinza okukozesebwamu mu bwetaavu obw'enjawulo n'ebyetaago.

Ekigambo ky'Okumanya: Obusobozi bw'okutegeera ebintu abalala bye batamanyi era bye batasobola okutegeera n'okubagabana okumanya kuno.

**Ebirabo ebiweereza:**

Ebirabo bino biweereza Ekkanisa nga biwa ensengeka, enteekateeka, n'obuwagizi mu by'omwoyo n'ebyomubiri.

**Okuweereza:** Obusobozi bw'okukola emirimu egy'omugaso egyekuusa ku mulimu gwa Mukama, okuwewulako abalala ku mirimu naye nga gyetaagibwa.

**Abayambi:** Obusobozi okuyamba abalala mu mulimu gwa Mukama nga kibasobozesa okwongera okukola obulungi mu ebirabo byabwe eby'omwoyo.

**Obukulembeze:** Obusobozi bw'okuteekawo ebiruubirirwa ebituukana n'ekigendererwa kya Katonda n'okutuusa ebiruubirirwa bino eri abalala. Omuntu alina ekirabo kino akubiriza era akulembera abalala okutuukiriza ebiruubirirwa eby'ekitiibwa kya Katonda.

Enzirukanya y'emirimu: Ekirabo kino kiyitibwa "gavumenti" mu Baibuli. Omuntu alina ekirabo aba n'obusobozi okuwa okulungamya, okutegeka, n'okusalawo ku lw'abalala.

Okugaba: Obusobozi obw'enjawulo obw'okuwa ebintu ebirabika n'ebikozesebwa mu by'ensimbi, obudde, amaanyi n'ebitone eri omulimu gwa Mukama.

Okulaga Okusaasira: Okusaasira okw'enjawulo n'obusobozi okuyamba abo ababonaabona.

Okwawulo emyoyo: Obusobozi okwekenneenya abantu, enjigiriza, n'embeera n'okusalawo oba za Katonda oba za Sitaani.

Okukkiriza: Omuntu alina ekirabo ky'okukkiriza alina obusobozi obw'enjawulo okukkiriza n'eby'enjawulo n'okwesiga Katonda mu mbeera enzibu.

Okusembeza abagenyi: Obusobozi okuwa emmere n'okusula n'okuweereza ebyetaago ebirala eby'omubiri eri abo abali mu bwetaavu.

**Ebirabo by'obubonero:**

Buno bubonero obusukkulumye ku butonde obw'amaanyi ga Katonda agakola okuyita mu bakkiriza okukakasa Ekigambo kye.

Ennimi: Obusobozi bw'okufuna n'okubunyisa obubaka bwa Katonda eri abantu be nga bayita mu lulimi olutayigibwangako.

Okuvvuunula: Obusobozi bw'okumanyisa mu lulimi okutegeera obubaka bw'omuntu ayogera mu nnimi.

Ebyamagero: Okuyita mu muntu alina ekirabo ky'ebyamagero, Katonda akola ebikolwa eby'amaanyi ebissukuluma kwebyo ebisoboka okubaawo mu by'obutonde.

Okuwonya: Omuntu alina ekirabo kino alina obusobozi okuleka amaanyi ga Katonda okumuyitamu okuzzaawo obulamu ng'oggyeeko okukozesa enkola ez'obutonde.

#### **ENSENGEKA EZA BAYIBULI:**

Abakkiriza abalina ebirabo eby'enjawulo si be bakulembeze bokka mu kkanisa aboogerwako mu Baibuli. Ofiisi z'abadyankoni, abakadde n'abalabirizi nazo zoogerwako mu Ndagaano Empya. Zino nazo nkulu nnyo mu kukula kw'ekkanisa.

Ebifo bino eby'obukulembeze si bye bimu n'ebirabo by'obukulembeze bye waakasoma. Zino ofiisi ez'enjawulo ezaatekebwawo ekkkanisa eyasooka okuyamba mu kugaziwa kwayo n'okukula. Osobola okusoma mu Ebikolwa 6:1-7 engeri ekkkanisa eyasooka gyeyakulamu okuva mu nteekateeka eno.

Ebiwandiiko by'ekkanisa eyasooka Katonda yabikuuma ng'ekyokulabirako kye tuyinza okugoberera mu nsengeka. Ofiisi zino nazo zirina okuyambako mu kkanisa leero.

Ekigendererwa kya ofiisi zino kwe kuyamba abo abalina ebirabo eby'enjawulo eby'obukulembeze okugeza, abatume, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, abasumba, n'abasomesa.

## EBIFO BYO MU KKANISA:

<b>Omutwe:</b>	<b>Okujuliza:</b>	<b>Omulumu:</b>
Omulabirizi	1 Timoseewo 3:1-7, Abafiripi 1:1 Tito 1:5-9, 1 Peetero 5:2-3	Bangi batwala omulabirizi okuba Omusumba, ennyiriri zino ziraga nti alina okubeera ng'akola okufaayo okunene eri ekibinja ky'abakkiriza.
Omudinkoni.	1 Timoseewo 3:8-13, Abafiripi 1:1 Ebikolwa 6:1-7	Ennyiriri zino ziraga okuweereza era ziyamba.
Abadinkoni abakazi.	1 Timoseewo 3:11, Abaruumi 16:1-2.	Bano teboogerwako mu Baibuli mu ngeri ey'enjawulo. Ekkansa ezimu zitutte enjogera eno kulw'abakazi b'abadinkoni.
Abakadde.	Ebikolwa 20:17, 28-32, 14:23, 15, 16:4, 11:30, 1 Timoseewo 5:17 1 Peetero 5:1-4, Tito 1:5, Yakobo 5:14.	Ennyiriri zino ziraga abakadde abawa obukulembeze bw'ekkanisa n'okusalawo baweereza eri ebyetaago by'abakkiriza nebayambako ne mu kukuza n'okulabirira omubiri gw'abakkiriza.

Wekkaanye: Ekigambo "abakadde" kisooka okukozesebwa mu Baibuli mu kitabo kya Okuva 3:16 okutegeeza abakulembeze ba Isirayiri. Waliyo ebijulira bingi ku bakadde ba Isirayiri mu Baibuli yonna. Abakadde bano banjawulo ku bifo by'obukulembeze nga bayitibwa abakadde b'ekkanisa eyasooka. Zonna ennyiriri ze tutadde wano ziraga abakadde b'ekkanisa so si bakadde ba Isirayiri.

Kizuule nti abakadde bakolera mu bukulembeze wamu n'ebirabo by'obukulembeze Katonda by'atadde mu kkanisa. Abakadde balina okuddukanya emirimu gy'ekkanisa awatali kwesigama ku bakulembeze ba Katonda: kwe kugamba, bannabbi, abatume, ababuulizi, abasumba, abasomesa. Katonda atadewo abakulembeze abatongole mu kkanisa. Omuntu y'alonda abakadde.

## EBISAANYIZO

Baibuli eyogera ku bisaanyizo bya buli alina okubeera mu bifo bino mu kkanisa.

### ABALABIRIZI N'ABAKADDE:

- Tewali kyakunenyezebwa (balina okuba n'ekifaananyi ekirungi nga tebavvoola kigambo kya Katonda: 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:6, 7

- Omwami nga wa mukyala omu (bw'aba omufumbo, atekwa kubeera n'omubeezi omu): 1 Timoseewo 3:2, Titus 1:6
- Mukkakkamu (nga wa kigero mu byonna): Tito 1:8, 1 Timoseewo 3:2
- Nga yeefuga (ng'ayolesa okwefuga mu mbeera zonna ez'obulamu n'enneeyisa): Tito 1:8
- Nga bategeera, beegendereza (abeegendereza, abafaayo, abagezi ng'ate bakozi): 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:8
- Nga baaniriza (amaka nga maggule eri buli omu): 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:8
- Nga basobola okusomesa (nga balina obusobozi bw'okutuusa ekigambo kya Katonda ku balala): 1 Timoseewo 3:2, Tito 1:9.
- Nga si batamiivu: 1 Timoseewo 3:3, Tito 1:7.
- Nga bagumiikiriza (ekikontana n'okuba ng'onnyiiga mangu): 1 Timoseewo 3:3.
- Nga teyeyagaliza yekka (obutatambulira mu bibye byokka wabula okwagala ne bye bateesa): Tito 1:7
- Nga teyaakalokoka (alina okuba omukulu era ng'alina by'ayiseemu ng'omukkiriza): 1 Timoseewo 3:6
- Okwagala ekiba ekirungi (okuwagira ebyo eby'obwakatonda n'ebiruubirwa bye): Tito 1:8
- Omwenkanya (ng'akwata bulungi ensonga z'abantu): Tito 1:8
- Ng'anywerera mu kigambo: Tito 1:9
- Mutukuvu (omutuukirivu, eyatukuzibwa ): Tito 1:8
- Nga teyeeweebuula (nga tamanyikiddwa mu bintu bya mululu gwa nsimbi, nga tayagala ssente): Tito 1:7, 1 Timoseewo 3:3
- Ng'afuga bulungi amaka ge (ateekwa okulaga obululembeze okutandikira mu maka ge): 1 Timoseewo 3:4-5
- Ng'alina abaana abakkiriza (ateekwa okuba n'abaana abafaayo ku bya Mukama nga tebamuwakanya): Tito 1:6
- Ekifaananyi ekirungi eri abali ebweru (ateekwa okubeera n'obujulizi obulungi eri abatali bakkiriza): 1 Timoseewo 3:7

#### **ABADINKONI:**

- Ekitiibwa (ateekwa okubeera ng'aweewba ekitiibwa ate ng'ayolesa endowooza y'ekikulu n'ekifaananyi ekirungi): 1 Timoseewo 3:8
- Nga tebataataagana mu bigambo byabwe (nga tebawa alipoota zikontana ): 1 Timoseewo 3:8
- Atalulunkanira bintu (talina mulugube gwa ssente): 1 Timoseewo 3:8
- Ng'akuuma ekyama ky'okukkiriza: 1 Timoseewo 3:9
- Yagezesebwa (omuntu ayiseeko mu kugezesebwa okw'omwoyo n'ebikemo n'okukakasibwa nga mwesigwa): 1 Timoseewo 3:10
- Nga talina kyakunyenyezebwa (nga talina kyakunyenyezebwa mu kuvvoola n'empisa): 1 Timoseewo 3:10
- Musajja wa mukazi omu (bw'aba omufumbo abeere n'omubeezi omu): 1 Timoseewo 3:12
- Ng'akakasibbwa (nga teyaakalokoka wabula nga mukkiriza akakasibbwa): 1 Timoseewo 3:10

#### **ABADINKONI ABAKAZI:**

- Abakazi: 1 Timoseewo 3:11
- Wakitiibwa (ng'aweewbwa ekitiibwa era ng'ayolesa endowooza y'ekikulu n'empisa ennungi): 1 Timoseewo 3:11
- Obutaba wa lugambo (nga tayogera ku balala mu ngeri etasaanidde): 1 Timoseewo 3:11
- Omukkakkamu (nga mwenkanya mu byonna): 1 Timoseewo 3:11
- Mwesigwa mu bintu byonna (mwesigwa yesigika mu bintu by'obulamu byonna): 1 Timoseewo 3:11
- Muyambi w'abangi (ateekwa okuweereza bonna ng'abayamba okuba nga batuuka ku bye beetaaga): Abaruumi 16:2



## ENSENGEKA Y'EKKANISA

Ensengeka y'ekkanisa eya Baibuli eragibwa mu kifaananyi kino wammanga:

EKKANISA

|

Ebirabo by'obukulembeze eby'enjawulo

|

Abatume

|

Bannabbi

|

Ababuulizi

|

Abasumba

|

Abasomesa

(Abafeeso 2:20-22)

|

(Nga bayambibwako ofiisi ez'enjawulo omuli abalabirizi, abadinkoni, abakadde na buli muntu ali ekitundu ku mubiri nga bakozesa ekirabo kyabwe eky'omwoyo mu kkanisa mu kifo Katonda ky'abataddemu)

|

Omusingi ogwateekebwawo abatume ne bannabbi: Abafeeso 2:20

|

YAZIMBIBWA KU LWAZI- YESU KRISTO

Matayo 16:18, 1 Abakolinso 3:11, Abafeeso 2:20

## OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Kiki ekibaawo ng'Ekkansa efunye okukula mu kugaziwa?

.....  
.....  
.....

3. Funza okukula kw'okugaziwa kw'Ekkansa eyasooka mu Yersaalemi.

.....  
.....  
.....

4. Luno wammanga lwe lukalala lw'enkola z'Endagaano Empya ez'okugaziya Ekkansa. Ku lupapula olw'enjawulo funza engeri buli emu gye yakozesebwamu mu kkanisa eyasooka e Yersaalemi.

-Okwolesebwa okw'omwoyo

-Ebitundu n'ebiseera ebisembeza

- "Genda" okusinga enkola ya "jangu".

-Buli mukkiriza nga yeekubisaamu.

-Omuyungirano gw'olimu

-Enkola za Yesu

-Ebibinja

-Buli maka

-Obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu

-Ebirabo eby'omwoyo ne ofiisi

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

## OKEYONGERA OKUSOMA

1. Okusoma okuddako kulaga ebiva mu bakkiriza ssekinnoomu okujulira mu miyungirano gyabwe egy'emikwano n'abooluganda. Okunoonyereza ku bantu abapya 4,000 abakyuse ne bafuuka ab'enjawulo mu amakanisa kwakolebwa okuzuula engeri gye baakyalira ekkansa mu kusooka.

Bino bye byavaamu:

6 ku 8%.	Bajja buzzi
2 ku 3%.	Bajja ng'ayita mu pulogulaamu y'ekansa
8 okutuuka ku 12%	Bajja ng'ayita mu kuyitibwa kw'omusumba
3 ku 4%.	Bajja olw'obwetaavu obw'enjawulo mu bulamu bwabwe
1 okutuuka ku 2%.	Bajja nga kivudde ku kulambula kwa bammemba b'ekansa
3 ku 4%.	Yajja ng'ayita mu kibiina ky'essomero lya Ssande
70 okutuuka ku 80%.	Baayitiddwa mikwano gyabwe n'abooluganda

Oyinza okwagala okusoma abakyufu abapya mu kkanisa yo okuzuula lwaki abantu basooka bajja mu kkanisa. Amawulire g'ofuna okuva mu kunoonyereza gajja kukuwa amawulire okusaba n'okulongoosa. Buli muntu ajjuze foomu eno wammanga:

---

Erinnya: \_\_\_\_\_ Endagiriro : \_\_\_\_\_

Nsaba okebere ensonga zonna eziri ku lukalala luno wammanga ezaakuleetera okusooka okukyalira ekkansa eno:

\_\_\_\_\_ Mikwano gyagisemba.

\_\_\_\_\_ Nze najja ku lwange.

\_\_\_\_\_ Nnalaba akalango (ekipande, olupapula lw'amawulire, leediyo, ttivvi).

\_\_\_\_\_ Olw'obuweereza bwa leediyo oba ttivvi obw'ekansa.

\_\_\_\_\_ Eyali omusumba yakisemba.

\_\_\_\_\_ Nnafuna ebbaluwa, tulakiti, oba ebintu ebirala ebikubiddwa okuva mu kkanisa.

\_\_\_\_\_ Olw'okukyalirwa omusumba ku bubwe.

\_\_\_\_\_ Olw'okukyala kw'omuntu ku bubwe okuva eri mmemba w'ekkanisa.

\_\_\_\_\_ Olw'okuzzibwa obuggya oba kuluseedi.

\_\_\_\_\_ Kubanga kye nsinga okwagala mu ddiini yange.

\_\_\_\_\_ Kubanga nze (ne/oba ab'omu maka gange) nafuna obuyambi obw'omwoyo nga mpita mu kkanisa.

\_\_\_\_\_ Esangibwa okumpi n'amaka gange.

\_\_\_\_\_ Kkanisa ya mukwano, efaayo.

\_\_\_\_\_ Kubanga owoluganda wange asabira wano.

2. Okugenda okuva ku nnyumba ku nnyumba yali nkola eyakozesebwa mu Kkanisa eyasooka. Bino bye bimu biteeso by'okukyalira amaka g'abo abali mu kitundu Ekkkanisa yo gy'esangibwa:

-Yambala mu ngeri esaanidde okukyala, mu ngeri ekkirizibwa mu bizinensi mu buwangwa bwo. Oli awo ku bizinensi ya Katonda.

-Ssaba nga tonnagenda mu kukyala.

-Okukyala kwo kusse ku byetaago by'abantu. Beetaaga obulokozi? Ddala beetaaga okubuulirira ku byetaago ebirala eby'omwoyo? Beetaaga okuwonyezebwa mu mubiri oba okuyambibwako mu bintu ebikozesebwa?

-Tomala bbanga ddene. Ensisinkano za Kristo zaali za kaseera bumpi naye nga zirina ekigendererwa.

-Tegeka okugoberera okukyalira okulala: Kiki ekikukwatako okuddamu okuyingira awaka? Okugeza, kiki ekyayogerwa ekikuwa omukisa okuddamu okukyala? (Okugeza, okukebera ku mbeera y'omuntu omulwadde).

-Waliwo ekyavaayo ky'olina okujuliza omusumba okulabirira n'okufaayo kwe ng'omuntu?

3. Mu kugaziwa kwonna okw'ekkanisa mulimu ensonga ssatu enkulu: Omwoyo wa Katonda, Ekigambo kya Katonda, era n'omusajja wa Katonda.

Ddamu weekenneenye ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume ng'okozesa enteekateeka eno:

**Omwoyo wa Katonda aggumiza.** Ebikolwa 1-11

Ebijuliza bitaano ebikwata ku kubatizibwa kw'Omwoyo biwandiikiddwa mu ssuula 2,8,9,10,19.

**Ekigambo kya Katonda kiggumiza.** Ebikolwa 12:20

Emitwe gyakyo gya njawulo. Kiyitibwa Ekigambo (16:6), Ekigambo kya Katonda (17:13), Ekigambo kya Mukama (15:35) era (15:35), Enjiri (15:7), Ekigambo ky'obulokozi buno (13:26), Ekigambo ky'ekisa kye (14:3; 20:32), ebigambo by'obulamu buno (5:20), Ekigambo kyeyongera (6:7), Kyakula era ne Kyeyongera obungi (12:24), Ky'akula n'ekiwangula (19:20)

**Omusajja wa Katonda aggumiza.** Ebikolwa 21-28

Essuula zino Omutume Pawulo ng'ekyokulabirako ky'omusajja wa Katonda.

4. Okunoonyereza okuwerako ku kkanisa ezikula kwakolebwa mu Amerika. Zino wammanga z'ebimu nsonga eza bulijjo mu bufunze eziri mu kkanisa egaziwa. Olukalala teruli mu ensengeka y'obukulu. Ekkkanisa yo epima etya?

- Obukulembeze obw'amaanyi obw'omwoyo.
- Obukulembeze bw'abalayiki ne ttiimu ezikunganyiziddwa obulungi.
- Okubuulira enjiri okulungi.
- Ebintu ebikulembeza mu Baibuli.
- Okwolesa amaanyi (okuwonya, ebyamagero, n'ebirala).
- Ebirabo n'ebibala by'Omwoyo Omutukuvu byeyolekera.
- Ebibiina ebyeyongera nga bisimba amakanisa amapya.
- Obuweereza bw'ebibinja ebitonotono munda mu kkanisa.
- Okusinza okw'amafuta okw'awamu.
- Okulabika (okusangibwa mu kifo ekirabika mu kitundu).
- Ebyensimbi ebinywevu.
- Enteekateeka ezitegekeddwa ez'okutendeka abayigirizwa.
- Ebigendererwa n'ebigendererwa ebitongole.
- Enkolagana ennungi n'ekitundu mwe kisangibwa.
- Essibwa ku Kristo.

- Ebyesigamiziddwa ku Baibuli (okubuulira, okusinza, enjigiriza).
- Ekyukakyuka (Nzihule okukyusibwa olw'Omwoyo Omutukuvu).
- Obwammemba obw'omukwano, obw'okwagala.
- Okula mu mwoyo, okukula, okwewaayo.
- Okussa essira ku kusaba.
- Obuweereza obuwerako.

5. Obuweereza obw'enjawulo mu bibinja y'emu ku ngeri y'okugaziya mu kkanisa eyasooka. Buno bwe ku buweereza obw'enjawulo bw'oyinza okusabira ng'otandikira mu kkanisa yo:

- Okusomesa abakkiriza abapya
- Ba maama abapya n'abazaala
- Abaana
- Abavubuka
- Abakadde
- Abavubuka Abafumbo
- Abatali bafumbo
- Obuweereza eri abo abasibiddwa mu kukozeza ebitasaana, okugeza, omwenge, sigala, ebiragalalagala, n'ebirala.
- Essaala
- Okusoma Baibuli
- Ebibinja by'emiriraano mu bitundu by'ekibuga eby'enjawulo
- Ba maama abatafumbirwa
- Ebibinja by'obuwangwa oba ennimi eby'enjawulo
- Obuweereza bw'abasajja
- Obuweereza bw'abakyala
- Abaliko obulemu mu mubiri oba mu birowoozo

-Ebibinja eby'enjawulo eri abo abafunye obuzibu, OKUGEZA, okufa kw'omufumbo, omwana, okwawukana n'ebirala.

6. Buli kibinja kijja kwetaaga omukulembeze. Kakasa nti omukulembeze akwatagana n'ebisaanyizo bya Baibuli eby'ekkanisa. Obuvunaanyizibwa bw'omukulembeze w'ekibinja bwe:

-Okuvunaanyizibwa ku kibiina eri omusumba n'obukulembeze bw'ekkanisa.

-Okutambuza okusomesa mu ndagiriro eziweereddwa omusumba.

-Okukubiriza okwetaba kw'abantu mu kibiina mu kusoma, okukubaganya ebirowoozo, okusaba, okubuulira enjiri, n'emirimu emirala.

-Okuteekawo embeera y'okwagala n'obwesige abantu mwe bawulira nga ba ddembe okugabana ko ebizibu byabwe.

-Okukyalira n'okukolagana ne bammemba b'ekibiina mu maka gaabwe.

-Okuyamba bammemba b'ekibiina okuzuula ebirabo byabwe eby'omwoyo n'okukubiriza okubikozesa mu kibiina, ekkkanisa, n'ekitundu.

-Okulondoola n'okukubiriza okukula kw'eb'omwoyo kwa bammemba b'ekibiina.

-Mu mbeera y'ebibinja by'emiriraano, londoola ebyetaago by'ekitundu, okukola enkolagana ne baliraanwa abapya, okukyalira n'okuweereza abo abalina ebyetaago.

-Okutendeka abayambi abakulembeze abasobola okudda mu bigere by'omukulembeze mu kifo ky'ekiseera n'okukkakkana, bwe kiba kyetaagisa, twala obukulembeze bw'ekibiina.

7. Ebbaluwa zino wammanga ez'ekyokulabirako zisobola okukozesebwa mu kugaziya Ekkkanisa:

**Ebbaluwa eri abagenyi abava ebweru w'ekibuga:**

Omwagalwa (erinnya ly'omuntu):

Nasanyuka nnyo okuba nga mukyaliddeko n'okusinza naffe ku Ssande eno ewedde. Ekimu ku ssanyu ly'okuweereza mu (erinnya ly'ekibuga) lye ery'okusisinkana abantu bangi nnyo abaagalwa okuva mu bitund eby'enjawulo.

Nkakasa nnyo nti obuweereza bwaffe bwali bwa makulu era bwa muganyulo mu by'omwoyo gy'oli era busanyusa Mukama waffe Yesu Kristo.

Nsaba oddemu okutukyalira naffe nga oli mu kitundu kino. Nsaba nsobole okukuyambako mu kiseera kyonn mu nsonga z'eb'omwoyo, nsaba owulire nga oli waddembe okumpita.

Mu bwesimbu wammwe,

Erinnya lyo ne...

Obukulu bwo

Ebbaluwa eri omugenyi okuva mu kitundu asabira mu kkanisa endala ey'omu kitundu:

Omwagalwa (erinnya ly'omuntu):

Kyabadde kya ssanyu nnyo okubeera nga mukyaliddeko naffe gye buvuddeko. Tulina obwesige nti wafuna empeereza ey'amakulu era nti walaba okubeerawo kwa Mukama waffe Yesu Kristo.

Ndi musanyufu okumanya nti oli mujjumbizze mu kibiina ekirala eky'abakkiriza, naye bwe mba nsobola okuyambako mu ngeri emu, nsaba owulira nga oli waddembe okunkubira essimu.

Oddemu okutukyalirako natte!

Mu bwesimbu wammwe,

Erinnya lyo ne...

Obukulu bwo

**Ebbaluwa okuva ew'omusumba eri abantu abapya mu kitundu:**

Omwagalwa (erinnya ly'omuntu):

Mwaniriziddwa mu (erinnya ly'ekibuga)! Nga bw'omanyi, mu kusenguka mu kifo ekipya, emikwano emipya kikulu nnyo. N'olwekyo nandikitwala nga nkizo ya ddala singa wandirowoozezaako era n'ekkanisa yaffe ng'emikwano gyo emipya!

Bw'oba tonnaba kufuna maka ga kkanisa, tukuyita okwetaba mu kusaba kwaffe okw'okusinza akawandiikiddwa ku kapapula munda (oba okuwa amawulire agakwata ku mpeereza mu bbaluwa yennyini).

Bwemba nsobola okukuyamba mu by'omwoyo gy'oli n'ab'omu maka go nsaba obeere wa ddembe okunkubira essimu.

Mu bwesimbu wammwe,

Erinnya lyo n'obukulu bwo

Omutwe Gwo.



**Ebbaluwa okuva eri omu ku bammemba b'ekkanisa eri abantu abapya mu kitundu:**

Omwagalwa (erinnya ly'omuntu):

Muli mutya...Erinnya lyange lye (ssaamu erinnya lyo). Mwaniriziddwa mu kibuga kya (erinnya ly'ekibuga). Nsubira nti ojja kukisanga nga kyasanyu nga bwe nnina okubeera ekitundu ku kitundu kino.

Mpozzi tonnafuna maka ga kkanisa. Njagala okukuyita okusinza naffe ku Ssande eno ku (erinnya ly'ekkanisa, enteekateeka y'okusaba, endagiriro).

Ekkkanisa (erinnya ly'ekkanisa) lifuuse kitundu kikulu mu bulamu bwange mu kitundu kino. Mu by'omwoyo, nfunye omukwano ogw'ebbugumu, omuwoomu n'omuweereza abeerawo buli kiseera nga mukwano gwo era omubuulirizi. Mu mbeera z'abantu, nsisinkanye mikwano gyange bangi nga mpita mu kkanisa.

Akapapula akali munda kalimu ebisingawo ebikwata ku kkanisa yaffe. Nsaba mutukyalireko. Twandyagadde nnyo okufuuka mikwano gyo.

Bw'oba oyagala okumanya ebisingawo, ssaba okuntuukirira ku (erinnya lyo oba okwoogera eri). Nsubira okukusisinkana mu bbanga ttono!

Mu bwesimbu wammwe,

Erinnya lyo

**Ebbaluwa eri omuntu asubirwa okutuukirirwa mu kukyalira:**

Omwagalwa (erinnya ly'omuntu):

Gye buvuddeko, bammemba ba ttiimu yaffe ey'okukyala baafuna essanyu okukusisinkana era okukuyanjala mu buweereza bwa (erinnya ly'ekkanisa yo). Tusubira nnyo nti ojja kutukyalira era n'okusinza wamu naffe mu kiseera ekitali kya wala nnyo.

Nga omuweereza w'e (erinnya ly'ekkanisa) ka nkukakase nti nnina kye njagala ku lwange ku lw'obulamu bwo obw'omwoyo era neewaddeyo okufuula Baibuli ekwatagana n'enkulaakulana y'enkolagana ey'amakulu ennyo ne Katonda.

Tukutegeeza kunkolagana n'obuweereza bw'ekkanisa eno gy'oli n'ab'omu maka go, era twesunga okukusisinkana mu bbanga ttono.

Mu bwesimbu wammwe, Erinnya lyo ne...

# ESSUULA EYOOMUNAANA

## OKUKULA KW'OKUGAZIYA

### **EBIGENDERERWA:**

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika olunyiriri lukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnyonnyola "okukula kw'okugaziya."
- Okunnyonnyola kye kitegeeza "okusimba ekkansa."
- Okufunza okukula kw'okugaziya kw'ekkanisa y'Endagaano empya.
- Okunnyonnyola engeri amakanisa gye geeyongera okuyita mu kukula kw'okugaziya.
- Okulaba engeri nnya ekkansa empya gy'eyinza okutandikibwamu.
- Okulaba ebika bisatu eby'amakanisa agagaziya.
- Okuwandiika ebintu ebirina okukulembezebwa mu Baibuli mu kulonda ebitundu mw'oyinza okutandikira amakanisa amapya.
- Okunnyonnyola obubaka obuvaamu amakanisa amapya.

### **OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Era bwe kityo amakanisa ne ganywerera mu kukkiriza, ne geeyongera obungi buli lunaku.  
(Ebikolwa 16:5)**

### **ENNYANJULA**

Abayigirizwa bano Yesu yabalagira okuba abajulirwa mu Yerusaalemi, mu Buyudaaya, mu Samaliya, ne ku nkomerero z'ensi (Ebikolwa 1:8).

Nga bwe mwayiga mu ssuula esembayo, Ekkansa ya Yerusaalemi yafuna okwekubisaamu okw'amangu. Ekyali kiddako mu nteekateeka ya Katonda kwe kugaziya. Ekkansa ya Yerusaalemi yali ya kutandikawo amakanisa amapya mu bibuga ebirala eby'Abayudaaya.

## OKUKULA KW'OKUGAZIYA

Okukula kw'okugaziya kubaawo ng'ekkanisa etandika ekkkanisa endala mu buwangwa obufaanagana. Ekkkanisa empya kigaziyo ky'ekkanisa enkadde, ye "maama", nga omwana mu nsi ey'obutonde bw'ali ekigaziyo ky'abazadde be.

Singa ekkkanisa "maama" ekuze mu by'omwoyo, ekkkanisa empya ejja kukula n'ekula ky'ekimu okufaananako maama waayo. Bwe wabaawo ebizibu mu kkanisa ya "maama", ekkkanisa empya eyolekedde okuba n'ebizibu ebifaananako bwe bityo. Eno y'ensonga lwaki kikulu ekkkanisa okulaba okukula okw'omunda okw'okukula mu by'omwoyo nga tebannagaziya kutandikawo makanisa mapya.

"Okusimba ekkkanisa" kigambo ekikozesebwa okutegeeza okugaziya n'okusala ensalo gw'okukula kw'ekkanisa. Ekigambo kino kikozesebwa kubanga omuntu "asimba" ekkkanisa empya nnyo ng'omulimi bw'asimba ensigo mu nsi ey'obutonde. Mu ttaka eggimu, ensigo ejja kuvaamu ekimera ekipya nga kyefaananyirizaako ng'ekimera "maama" mwekiva.

Ekigambo "okusimba" kye kisinga okwettanirwa kubanga tekimala "kutegeka" butegezi kkanisa etakwatagana na buwangwa bwa kitundu. Tekimala "kutandika" butandisi kkanisa n'ogireka okufuba. Erina "okusimbibwa, ekitegeeza nti esimbye emirandira, ekula era egenda mu maaso n'enziurukanya y'obulamu obw'omwoyo.

## OKUGAZIYA EKKANISA MU NDAGAANO EMPYA

Mu mubiri gw'omuntu, obutoffaali bweyawulamu ne bukula. Akatoffaali kamu kaawukana ne kakola obutoffaali bubiri. Obutoffaali buno obubiri buli kamu kegabanyaamu okukola endala, era bwe kityo enkola n'egenda mu maaso. Okukula mu Bwakabaka bwa Katonda kufaananako bwe kutyo. Okukubisaamu kubaawo kwegabanyamu. Okwegabanyamu y'engeri enkulu ey'enteekateeka ya Katonda ey'okukula.

Bwe tutasalawo kyeyagalire okwawukana n'okweyongera, Katonda ayinza okukkiriza embeera okukireeta. Ebikolwa by'Abatume essuula 8 eyogera ku kuyigganyizibwa okw'amaanyi okwabalukawo ku bakkiriza e Yerusalemi. Okuyigganyizibwa kwaleeta enjawukana mu Kkanisa ya Yerusalemi ng'abantu bawalirizibwa okudduka mu Yerusalemi okugenda babeera mu bibuga ebirala.

Abantu bano bwe baali bava mu Yerusalemi okugenda mu bitundu ebipya "baagenda buli wamu nga babuulira Ekigambo" (Ebikolwa by'Abatume8:4). Abakkiriza abapya bwe baawangulwa, amakanisa amapya gaatandikibwawo. Amakanisa gano gaali ga kugaziya lwa kkanisa ya "maama" e Yerusalemi.

Ekkkanisa y'Endagaano Empya teyakoma ku kugaziya kusimba makanisa mu buwangwa obufaanagana, naye era yaziba ekituli mu by'obuwangwa okutandikawo amakanisa mu bitundu by'amawanga ag'enjawulo. Ojja kuyiga ku kino "okukula kw'okusala ensalo" mu ssuula eddako. (Essuula eno n'eziddako zirina okulowoozebawo awamu, nga zombi bwe bikwata ku kutandikawo amakanisa amapya).

Ebiwandiiko by'okugaziya mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume biraga nti amakanisa gaatandikibwawo Ekkansa y'e Yerusalemi mu Buyudaaya, Ggaliraaya, Ludda, Saloni ne Yopa. Bino byonna bwali buwangwa bwa Bayudaaya obufaanagana.

Nga bwe wayize mu ssuula esembyeyo, buli emu ku kkanisa zino nazo zafuna okukula kw'okugaziya. Ekkansa ya Yerusalemi n'ebibiina ebyatondebwawo olw'okugaziya byonna byali...

**...banywerera mu kukkiriza, ne beeyongera obungi buli lunaku. (Ebikolwa 16:5)**

Abakkiriza ssekinnoomu tebakoma ku kuzaala mu by'omwoyo, naye Amakanisa geeyongera obungi ng'Ekkansa ya Yerusalemi yagaziya obujulizi bwayo mu kitundu kyonna.

### **ENGERI AMAKANISA G'OKUGAZIYA GYEGATANDIKA**

Waliwo engeri nnya Ekkansa empya gy'etandikibwamu:

1. Ekkansa emu etandika ekkansa endala.
2. Amakanisa agawerako gakolagana okutandikawo ekkansa endala.
3. Ekkansa ennene eyawukana n'ekola amakanisa abiri oba okusingawo ag'enjawulo.
4. Omukkiriza ssekinnoomu alagirwa mu kitundu ekimu okutandikawo ekkansa. Oyo alina ekirabo eky'omwoyo eky'obutume y'atera okukola kino. Omuntu ono oluusi ayitibwa "omusimba ekkansa"

Mu buli kimu ku bino, okukubisaamu kubaawo nga kuyita mu kugaziya obubaka bw'Enjiri eri Omubiri omupya ogw'abakkiriza abatandisi.

### **EBIKA BY'OKUGAZIYA EKKANISA**

Amakanisa amapya g'abika by'okugaziya eby'anjawulo:

#### **1. AMAKKANISA AGAWEEEREZA ERI EKITUNDU EKIMU:**

Gano makanisa agatandikibwawo okuweereza ekitundu, ekyalo oba ekitundu ekimu mu kibuga. Ziyinza okuba nga zivudde mu kubuulira enjiri ekibinja ky'abakkiriza, ekivaamu ekibinja ekipya mu kitundu ekimu. Bayinza okuteekebwawo okuweereza mu bitundu ebitatuukiddwaako.

#### **2. AMAKKANISA AGAWEEEREZA MU KIBINJA KY'AMAWANGA EKIMU:**

Amakungaaniro gano gaweereza eggwanga erimu nga balina obuwangwa bwe bumu, obuzaale bwe bumu, n'olulimi lwe lumu. Ekyokulabirako, ekkansa eyinza okutandikibwawo eri abantu aboogera Olusipeyini era nga tebasobola kutegeera empeereza z'Ekkansa eyabazaala, "maama" eyogera Olungereza. Ebyokulabirako ebirala byandibadde Ekkansa ey'a Asiya abali mu nkambi y'ababundabunda oba Abayindi abali mu kifo eky'Abamerika ekikumibwa.

### 3. AMAKKANISA AGALINA EBIGENDERERWA EBY'ENJAWULO:

Ekkanisa eyinza okutandikibwawo olw'ekigendererwa eky'enjawulo: Okugeza, ekkanisa eyinza okusimbibwa okumpi n'etendekero okuweereza eri abayizi bokka.

#### **EBIKULEMBEZEBWA MU KUGAZIYA EKKANISA**

Baibuli eyigiriza ebintu ebimu ebirina okukulembezebwa mu kugaziya Enjiri n'okutandikawo amakanisa amapya. Bino bye:

#### **ABATANATUUKIBWAKO:**

Ekisooka okukulembezebwa be bantu abatatuukiddwaako. Pawulo yawandiika nti:

**Kubanga buli anaakoowoola erinnya lya Mukama alirokolebwa. Kale balikoowoola batya oyo gwe batakkiriza? Balikkiriza oyo gwe bataawulirangako? era baliwulira batya awatali mubuulizi? (Abaruumi 10:13-14)**

Ebitundu omutali kubuulira Njiri bulijjo bye birina okukulembezebwa. Soma olugero lw'endiga mu Lukka 15:3-7. Ekisookerwako kyali ku ndiga ezaabuze, so si ezo ezaali mu kisibo.

#### **ABADDAMU:**

Wayize mu ssomo eryasembayo obukulu bw'okukola mu bintu eby'omwoyo ebiddamu eri Enjiri. Yesu yagiyigiriza (Matayo 10:13-15; Lukka 8:5-15) era Pawulo n'agikola (Ebikolwa 13:42-51). Yesu ne Pawulo tebaalekererea nnimiro ezitaddangamu eri Enjiri. Baagenda mu maaso n'okubabuulira Enjiri era n'okubalabula ku musango gwa Katonda. Naye kye baali bakulembeza be bantu abaali baddamu eri Enjiri.

#### **OKUSOOKERA KU BIBUGA, EBYALO N'EBIDDIRIRA:**

Buno bwali bukodyo Pawulo bwe yakozesa nga bw'ogenda okuyiga ebisingawo mu ssuula eddako. Ebibuga bllina abantu abasinga obungi. Abantu bangi bagenda mu bibuga olw'okukola bizinensi n'okusanyuka. Bw'otuukirira ebibinja by'abantu mu kibuga, baddayo mu byalo okugabana Enjiri n'okusitula amakanisa amapya.

Ka kibeere nkyukakyuka mu mpisa, sitayiro, oba amateeka, enkyukakyuka ng'eyo etera okutandika mu bibuga n'oluvannyuma n'esaasaanira mu byalo. Bw'otuukirira e kibuga n'Enjiri, ejja kusaasaana mu byalo.

#### **OBUBAKA**

Obubaka bw'omusimbi w'ekkanisa bulina okuba:

**OBUBAKA OBUSIGAMIZIBWA KU BAYIBULI:**

Amakanisa amapya gajjawo nga kiva ku batanalokolebwa okuwulira Enjiri n'okukkiriza Yesu ng'Omulokozi. Okubuulira bwekuba nga kwesigamiziddwa ku Bayibuli, kutambuza obuyinza bwa Katonda. Abawuliriza bategeera era ne baddamu eri amaanyi g'Ekigambo kya Katonda.

**OBUBAKA OBWESIGAMIZIBWA KU KRISTO:**

Yesu ye bubaka obukubisaamu Amakanisa. Abantu balina okumanya ky'ali, obukulu bw'obuweereza bwe obw'oku nsi, okufa kwe, n'okuzuukira kwe. Balina okuyigirizibwa engeri y'okukolamu okwanukula eri Enjiri era n'okufuna obulokozi n'obulamu obutaggwaawo.

**OBUBAKA OBUDDAMU EBY'ETAAGO:**

Abantu baddamu ng'obubaka butuukiriza ebyetaago byabwe eby'obuntu. Ekyokulabirako ekirungi eky'enkola eno kya Yesu n'omukazi ku luzzi (Yokaana 4). Obubaka bwe bwali bwesigamye ku bwetaavu bwe obw'amazzi ag'obutonde.

**ENGERI Y'OKUSIMBA EKKANISA EMPYA:**

Emisomo egiwerako egyaweebwa Harvestime Institute gikwata ku ngeri y'okusimbamu Ekkanisa empya. Bw'oba okola emisomo gya Harvestime Institute mu nsengeka gye giteeseddwa, omusomo mu kiseera kino gw'osoma kitundu ku kibinja ky'amasomo agakwata ku misingi gya Baibuli egy'okukubisaamu.

Emisomo gino mulimu "Okukulaakulanya Endaba y'Ensi eya Baibuli," "Obukodyo bw'Okusomesa," "Ennono z'amaanyi" n'omusomo guno ogwa "Ennono z'okukubisaamu." Buli musomo gunnyonnyola ebitundu eby'enjawulo eby'enteekateeka ya Katonda ey'okukubisaamu mu by'omwoyo. Okugatta ku ekyo, emisomo gino wammanga gissa essira ku nsonga ez'enjawulo ezikwata ku kusimba Ekkanisa:

Ennono z'obuwanika obwa Baibuli kijja kukulunganya mu kulonda n'okukulaakulanya abakulembeze b'Ekkanisa.

Okwekenenya obwebulungulule kijja kukuyamba okuzuula ebitundu ebiddamu eri Enjiri era nga byetegefu okubuulira enjiri n'okusimbamu ekkanisa.

Obuwanika bw'ebigendererwa kijja kukuyigiriza engeri y'okuzuulamu ekigendererwa ky'ekkanisa y'omu kitundu, okukola enteekateeka, n'okutegeka ekkanisa.

Enkola z'okukunga abantu zijja kukuyamba okukungaanya bammemba.

Enjiri eringa ekizimbulukusa eyanjula okusimba ekkanisa ng'ekigendererwa eky'enkomerero eky'okubuulira enjiri.

Okusimba obulungi n'okutegeka amakanisa, olina okufuna emisomo gino. Mu kiseera kino, tandika okusaba Katonda akuwe okulungamizibwa ku ki ky'ayagala okulemi. Bw'oba oli musumba w'ekkanisa, tekyetaagisa kwebuza oba olina okukubisaamu. Wayize dda nti Katonda ayagala okukubisaamu

Essaala zo zirina okussa essira ku wa w'osaanidde okusimba ekkansa empya na ddi, kubanga ebiseera n'ekifo bikulu nnyo mu kukungula eby'omwoyo. Oyangala okukubisaamu mu kiseera ekituufu n'obudde obutuufu.

## **AMAKKANISA AMAPYA GATEEKEDDWA OKUKULA**

Nga omwana omupya mu nsi ey'obutonde, ekkansa empya eyinza okwesigama ku kkanisa etagizaala "maama" mu biseera byayo ebisooka. Naye ekkansa empya bw'egenda ekula, erina okwetongola, omubiri gw'abakkiriza ogukola, era ogusobola okwekubisaamu okuyita mu kuzaala kw'omwoyo. Kino ky'ekyakulabirako eky'amakanisa agaatandikibwa Omutume Pawulo.

Ekkansa egaziya erina okugaziwa nga yesigamye ku nnono z'Ebyawandiikibwa egyagabaniddwaki mu ssuula eya "Okukula kw'okugaziwa" Okukula obulungi, buli kkanisa empya ey'okugaziya erina:

### **1. OKUTEGEERA EBIRUUBIRIRWA N'EBIGENDERERWA:**

Buli pulogulaamu oba ekibinja ekitandikibwawo mu kkanisa kirina okukwatagana n'ekigendererwa n'ekiruubirirwa kyayo. Omusomo gwa Harvestime International Institute oguyitibwa "Obuwanika bw'ebigendererwa" gunnyonnyola kino mu bujuvu.

### **2. TEGEERA ENNONO ZA BAIBULI EZ'ENTEGEKA:**

Mu bino mulimu ebirabo eby'omwoyo ne ofiisi n'okutendeka abakkiriza abapya okufuuka abakulembeze ab'omwoyo abasobola okukozesa ebirabo byabwe. Ekitongole kya Harvestime International Institute ekya "Ennono z'obuwanika obwa Baibuli," ne "Obuwanika bw'ebigendererwa" bijja kukuyamba mu kukola kino.

### **3. TEGEERA EBISAANYIZO BY'ABAKULEMBEZE EBYA BAYIBULI:**

Omusomo gwa Harvestime International Institute "Ennono z'obuwanika obwa Baibuli" gunnyonnyola ku kino mu bujuvu.

### **4. SOMESEBWA EMISINGI GY'OKUKKIRIZA:**

Amasomo ga Harvestime International Institute gajja kukuyambako mu kutuukiriza ekigendererwa kino.

### **5. TAANYA EBIBUZO BY'OKUKOLA:**

Mu bino mulimu ebintu bino wammanga:

-Okukola ekigambo ky'enjigiriza, olwo abagenyi bajja kumanya enzikiriza za Baibuli ez'ekkanisa.

-Ebintu eby'amateeka gavumenti by'eyagala okukola ekkansa empya.

-Okutegeka ekkansa omuli abakulembeze, abaserikale, n'enkola y'ensimbi z'ekkanisa.

-Ekifo n'obwannannyini ku bintu by'ekkanisa.

-Enkolagana y'ekkanisa ennungi wakati w'empya ne mweyava "maama"

### OKUKUBISAAMU KWEYONGERA

Nteekateeka ya Katonda eri buli kkanisa empya eyatondebwa okuyita mu kukula kw'okugaziya okugenda mu maaso n'enzirukanya y'okukubisaamu. Ekkkanisa empya erina okufuna okukula okw'omunda mu kukula mu by'omwoyo. Erina okugaziwa mu bungi n'oluvannyuma okugaziwa okusimba amakanisa amalala amapya.

Okuyita mu nkola eno eya Baibuli, ekkkanisa ejja kweyongera okukula n'okutuuka ku "nkomerero ey'ensi" (Ebikolwa 1:8). Kino ky'ekifaananyi ekiraga enkola eno:



- A. Ekkkanisa eyazaala "maama" (emanyiddwa nga "A") esimba amakanisa amapya.
- B. Amakanisa amapya (agamanyiddwa nga "B" ku kifaananyi) gatandika okugaziya okulala.
- C. Ebigaziyizibwa bino (ebizuuliddwa "C" ku kifaananyi) bitandika ebigaziya ebirala ebipya
- D. Enkola egenda mu maaso.



## OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. "Okukula kw'okugaziya" kye ki?

.....  
.....  
.....

3. Ekigambo "okusimba ekkansa" kitegeeza ki?

.....  
.....  
.....

4. Funza okukula kw'okugaziya kw'ekkanisa eyasooka e Yersaalemi.

.....  
.....  
.....

5. Wa engeri nnya ekkansa empya gy'eyinza okutandikibwamu.

.....  
.....

6. Wa ebika bisatu eby'amakanisa agagaziya.

.....  
.....  
.....

7. Biki ebikulembezebwa mu Baibuli mu kulonda ebitundu mwe tuyinza okutandikira amakanisa amapya?

.....  
.....

8. Bubaka bwa kika ki obuvaamu amakanisa amapya?

.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

Okwongera okusoma ku ngeri y'okusimba ekkansa funa emisomo gino wammanga egiweebwa Harvestime International Institute:

Ennono z'obuwanika bwa Baibuli kijja kukulunganya mu kulonda n'okukulaakulanya abakulembeze b'Ekkansa.

Okwekenenya obwebulungulule kijja kukuyamba okuzuula ebitundu ebikwatagana n'Enjiri era nga byetegefu okusimba ekkansa.

Obuwanika bw'ebigenderwa kijja kukuyigiriza engeri y'okuteekawo ekigendererwa, okukola enteekateeka, n'okutegeka ekkansa.

Enkola z'okukunga abantu zijja kukuyamba okukungaanya ekibiina ky'ekansa okubuulira enjiri.

Okubuulira Enjiri okw'ekizimbulukusa kijja kusitula abakkiriza abapya eri ekkansa.

# ESSUULA Y'OMWENDA

## OKUKULA KW'OKUSALA ENSALO

### EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnonnyola kiki ekitegeeza "Okukula kw'okusala ensalo" okw'ekkanisa.
- Okuwa ekijuliza kya Baibuli ekinnonnyola enteekateeka ya Katonda ey'oku "Okukula kw'okusala ensalo" okw'ekkanisa.
- Okuzuula omukulembeze omukulu ow'Endagaano Empya mu "Kukula kw'okusala ensalo."
- Funza enkola Pawulo ze yakozesa mu kugaziya Enjiri mu buwangwa obulala.

### OLUNYIRIRI OLUKULU:

**...Okuzibula amaaso gaabwe, n'okubakyusa okuva mu kizikiza okudda mu musana, n'okuva mu maanyi ga Setaani eri Katonda, balyoke bafune okusonyiyibwa ebibi, n'obusika mu abo abatukuzibwa olw'okukkiriza okuli mu nze. (Ebikolwa 26:18)**

### ENNYANJULA

Essuula esemyeyo ebadde ekwata ku kukula kw'okugaziya okubaawo ng'ekkanisa esimbye ekkkanisa empya mu buwangwa obufaanagana. Kisaanye okulowoozebawo awamu n'essomo lino erikwata ku kukula kw'okusala ensalo.

Ennono ze zimu ezetaagisa mu kugaziya okukula kw'ekkanisa gikozesebwa mu kukula kw'okusala ensalo. Kino kitegeeza nti buli kimu ekiteeseddwako mu ssuula esembayo kiwata ku kukula kuno. Naye okukula kw'okusala ensalo nakyo kyetaagisa enkola ez'enjawulo era zino ze nsonga y'essuula eno.

### OKUKULA KW'OKUSALA ENSALO

Okukula kw'okusala ensalo kubaawo ng'ekkanisa yeegaziya okuyita mu bituli by'eggwanga, ennimi oba amawanga okutuuka okusimba ekkkanisa empya mu buwangwa obw'enjawulo. Ekigambo "Okuziba" kikozebwa kubanga kino bwe kibaawo "omutala" gutondebwa okuva mu buwangwa obumu okudda mu bulala okubunyisa Enjiri. Enkola z'entambula n'empuliziganya zitumbula nnyo obusobozi bw'ekkanisa okusala ensalo okutuuka mu bitundu eby'ewala

## OKUKULA KW'OKUSALA ENSALO MU NDAGAANO EMPYA

Okukula kw'okusala kyali kitundu ku nteekateeka ya Mukama waffe Yesu ey'okugaziya Enjiri mu nsi yonna. Abayigirizwa baalina okutandika obujulirwa bwabwe mu buwangwa bwabwe e Yerusalemi n'oluvannyuma okugaziya okusimba amakanisa mu bitundu ebirala eby'obuwangwa obufaanagana.

Ekiddako, abayigirizwa baali ba kuziba ebituli mu mawanga, mu nnimi, n'amawanga okusobola okubunyisa Enjiri mu buwangwa obw'enjawulo ku bwabwe okutuuka mu bifo nga Samaliya ne "ebitundu by'ensi enkomerero". (Ebikolwa 1:8). Amangu ago abayigirizwa baatuukiriza ekiragiro eky'okweyongera mu buwangwa bwabwe (Ebikolwa 2).

Okugaziwa mu bitundu ebirala eby'obuwangwa obufaanagana kwava ku kuyigganyizibwa:

**...Era mu kiseera ekyo waaliwo okuyigganyizibwa okunene ku kkanisa eyali mu Yerusalemi; era bonna ne basaasaana mu bitundu byonna mu Buyudaaya...**

**Awo abaali basaasaanye ne bagenda buli wamu nga babuulira Ekigambo. (Ebikolwa 8:14)**

Firipo yasooka kuziba ekituli mu buwangwa mu kuzibwa obuggya okwali mu Samaliya ekyawandiikibwa mu Ebikolwa 8. Peetero ne Yokaana baayongerayo n'obuweereza mu kitundu ekyo.

Omutume Peetero yafuna obuzibu obumu mu kukkiriza omulimu gw'okukola mu buwangwa obulala. Yali Muyudaaya eyeewaayo era emabegako yalina enkolagana ntono n'Abamawanga (amawanga amalala agatali Bayudaaya). Katonda yayogera ne Peetero mu kwolesebwa okwawandiikibwa mu Bikolwa 10 n'oluvannyuma Peetero n'atwala Enjiri eri ab'amawanga mu Kayisaaliya.

Okukula kw'okusala ensalo mu Ndagaano Empya kusinga kulagibwa mu buweereza bw'Omutume Pawulo. Katonda yayita Pawulo mu ngeri ey'enjawulo mu buweereza buno. Pawulo yali Muyudaaya, naye Katonda yamugamba nti yali:

**.. ekibya ekironde gyendi, okutwala erinnya lyange mu maaso g'amawanga ne bakabaka n'abaana ba Isirayiri. (Ebikolwa 9:15)**

Olw'okuba Pawulo yayitibwa Katonda okuweereza okusalako obuwangwa, enkola ze nkulu mu kutegeera okukula kw'okusala ensalo okw'ekkanisa. Soma embooji y'okukyuka kwa Pawulo mu Ebikolwa 9. Ekitundu ekisigadde mu kitabo ky'Ebikolwa by'Abatume kijjudde ebiwandiiiko ebikwata ku mirimu gye egy'obuminsani mu mawanga g'ensi. Ebitabo bingi eby'Endagaano Empya bbaluwa ezigoberera ze yawandiikira amakanisa ge yali yasimba mu bitundu bino eby'enjawulo (Abaruumi-Abaebbulaniya).

## ENKOLA Z'OMUTUME PAULO

Pawulo Katonda yamulonda ng'ekyokulabirako:

**Naye olw'ekyo nnsaasirwa, Yesu Kristo alyoke ayolese mu nze, omwonoonyi asingira ddala okugumiikiriza kwe okutakoma, era mbeere eky'okulabirako eri abo abalimukkiriza ne bafuna obulamu obutaggwaawo. (1 Timoseewo 1:16)**

Eno y'ensonga lwaki enkola za Pawulo zisobola okukola ng'ekyokulabirako mu kukula kw'Ekkansa okw'okusala ensalo. Zino z'ezimu ku nnono emisingi ez'okukula kw'Ekkansa ezibikkulwa mu buweereza bwa Pawulo:

### EBIRUUBIRIRWA EBIRUNGI:

Pawulo yavugibwanga embeera z'abannamawanga abataalina Kristo ("Abamawanga" kitegeeza amawanga gonna okuggyako Isiraeri):

**Kale mujjukire nti mu biseera eby'edda mwali bannamawanga...mu kiseera ekyo temwalina Kristo, nga muli bagwira okuva mu kibiina kya Isiraeri, era abagwira okuva mu ndagaano ez'okusubiza, abatalina ssuubi, era abatalina Katonda mu nsi. (Abaefeso 2:11-12)**

Yakubirizibwa okuwulira nti alina obuvunaanyizibwa:

**Kubanga nnina ebbanja eri Abayonaani, n'abatali Bayonaani, n'eri ab'amagezi n'eri abasirusiru;**

**Era nammwe ab'e Rooma kyenya njagala okubabuulira enjiri. (Abaruumi 1:14-15)**

Pawulo yakubirizibwa okwagala okugondera okwolesebwa okw'omu ggulu Katonda kwe yamuwa:

**...Saali mujeemu eri okwolesebwa okw'omu ggulu. (Ebikolwa 26:19)**

Yakubirizibwa obunyiikivu n'omugugu eri Katonda:

**Awo Pawulo bwe yali abalindirira e Asene, omwoyo gwe ne guwuguka mu ye bwe yalaba ekibuga nga kiweereddwayo ddala okusinza ebifaananyi. (Ebikolwa 17:16)**

Yakubirizibwa okwagala okulongoofu:

**Naye mu byonna twesiima ng'abaweereza ba Katonda...olw'okwagala okutaliimu bukuusa. (2 Abakkolinso 6:4, 6)**

### EBIKULEMBEZEBWA EBITUUFU:

Pawulo yalina ebintu ebituufu bye yalina okukulembeza. Ebintu ebyali amagoba gy'ali...okusoma, obugagga obw'omubiri, ekifo, n'ebirala.....yabilaba ng'okufiirwa mu nsi y'omwoyo. Ekyo kyokka ekyaganyula ensonga ya Kristo kye kyali abala ng'eky'omuwendo:

**Naye ebintu ebyo ebyali amagoba gye ndi, ebyo nabibala ng'okufiirwa ku Iwa Kristo. Yee awatali kubuusuusa, era mbala ebintu byonna wabula okufiirwa olw'obulungi bw'okumanya Kristo Yesu Mukama wange: gwe nafiirwa bintu byonna, era mbiraba ng'ebisasiro, ndyoke ng'obolole Kristo. (Abafiripi 3:7-8)**

Bulijjo ebintu by'olina okukulembeza birina okuba:

1. Enkolagana yo ne Katonda.
2. Enkolagana yo n'Omubiri gwa Kristo (nga mw'otwalidde n'amaka go kubanga kitundu ku Mubiri ogwo).
3. Obuweereza bwo eri Katonda.

Enkolagana esooka obuweereza olw'ensonga bbiri:

1. Tosobola kuweereza ng'enkolagana yo ne Katonda si ntuufu.
2. Tosobola kuweereza ng'enkolagana yo n'abalala si ntuufu. Abantu b'Omubiri gwa Kristo (nga mw'otwalidde n'ab'omu maka go) tebajja funa obuweereza bwo ng'enkolagana yo nabo si ntuufu.

#### **EKIGAMBO KYA KATONDA:**

Obuweereza bwa Pawulo bwali bwesigamiziddwa ku Kigambo kya Katonda. Nga Ekigambo kya Katonda bwe kibuna obuwangwa obulala, amakanisa gaasimbibwa:

**Naye ekigambo kya Katonda kyakula ne kyeyongera. (Ebikolwa 12:24)**

**Bwe kityo ekigambo kya Katonda kyakula n'amaanyi era n'okunywera. (Ebikolwa 19:20)**

**Era bwe kityo Amakanisa ne ganywerera mu kukkiriza, ne geeyongera obungi buli lunaku. (Ebikolwa 16:5)**

#### **OBUBAKA OBW'ENJIRI:**

Enjiri y'Obwakabaka bwa Katonda bwe bwali obubaka bwa Pawulo. Teyakyusa misoni za bazirakisa mu mawanga agali mu bwetaavu olw'amaanyi g'okubuulira Enjiri. Teyakozesa nteekateeka za bukujukuvu okusikiriza abantu abangi. Abantu baasikirizibwa okuyita mu maanyi g'Enjiri:

**Kubanga sikwatibwa nsonyi lwa Njiri ya Kristo; kubanga ge maanyi ga Katonda agaleeta obulokozi eri buli akkiriza; eri Omuyudaaya okusooka, era n'eri Omuyonaani. (Abaruumi 1:16)**

#### **OKUSABA:**

Pawulo yasaba okulungamizibwa Katonda mu kubunyisa Enjiri mu buwangwa obulala:

**Awo bwe baali baweereza Mukama era nga basiiba, Omwoyo Omutukuvu n’agamba nti, “Munjawulire.” Balunabba ne Sawulo olw’omulimu gwe mbayitidde.**

**Awo bwe baamala okusiiba ne basaba, ne babassaako emikono, nebabasiibula ne bagenda. (Ebikolwa 13:2-3)**

#### **OMWOYO OMUTUKUVU:**

Omwoyo Omutukuvu ye yali dayirekita w’emirimu gya Pawulo egy’obuminsani. Okugeza, ku mulundi gumu...

**...Baagaanibwa Omwoyo Omutukuvu okubuulira ekigambo mu Asia. (Ebikolwa 16:6)**

#### **OKUBULIRA, OKUSOMESA, OKUJULIRA:**

Pawulo yagoberera ebiragiro by’Omulimu Omunene okubuulira, okuyigiriza, n’okuwa obujulirwa ku Enjiri.

**Awo ku lunaku olusooka mu wiiki, abayigirizwa bwe baakunjaanira okumumenya emigaati, Pawulo n’ababuulira... (Ebikolwa 20:7)**

**Naye saalekayo kubabuulira bituufu eby’okubayamba, twabanga tukungaanye oba bwe najjanga m maka gammwe, nga ntegeeza Abayudaaya n’Abayonaani okwenenya badde eri Katonda, n’okuba n’okukkiriza mu Mukama waffe. (Ebikolwa 20:20-21)**

Tekimala kumala kubunyisa Njiri. Obubaka bulina okutuusibwa mu ngeri nti butegeerekeka ababuwuliriza. Ebigambo, olulimi, n’engeri y’okusomesaamu birina okutereezebwa okusobola okutegeerwa Enjiri. Pawulo kino yakitegeera era n’akikola (laba Ebikolwa 21:37-40 ne22:2). Ebikolwa 26:18 etuwa enkola ey’okubunyisa Enjiri obulungi eri abantu b’obuwangwa obulala. Katonda yatuma Pawulo eri ab’amawanga...

**...Okuzibula amaaso gaabwe, n’okubakyusa okuva mu kizikiza okudda mu musana, n’okuva mu maanyi ga Setaani eri Katonda, balyoke bafune okusonyiyibwa ebibi, era obusika mu abo abatukuzibwa olw’okukkiriza okuli mu nze. (Ebikolwa 26:18)**

Enjiri erina okwanjulwa mu ngeri nti:

- a. Ezibula abantu amaaso.
- b. Balyoke bakyuke okuva mu kizikiza eky’omwoyo okudda mu musana.
- c. Balyoke bakyuke okuva mu buyinza bwa Sitaani ne badda mu Katonda.
- d. Bafune okusonyiyibwa ebibi nga bayita mu bulokozi.
- e. Balyoke bafune obusika obw’omwoyo nga bayita mu kutukuzibwa olw’okukkiriza.

Obuwangwa omuntu mw'akuzibwa busalawo ebintu bitaano:

- Olulimi lwe: Engeri gy'ayolesa n'okufuna empuliziganya n'ebirowoozo.
- Endowooza ye ey'ensi: Engeri gy'atunuuliramu n'okutegeera ensi.
- Enzikiriza ze: Eddiini, enzikiriza mu bintu ebisukkulumye ku butonde, engeri z'okulowooza, enkola z'ebirowoozo.
- Empisa ze: Engeri gyeyeyisaamu, ebintu, empisa mu bantu, okukubiriza, engeri y'okusalawo.
- Enneeyisa ye: Engeri gy'akola, enneeyisa ekkirizibwa mu mbeera z'abantu n'obuwangwa.

Ebikolwa 26:18 kyogera ku buli kimu ku bino:

Olulimi: Obubaka obuwuliziganya obulungi bwe  
okutegeera era n'okufunibwa

Azibula amaaso gaabwe:

(olunyiriri 1-2)

Endowooza y'ensi: Endowooza y'ensi eya Baibuli ewuliziganya.

Enzikiriza: Obubaka bw'okukkiriza; Enjiri y'Obwakabaka, .  
akyusa enzikiriza zaabwe.

Empisa zikyuka

Balyoke bakyuke bafune:

(olunyiriri 4-5)

Enneeyisa ekyuka

#### **OKWOLESA AMAANYI:**

Pawulo teyakoma ku kubunyisa Njiri kyokka, yagiraga ng'ayita mu maanyi ga Katonda:

**Okuyita mu bubonero obw'amaanyi n'ebyuunyo, olw'amaanyi g'Omwoyo wa Katonda;  
ekituufu  
nti okuva e Yerusaalemi, n'okwetooloola okutuuka e Iliriko, nabuulira mu bujjuvu Enjiri ya  
Kristo. (Abaruumi 15:19)**



## **OKUSIMBA AMAKKANISA:**

Pawulo teyamala gabuulira Njiri n'oluvannyuma n'aleka abakkiriza abapya nga tebalabirirwa. Yatandikawo omubiri gw'abakkiriza abakkiriza abapya we baali basobola okwegattako. Yasimba amakanisa g'omu kitundu.

Okubuulira enjiri nga tossaawo kibiina kya bakkiriza mu kitundu kiringa okuleeta abaana mu nsi n'oluvannyuma n'otafuna bavunaanyizibwa ku kubalabirira. Wammanga y'engeri Pawulo gye yagoberera mu buli kibuga gye yasimba Enjiri:

### **1. Abakozi abaalagirwa: Ebikolwa 13:1-4,15:39-40**

Abakozi baatendekebwa era ne baweebwa omulimu okutuuka mu kitundu ekimu. Abakkiriza mu kkanisa y'awaka bayamba okuteekateeka, okusindika, okuwagira, n'okukolagana n'abo Katonda be yayawulira omulimu ogwo.

### **2. Abantu be baatuukirira: Ebikolwa 13:14-16, 14:1, 16:13-15**

Mu bitundu ebisinga obungi, Pawulo yakwatagana n'abakulembeze b'eddiini abaliwo mu kkuŋŋaaniro. Yagezaako okufuna okutegeera n'obuwagizi bw'abakulembeze b'ebitundu nga bwe kisoboka. Ekibinja n'okukwatagana ssekinnoomu kwagobererwa, ekigendererwa kwe kufuna okuwulira okugazi nga bwe kisoboka eri Obubaka bw'Enjiri.

### **3. Enjiri eyabunyisibwa: Ebikolwa 13:17, 16:31**

Enjiri yatusibwa mu kubuulira, okuyigiriza, okujulira, n'okwolesebwa amaanyi. Enkola ez'enjawulo zaakozesebwa nga bwe kyali kyetaagisa okusobola okubunyisa Enjiri obulungi. Enkola mu bibuga ebimu yali ya kuyigiriza mu kkuŋŋaaniro (Ebikolwa 14:1). Mu birala, abantu abakkiriza baawulwamu ebibinja eby'enjawulo (Ebikolwa 19:9). Obuweereza obw'enjawulo eri ebibinja by'abantu ssekinnoomu byaliwo mu bitundu ebimu (Ebikolwa 13:42) era olulimi awamu n'enkola zaaterzebwa okukakasa empuliziganya entuufu ey'obubaka bw'Enjiri (Ebikolwa 22:2).

### **4. Abawuliriza abakyuka: Ebikolwa 13:48, 16:14-15**

Empuliziganya ennungi ey'Enjiri yavaamu okukyuka, ng'abantu bakkiriza obubaka obw'obulokozi n'okwenenya ekibi

### **5. Okukkiriza kukakasibwa: Ebikolwa 14:21, 22, 15:41**

Nga bwe kyalagibwa Ekiragi Ekinene (Matayo 28:19-20), okuyigiriza okulala kwaddirira okukyuka. Enjigiriza eno, mu mbeera y'ekkanisa y'omu kitundu, yatandikawo abakkiriza abapya nga bayiga emisingi gy'enzikiriza y'Ekikristaayo n'engeri y'okubeera mu Bwakabaka bwa Katonda. "Okukakasa okukkiriza" kwakuza okukula mu by'omwoyo, okuyamba abakkiriza okuzuula ebirabo by'omwoyo byabwe ne bafuuka ebitundu ebikola eby'Omubiri gwa Kristo.

### **6. Abakulembeze abaatukuzibwa: Ebikolwa 14:23**

Abakkiriza bwe baali bakula, abakulembeze b'ebitundu Katonda yabakuza nga balina ebisaanyizo by'obukulembeze mu Kkanisa. Abakadde (abakulembeze) baalondebwanga okuva mu kibiina ky'omu kitundu, so si kuyingizibwa mu abava mu makanisa oba amawanga amalala. Buli kkanisa yakola ekibiina kya Baibuli nga kino kyali kya byawandiikibwa, ekikola, era ekirungi.

7. Ekkansa yasiimibwa: Ebikolwa 14:23, 16:40

Abakulembeze bwe baali mu kifo era nga bakola bulungi, okwesigama ku "basimba" ekkansa kwakoma. Enkyukakyuka entegeke yakolebwa okuva ku mutandisi okutuuka ku bakulembeze b'ekitundu abapya. Ekkansa "yasiimibwa" oba n'akwasibwa Mukama ng'Omubiri gw'abakkiriza ogukola, ogw'ekitundu.

8. Enkolagana yagenda mu maaso: Ebikolwa 15:36, 18:23

Enkolagana yagenda mu maaso wakati w'eKkanisa empya n'omutandisi w'eKkanisa (Pawulo) n'Ekkansa y'e Yerusalemu. Enkolagana nayo yassimbibwa wakati w'eKkanisa empya n'amakanisa amalala mu kitundu kyonna okwongera okubunyisa Enjiri.

**OKWOLESEBWA OKW'ENSI YONNA:**

Pawulo yalina akakodyo akakakafu ak'ensi. Ebiwandiiko bya Baibuli biraga nti yali afaayo ku Asiya, Ggalatiya, Makedoni, Akaya, ne Sipeyini, nga mu kiseera ekyo gaali masaza gonna.

Ebifo Pawulo mwe yasimba amakanisa byali bifo eby'obufuzi bw'Abaruumi, matwale g'Abayonaani, obuyinza bw'Abayudaaya, oba obukulu mu by'obusuubuzi. Soma ebifo bino Pawulo mweyasimba amakanisa:

Firipo: (Ebikekwa 16) Kino kye kibuga ekyakulembera mu Makedoni.

Sessalonika: (Ebikekwa. 17:1-10) Kino kyali kibuga kinene era nga kya maanyi nnyo mu by'obusuubuzi.

Kkolinso: (Ebikekwa 18:1-11) Ekibuga ekikulu eky'ebyobusuubuzi mu Buyonaani.

Efeso: (Ebikekwa 19:1-10) Awali enguudo ennene ez'obwakabaka bwa Rooma okuviira ddala e Rooma okutuuka ebuwanjuba. Kyaali kifo eky'obusuubuzi.

Pawulo yakimanya nti yali asobola okutuuka ku bantu abangi ennyo mu kibuga ebyalimu abantu abangi. Era yakitegeera nti enkyukakyuka zitandikira mu kibuga n'oluvannyuma n'ezisaasaana mu byalo.

Ebifo bino ebinene eby'obusuubuzi n'obulambuzi nabyo byali birina abantu b'amawanga mangi abaalanga bayitamu olw'ebigendererwa bya bizinensi oba eby'amasanyu. Ebibuga byali ku makubo abantu babulijjo mwebatambuliranga. Abagenyi bano bwe baali batuusibwako Enjiri, baali bagenda kutwala obubaka obwo nabo gyebaali babeera.

Pawulo yatambula mu nkulungo ezigaziwa okuva mu bifo bino eby'obuminsani ebyassibwawo. Oluvannyuma lwa Pawulo okuva mu Yerusalemi yakyusa amaaso ge n'agatunuuliza Asiya ng'asookera mu Taluso ne Antiyokiya (Ebikekwa 11:25-30, 13:1-3), olwo n'ayolekera ebuwanjuba bwa Asiya nga Efeso yeyali enkulungo (Ebikekwa 19:1-20;16:8). Okuva awo, Pawulo yayolekera mu maserengeta nga Rooma

yeyali enkulungo ate Sipeyini ng'ekitundu ekisinga ewala kyeyatuukirira (Ebikolwa 19:21, 23:11, 28:14 31, Abaruumi 1:9-15, 15:24, 28).

### **ENNIMIRO EZIKKIRIZA:**

Enkola ya Pawulo mu kukula kw'ekkanisa okw'okusala ensalo kwasalibwawo okusenziira ku ngeri abantu zebayaanirizangamu Enjiri. Mu Matayo 10, Yesu yagamba abayigirizwa be obutagenda mu Basamaliya oba ab'amawanga wabula mu Isirayiri. Obudde bwali butuufu mu kiseera ekyo eri Isiraeri. Ebibinja ebirala byali byakukkiriza Enjiri oluvannyuma.

Ne mu Bayudaaya, abayigirizwa baali ba kuweereza abo abakkiriza. Baali ba kusigala nga bagabana gye baafuna okuddibwamu okulungi nga tebagenda mu mubifo ebyo gyebandifunye okuwakanyizibwa. Essira baali bakulisa ku bifo ebyo mwebandifunye okusembezebwa.

Pawulo naye yagoberera akakodyo kano. Abayudaaya bwe baagaana Enjiri, Pawulo yakyukira ab'amawanga (Ebikolwa 13:42-51). Asene bwe yali teyeetegese, Pawulo n'agenda e Kkolinso. Mu Kkolinso, Pawulo yakyuka okuva ku Bayudaaya okutuuka ku b'amawanga. Abayonaani abaali bakkiriza baasanyuka era bangi ne bakkiriza era ne bakkiriza nebatizibwa (Ebikolwa 18:5-11). Mukama yasiima ebikolwa bya Pawulo ng'ayita mu kwolesebwa ng'amugamba asigale mu Kkolinso era ne babuulira Kristo awatali kutya (Ebikolwa 18:5-11). Ebitundu by'amakunjaaniro bwe byamugaana, Pawulo yatandikawo okukungaana n'abo abaali bakkiriza. Okuyigganyizibwa bwe kwamugoba, n'agenda mu kibuga ekirala

### **ABANTU BE DDALA:**

Pawulo yali afaayo ku kutuuka ku bantu be n'Enjiri:

**Ab'oluganda, omutima gwange kyee gwagala n'okusaba Katonda ku lwa Isirayiri, basobole okulokolebwa. (Abaruumi 10:1)**

### **ABANTU ABATATUUKIDDWA:**

Pawulo yakulembeza ebitundu Kristo gye yali tannaba kubuulirwa:

**Weewaawo, bwentyo nafuba okubuulira Enjiri, so si erinnya lya Kristo we lyabuulirwa, sikulwa nga nzimba ku musingi gw'omuntu omulala;**

**Naye nga bwe kyawandiikibwa nti Abataategezewangako bimufaako balimulaba; era nabo abatawulira balitegeera. (Abaruumi 15:20-21)**

### **EBIBINJA BY'ABANTU:**

Pawulo yakolagana n'ebibinja by'abantu "ebibinja by'abantu" eby'enjawulo munda mu kibuga oba ekitundu. Ekyokulabirako, yaweereza eri ebibinja by'abantu byombi Abayonaani n'Abayudaaya mu Antiyokiya (Ebikolwa 13:42). Ekibinja ky'abantu kika, kibiina, oba ekibinja kyonna eky'obuwangwa, ennimi, n'amawanga agafaananako. Kikulu okulaba a

ekibuga oba ekitundu mu ngeri y'ebibinja ng'ebyo era otegeke okukula kw'okusala ensalo okusenziira ku ekyo. Ekyokulabirako, mu kibuga ekimu mu Amerika mulimu abantu bangi aboogera Olusipeyini, abantu aboogera Olungereza, n'abantu aboogera Oluchina olw'Olumanda. Okukula kw'ekkanisa okw'okusala ensalo, okusimba amakanisa mu kibuga kino kisaana okutunuulira ebibinja by'abantu bino ebitongole. Okusimba ekanisa eyogera Olulimi olulala mu kibuga kino tekyandibadde kya muganyulo. Eno y'ensonga lwaki okukula kw'ekkanisa okw'okusala ensalo ku buwangwa obulala bulijjo kulina okussa essira ku bibinja by'abantu mu kitundu ekimu, si kibuga kyokka okutwaliza awamu.

Okusimba amakanisa mu bibinja by'abantu ebimu kisinga kutumbula Enjiri mu bwangu. Bammemba b'ekibiina ky'ebibinja by'abantu bonna boogera olulimi lumu era balina empisa ze zimu. Tewali nnimi oba ebiziyiza eby'obuwangwa ebisobola okulemesa okusaasaana kw'Enjiri. Nga bwe wayiga mu ssuula emabega, Enjiri esinga kusaasaana mangu okuyita mu nnyiriri z'ekibiina eziriwo...abantu abalina oluganda, boogera olulimi lwe lumu, era nga balina empisa ze zimu.

Abantu "nga ffe" basobola n'okukutulwamu ebitundu ebitonotono olw'ebigendererwa by'Enjiri. Okugeza kino okikola ng'okola okusoma kw'abaana okusenziira ku myaka. Ggwe gaziya endowooza eno y'emu ng'oteekateeka okutuuka ku bibinja by'abantu eby'enjawulo.

Harvestime International Institute ekuwa omusomo ogutuumiddwa "Okwekenneenya obwebulungulule" oguyamba mu kwekenneenya ekitundu nga tebannaba kuweereza. Tukuwa amagezi ofune omusomo guno okuyambako mu kusimba ekanisa

Omusomo guno gujja kukuyamba mu bintu nga:

1. Okuzuula abantu abalina okutuukirirwa. Ebibinja by'abantu eby'enjawulo ki ebikola ekibuga oba ekifo? Ani gw'oteekateeka okutuukako? Eddiini yaabwe, buwangwa, mawanga n'ennimi zaabwe ki.
2. Okuzuula ebyetaago byabwe eby'omwoyo. Okugeza, Ekanisa yeetaagibwa mu Basipaniya mu ekyo ekibuga? Ebyetaago byabwe biyinda okuba ngabisisnikanibwa naye aboogera Olufaransa mu kitundu ekyo nga basuuliriddwa mu by'omwoyo
3. Okuzuula ebifo ebikkiriza Enjiri.
4. Okuzuula enkola z'ogenda okukozesa okutuuka ku bantu bano. Bayinda batya okutuukirirwa obulungi? Ani alina okubatuukako? Olina okutuuka ku bantu mu ngeri etegeerekeka era ebikkirizibwa mu buwangwa. Okugeza, singa ekibinja ekimu tekisobola kusoma, okubuulira enjiri mu bitabo teyandibadde nkola nnungi ey'okubatuukako.

#### **OKUBEERA OMWETEGEFU OKUKOLAGANA N'OBUWANGA OBULALA:**

Pawulo yali mwetegefu okumanyiira abantu ab'obuwangwa obw'enjawulo n'emitendera gyonna egy'enjawulo mu bantu (laba 1 Abakkolinso 9:16-23).

Omuntu akosebwa nnyo obuwangwa mw'akuzibwa. Abantu mu Buwangwa A bajja kwawukana okuva mu bali mu Buwangwa B:

Obuwangwa A


Obuwangwa B

Obuwangwa bw'Awaka


Obuwangwa Obupya




Bw'ova mu buwangwa bwo n'oyingira mu bulala n'Enjiri, oba wa njawulo. Oyinza obutakwatagana na bo:



{Ggwe} O



Naye osobola okutereeza. Okufaananako Pawulo, ng'oyambibwako Mukama waffe, osobola okuyiga okukwatagana. Okusalawo ku kwo: Onookyusa enkola zo ez'obuwangwa olw'obulungi bw'Enjiri?



### ENJAWULO MU BY'OBUWANGWA:

Pawulo teyakoma ku kumanyiira buwangwa bulala ye kennyini, naye teyakkiriza njawulo mu buwangwa kukosa Njiri.

Mu mawanga g'amawanga g'obugwanjuba singa omuntu omupya akyuse alina okuva mu maka ge olw'okukyuka, yeegatta ku balala nga ye mu Klezia. Bonna boogera olulimi lumu era balina olulimi n'eby'obuwangwa. Naye mu mawanga amalala ng'Obukristaayo kitegeeza okuva mu kika ky'omuntu n'agenda okwegatta ku kibinja ekirala, Enjiri ejja kusaasaana mpola. Obuwangwa obumu buba bwa wamu mu butonde okusinga amawanga g'amawanga g'obugwanjuba. Ekika, obuwangwa, n'ekibinja bikulu nnyo.

Mu biseera by'Endagaano Empya omusajja bwe yafuuka Omukristaayo tekyategeeza nti yalina okuva ku Empisa z'Abayudaaya. Era n'Omunaggwanga teyalina kwettanira mpisa za Bayudaaya (nga okukomolebwa). Mu kusooka waaliwo obuzibu n'Abayudaaya okwagala okussa ebisaanyizo by'obuwangwa ku Bannaggwanga abaali bakusiddwa. Naye Pawulo yagamba nti ebintu ng'ebyo byali kikoligo ekiteetaagisa. Osobola okusoma okukubaganya ebirowoozo n'okusalawo kw'olukiiko lw'Ekkanisa ku nsonga eno mu Bikolwa 15.

(Weetegereze: Bwe twogera ku "buwangwa" tuba twogera ku ngeri z'empisa ezaawukana okusenziira ku kibinja oba ekibiina ezitamanya mateeka ga mpisa agali mu Kigambo kya Katonda. Enkola ez'ekibi tezikkirizibwa n'akatono).

#### **OBUDDE:**

Pawulo yakyusakyusa ebiseera bye yamala mu buwangwa obw'enjawulo okusenziira ku bwetaavu. Mu bifo ebimu yabeeranga yo ennaku ntono. (Ebikolwa 21:4). Ebifo ebirala yaweereza "ekiseera ekiwanvu" (Ebikolwa 14:28). Yali atambulatambula nnyo era enteekateeka ye yali efugibwa Omwoyo Omutukuvu.

#### **EMPULIZIGANYA Y'ABANGI:**

Pawulo yabunyisa Enjiri ng'ayita mu mpuliziganya y'abantu abangi. Yakozesezza omukisa guno okwogerako n'abantu abangi:

**Awo olwatuuka mu Ikoniya, bombi ne bagenda wamu mu Kkuŋŋaaniro ly'Abayudaaya, ne babuulira n'amaanyi mangi era abantu bangu Abayudaaya n'Abayonaani ne bakkiriza. (Ebikolwa 14:1)**

#### **OBUYIGIRIZWA:**

Pawulo yabuulira abantu bangi naye era yali amanyi omugaso gw'okussa obulamu bwe mu basajja abakulu abatonotono abandisobodde okuyigiriza abalala. Timoseewo yali omu ku basajja bano nga Tito ne Yokaana Makko, eyali agaanye okutendekebwa mu buyigirizwa (Ebikolwa 15:36-40). Mu Pawulo Omwoyo Omutukuvu mweyayita okubikkula enteekateeka ya Katonda buli mukkiriza okwekubisaamu mu mwoyo (2 Timoseewo 2:2).

Okukola n'abakkiriza abalala nga Balunabba ne Siira, awamu n'abayigirizwa be yatendeka, baayongerayo nnyo okukubisaamu obuweereza bw'Omutume Pawulo. Ku lugendo lwe olw'okubiri n'olw'okusatu olw'obuminsani, Pawulo yawandiisa obuyambi okuva mu bakozi banne abaali enzaalwa z'omu kitundu mwe baali bategeese okukolera.

Eno nnono nkulu nnyo. Abafirika basobola bulungi okutuuka ku Bafirika. Abayindi basobola bulungi okutuuka ku bantu baabwe Abayindi. Abantu b'omu Asia basobola bulungi okuyingira ku ssemazinga waabwe n'Enjiri. Boogera olulimi, bategeera empisa, era baamanyiira dda embeera y'obulamu bwabwe.

#### **AMAKKANISA AG'ETONGODDE:**

Pawulo yasimba amakanisa ageetongodde. Wadde nga gaali gakwatagana bulungi n'ekkanisa eyagazaala mu nsonga z'okukolagana n'obukulembeze, baali tebesigamye ku kkanisa enkulu mu Yerusalemu. Pawulo teyatwala buwagizi okuva mu makanisa g'abaminsani, era tewali likoda yonna eraga nti yawa obuwagizi eri amakanisa amaggya mu buwangwa obulala. Yasitula amakanisa agasobola okweyimirizaawo nga gasobola okugenda mu maaso n'emirimu gy' Enjiri nga tegesigamye ku buyambi bwa nsimbi okuva ebweru.

Enteekateeka zonna ez'ebyensimbi ezikolebwa okusobola okugenda mu maaso n'okubeerawo kw'ekkanisa empya zirina okuba nga abantu bennyini basobola okuddukanya bizinensi zaabwe. Singa ekkkanisa efuna obugabiriza okuva mu kkanisa endala, eddiini, oba abakkiriza mu ggwanga eddala olwo eba yeesigamye ku bo. Ekkkanisa oba ekitongole kyonna ekiwagira bwekiremererwa, ekkkanisa empya nayo ejja kulemererwa. Singa enkolagana wakati wa w'amawanga esalibwako, ekkkanisa ejja kufuna obuzibu ng'obuwagizi okuva mu makkkanisa amalala oba ebitongole esaliddwako.

Mukama y'omu eyafuula amazzi omwenge n'akubisaamu emigaati n'ebyenyanja ebitonotono okuliisa abantu abangi, mazima ddala asobola okugabirira ensimbi ezeetaagisa okugaziya Enjiri.

Obuyinza okukozesa ebirabo eby'omwoyo bulina okuweebwa ekkkanisa empya omulundi gumu, n'obukulembeze buyimusiddwa okuva munda mu kibiina ekipya. Pawulo bwe yalonda abakadde b'Ekkkanisa, baalondebwa okuva mu bantu bennyini, so tebaaletebwa kuva mu bitundu birala:

**Kyenvudde nakuleka mu Kuleete, otereze ebintu ebibulamu, era oteeke abakadde mu buli kibuga, nga bwe nnali nkulonze. (Tito 1:5)**

Pawulo yayingizaamu amakanisa amapya mu bintu byonna eby'okubunyisa amawulire omuli okusaba, okugaba, n'okubeera bakozi banne mu kugaziwa, okugaziya n'okukula kw'ekkanisa okusala ensalo (laba Ebikolwa 20:4, Abeefeso 6:19, Abafiripi 1:5,7, 4:14-16).

Buli kkanisa Pawulo gye yasimba yali kifo kipya eky'okukuza abantu mu by'omwoyo.

**Kubanga mu mmwe ekigambo kya Mukama we kyawulikika si mu Makedoni yokka ne Akaya, naye ne mu buli kifo n'okukkiriza kwammwe eri Katonda kwabuna ne tutabaako kye tukwogerera. (1 Abasessaloniika 1:8)**

Pawulo yatandikawo amakanisa amapya ku kigambo kya Katonda n'olwazi, Kristo Yesu. Teyazitandikawo ku kibiina oba eddiini oba ku lulwe ng'omuntu. Okwesigamya ku kintu tekireetawo kufuna bwetwaze.

### **OKUFUNZA KU BIKI BY'ENKULA Y'EKKKANISA**

Mu ssuula ezisembyeyo oyize engeri ekkkanisa gy'ekula okuyita mu munda, okugaziwa, okugaziya, n'okusala ensalo.

Soma ebifaananyi bino wammanga. Ebifaananyi bino bifunza ebika bino eby'okukula kw'ekkanisa. Ekyekurungirivu zikiikirira ekkkanisa mu buwangwa bwo. Akabokisi kakiikirira ekkkanisa mu ngeri ey'enjawulo eby'obuwangwa.

**Okukula kw'omunda:**

**Okukula mu by'omwoyo munda mu kkanisa.**




**Okukula kw'okugaziwa:**

**Okukula mu muwendo.**




**Okukula kw'okugaziya:**

**Okusimba ekkansa empya mu buwangwa obufaanako bwe butyo.**



**Okukula kw'ekansa okusala ensalo:**

**Okusimba ekkansa empya mu buwangwa obw'enjawulo.**





## OKWEGEZAAMU

1. Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Kiki ekitegeeza "Okukula okusala ensalo" kw'ekkanisa?

.....  
.....  
.....

3. Wa ekijuliza kya Baibuli ekikakasa enteekateeka ya Kristo ey'okukula "kw'ekkanisa okusala ensalo."

.....  
.....  
.....

4. Ani eyali omukulembeze omukulu mu Ndagaano Empya mu "Kukula okusala ensalo" kw'ekkanisa eri ab'amawanga?

.....  
.....  
.....  
.....

5. Funza enkola Pawulo ze yakozesa mu kugaziya Enjiri mu buwangwa obulala.

.....  
.....  
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Ekkansa e Antiyokiya yatandikibwawo Ekkansa e Yerusalemi. Oluvannyuma lw'okuyigganyizibwa kwa Siteefano, abakiriza bangi baava mu Yerusalemi. Abamu baagenda mu kibuga Antiyokiya mu Busuuli, ekibuga eky'okusatu mu bunene mu Bwakabaka bwa Rooma. Eyo gye baatandika Ekkansa (Ebikolwa 11:19-21).

Abayigirizwa bano baasooka kuyitibwa Bakristaayo mu Antiyokiya. Eno y'ekkanisa eyasooka okubeeramu "abatali Bayudaaya." Abayonaani (Abaamawanga) be baalimu okusinga. Antiyokiya mu bbanga ttono yafuuka ekifo ky'entabiro y'Endagaano empya. Obuweereza bwe twafuna kati buliko akabonero ka Antiyokiya, so si Yerusalemi n'endowooza zaayo enfunda ez'okutuuka ku buwangwa bw'Abayudaaya bwokka.

2. Okubunyisa Enjiri kwa Pawulo mu buwangwa obulala kutera okufunzibwa mu ngeri ya ngendo ssatu ez'obuminsani:

Olugendo olwasooka: Ebikolwa 13:1-14:28

Olugendo olwokubiri: Ebikolwa 15:36-18:22

Olugendo olwokusatu: Ebikolwa 18:23-21:14

3. Soma obujulizi bwa Pawulo mu Bikolwa 22:

Nga tonnakyuka kudda mu Kristo: Ebikolwa 22:3-5

Okukyuka: Ebikolwa 22:6-11

Obuweereza bwe obw'awamu: Ebikolwa 22:12-16

Obuminsani bwe obw'enjawulo: Ebikolwa 22:17-21

4. Soma ebisingawo ku nsengeka Pawulo gye yagoberera mu buli kibuga ng'oddamu okwetegereza ebyaliwo mu Efeso:

Abantu beyatuukirira: Ebikolwa 18:19, 19:1, 8, 9

Enjiri yabunyisibwa: Ebikolwa 19:4, 9, 10

Abawuliriza bakyusibwa: Ebikolwa 19:5, 18

Okukkiriza bakungaana: Ebikolwa 19:9-10

Okukkiriza kukakasibwa: Ebikolwa 20:20, 27

Abakulembeze baawulibwa: Ebikolwa 20:17, 28, 1Timoseewo 1:3, 4

Ekkanisa esiimibwa: Ebikolwa 20:17, Abeefeso 1:1-3, 15, 16

5. Okukula okusala ensalo okw'ekkanisa y'Endagaano Empya kwali kwa mugaso? Weekenneenye likodi:

...Waaliwo essanyu lingi mu kibuga ekyo (Samariya): Ebikolwa 8:8

...Bonna abaali babeera e Ludda ne Saloni ne bamulaba, ne bakyuka eri Mukama: Ebikolwa 9:35

...Ekigambo kya Mukama ne kyeyongera okukula era ne kyeyongera: Ebikolwa 12:24

...Ekigambo kya Mukama ne kisaasaanyizibwa mu kitundu kyonna: Ebikolwa 13:49

...Ekkanisa zaali zinywezebwa mu kukkiriza, era nga zeeyongera obungi buli lunaku: Ebikolwa 16:5

...Bonna abaali babeera mu Asiya baawulira ekigambo kya Mukama, Abayudaaya n'Abayonaani: Ebikolwa 19:10

...Ekigambo kya Mukama kyali kikula nnyo era nga kiwangula: Ebikolwa 19:20

...Okuva e Yerusalemi n'okwetoolola okutuukira ddala e Iluriko Pawulo yabuulira mu bujjuvu Enjiri ya Kristo: Abaruumi 15:19

6. Enjawulo y'embeera z'abantu n'ebitundu by'abantu abappya mu Bikolwa by'Abatume eraga engeri Endagaano Empya ekkanisa yaziba ebituli mu mbeera z'abantu, eby'obuwangwa, n'eby'eggwanga n'Enjiri. Olukalala lw'ekitundu mulimu abantu nga:

-Balunabba, Omuleevi omugagga okuva e Kupulo (4:36-37)

-Stephen, Omuyonaani, omusajja ow'okuyiga (6:5, 8-10; 7:1-53)

-Omulaawe Omuwesiyopiya ow'obuyinza obunene (8:27)

-Sawulo, Omufalisaayo era omumanyi (9:1)

-Koluneeriyo, omuduumizi w'ekibinja ky'aba Rooma e Kayisaliya (10:1-48)

-Simyoni, Lukiyo, Manaayini ow'e Antiyokiya (13:1)

-Sagiyo Pawulo, omuduumizi w'Abaruumi mu Pafo (13:6-12)

-Lydia, omusuubuzi, ow'e Suwatira (16:14-15)

-Omukuumi w'ekkomera e Firipi (16:27-34)

-Abakazi abakulu mu Ssessaloniika (17:4)

-Dionysius ow'e Asene (17:34)

-Akula ne Pulisikira ab'e Ponto (18:3)

-Omuyudaaya ow'e Alexandria ow'obuyinza (18:24-28)

-Pubuliyo, omukulembeze w'e Maluta (28:7-10)

-(Laba ne Stephanas owa Kkolinso I Abakkolinso 1:16 ne Filemoni ow'e Kkolosaayi Filemoni I-2)

# ESSUULA EY'EKKUMI

## OKUSALAWO OBA ABAYIGIRIZWA?

### EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kub osobola:

- Wandiiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okunnonnyola "Omukyufu."
- Okunnonnyola "Omuyigirizwa."
- Okufunza ebintu bisatu ebikulu ebikwata ku kuyitibwa okufuuka abayigirizwa.
- Okuwa ennono mwenda egy'obuyigirizwa egyabikkulwa mu kusoma kwa Yesu n'abayigirizwa be.
- Okuwandiika embeera mwenda ez'omuyigirizwa wa Yesu Kristo ow'amazima.
- Okunnonnyola ekigezo ekituufu eky'obuyigirizwa.

### OLUNYIRIRI OLUKULU:

**Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, Omuntu yenna ayagala okungoberera, yegaane yekka, asitule omusaalaba gwe, angoberera. (Matayo 16:24)**

### ENNYANJULA

Owulira nnyo ku "Mulimu omunene" gwa Yesu, naye ddala otegeera omulimu guno Yesu gwe yawa abagoberezi be? Ekiragiro kyali kya kuwangula bantu bapya bokka? Yabasomooze okukuba enkung'aana mu kibuga kyonna n'okuzimba ebizimbe by'ekkanisa ebinene? Yabagamba kuliisa n'okwambaza baavu nga kyebalina okusaako essira?

Katuddemu okusoma ebiragiro bye:

**Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu;**

**Mubayigirize okukwata byonna bye nnabalagira: era, laba, ndi nammwe bulijjo, okutuusa enkomerero y'ensi. (Matayo 28:19-20)**

Ekyokusaako essira kyali kya kugenda mu mawanga gonna, okubayigiriza Enjiri, okubabatiza, n'oluvannyuma okuwa okugoberera ku byonna Yesu bye yali alagidde.

Kino kye kyali ekikulu. Kikyalina okuba nga kye kisinga okukulembezebwa. Osobola okumala obulamu bwo mu bintu bingi eby'enjawulo. Osobola okukola emirimu emirungi nga okuyamba abaavu. Osobola okuzimba ebizimbe by'ekkanisa ebinene. Osobola okukola enkungaana z'eddiini ennene.

Naye olina okukola ekintu kimu bw'oba ogenda okutuukiriza omulimu gwa Yesu: Olina okwetaba kutuuka eri amawanga gonna n'obubaka bw'Enjiri. Emirimu emirala gyonna--nga okuweereza eri abaavu, okuzimba amakanisa, n'ebirala—biba birungi nga biyambako mu mulimu guno.

Naye okutuukirira kuno kw'amawanga gonna kusinga kuleeta bantu mu kifo we basalawo ku Iwa Yesu Kristo. Okutuukiriza omulimu omunene olina okugenda mu maaso okusukka okusalawo okutuuka buyigirizwa.

### **OKUSALAWO OBA OKUYIGIRIZWA?**

Ebika by'okuyigiriza bibiri bye bizingirwa mu mulimu omunene ogwa Yesu:

#### **EKISOOKERA DDAALA: OKUSOMESA ABASAJJA N'ABAKAZZI OKUFUNA OBULOKOZI:**

Abantu balina okuwulira Enjiri okusobola okuddamu gy'eri, okwenenya okuva mu kibi, n'okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. Okusomesa okwo kuyitibwa "Okubuulira enjiri":

**Kale mugende muyigirize amawanga gonna, nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, n'Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. (Matayo 28:19)**

Abakkiriza abapya oluusi bayitibwa "abakyufu." Omukyufu ye mukkiriza mu Yesu abadde yazaalibwa omulundi ogw'okubiri olw'okukkiriza era afuuse ekitundu ky'Obwakabaka bwa Katonda. (Omusomo gwa Harvestime International Institute ogutumiddwa "Okubuulira Enjiri ey'ekizimbulukusa" guwa okutendekebwa mu ngeri y'okubuulira enjiri n'okumuyisa abakyufu abapya.)

#### **EKYOKUBIRI: OKUSOMESA OLUVANYUMA LW'OKUKYUSA:**

Bw'omala okuyigirizibwa Enjiri n'okujja ERI Yesu, olina okuyiga engeri y'okumugoberera:

**Mubayigirize okukwata byonna bye nnabalagira: era, laba, ndi nammwe bulijjo, okutuusa ku nkomerero y'ensi. (Matayo 28:20)**

Omulimu gwa Yesu gulaga nti okwongera okuyigiriza kwe kugoberera okukyuka n'okubatizibwa. Abakyufu balina okuyigirizibwa mu byonna Yesu bye yayigiriza. Enkola eno oluusi eyitibwa "okugoberera" oba "okusumba" omukkiriza omupya. Era kiyitibwa "obuyigirizwa."

### **ENNYINNYONNYOLA Y'OBUYIGIRIZWA**

Enteekateeka ya Yesu kwe kukulembera abakyufu okugenda mu buyigirizwa. Omuyigirizwa ye mukyufu asimiddwa mu misingi gy'enzikiriza y'Ekikristaayo era ng'asobola okukuza abakyufu abapya era n'abasomesa. Ekigambo "omuyigirizwa" kitegeeza omuyizi, omuyizi, omuntu ayiga ng'agoberera. Kisingako ku kumanya kw'omutwe. Kuyiga kwe kuyusa obulamu bw'omuntu.

## OMUYUNGIRANO GW'OKUSALAWO/OKUYIGIRIZA

Okusalawo ddaala erisooka ery'okufuuka omuyigirizwa ow'amazima. Abakyufu balina okugenda mu maaso okusukka okusalawo okufuuka ebitundu by'omubiri gwa Kristo eby'obuvunaanyizibwa ebisobola okuyimusa abakkiriza abalala abapya. Okuwangula abakyufu abapya kikulu, naye okutendeka abasajja n'abakazi okugoberera Yesu n'okufuuka n'okuzaala mu by'omwoyo kikulu nnyo. Buli gw'otendeka ajja kukyusa abalala, okubayigiriza, n'okubatendeka okutuuka ku balala.

Eno y'enteekateeka ya Baibuli ey'obuyigirizwa eyayolesebwa Yesu. Yalonda abasajja kkumi na babiri, n'abayigiriza, era n'abatendeka okutuuka ku balala. Nga bwe mwayiga mu Ssuula ey'okuna ey'omusomo guno, enteekateeka "y'omu okusomesa omu," evaamu okukubisaamu kw'abakkiriza, amakanisa, n'amadiini.

Naye bulijjo ekigendererwa kikuume nga kitegeerekeka bulungi: Toyigiriza kuzimba buweereza bwo oba kitongole. Ekigendererwa ky'okuyigiriza kwe kutuuka ku mawanga gonna ku lwa Yesu Kristo.

Okutuukiriza "Omulumu omunene" tekisinziira nnyo ku bukodyo obulungi n'obunene bwa tekinologiya, wabula ku kuyimusa kw'abayigirizwa abeewaddeyo. Ekifaananyi kino wammanga eraga enzirikanya y'okubuulira enjiri n'okufuuka abayigirizwa ey'okweyongera mu maaso:

**Okubuulira Enjiri – Okukyusa – Okuyigiriza – Abayigirizwa - Okubuulira Enjiri - Okukyusa – Okuyigiriza - Abayigirizwa - Okubuulira Enjiri - Okukyusa - Okuyigiriza - Abayigirizwa- - - ->**

Okubuulira enjiri kuvaamu abakyufu abapya. Okuyigiriza abantu kivaamu abayigirizwa abasobola okubuulira enjiri, okuzaala abakyufu abapya, era n'okubayigiriza. Olwo enzirikanya eno yeeyongera okuddamu enkola y'emu.

## OKUYITIBWA ERI OKUYIGIRIZIBWA

Soma Lukka 9:57-62 mu Baibuli yo. Mu kitundu kino abasajja basatu basemberera Yesu nga baagala okubeera abayigirizwa. Eri buli omu, Yesu abikkulira ensonga ey'enjawulo ku ekyo okuyitibwa okufuuka abayigirizwa kye kuzingiramu:

### 1. OMUWENDO GULOWOZEKO: ( Lukka 9:57-58 )

Omusajja eyasooka yandigoberedde Yesu nga talinze kuyitibwa. Agezaako okufuuka omuyigirizwa okuyita mu maanyi ge. Yesu amulabula nti tategeera makulu ga kufuuka muyigirizwa. Obuyigirizwa si kintu omuntu ky'awaayo eri Katonda. Kuba kuyitibwa okuva eri Katonda.

Yesu yagamba nti, "Bw'ongoberera, kino kye mujja okusisinkana." Yannyonnyola nti obuyigirizwa obw'amazima bw muwendo mungi. Tebusobola kutuukirizibwa nga tuyita mu kufuba.

### 2. EBIKULEMBEZEBWA EBIRUNGI: (Lukka 9:59-60)

Omusajja owookubiri yayitibwa Yesu "okumugoberera." Nga bw'oyize, "okugoberera" kitegeeza mujje oluvannyuma lw'eyo asoose mu maaso, okukoppa ekyokulabirako. Kizingiramu okukkiriza n'obuwulize.

Yesu bwe yayita abayigirizwa be 12, yabagamba bajje bamugoberere. Teyalambika bulungi kubo lino. Teyabawa bikwata ku nteekateeka eno. Omuyigirizwa yalina okuva mu bulamu obw'emabega olw'okuyita kwe. Kino kiyinza okwetaagisa okusalawo, okwawukana, n'okwefiiriza

Omukulembeze mugoberezi alina okuleka obulamu obw'obukuumi eri obw'obutali butebenkevu mu maaso g'ensi. Okwewaayo si eri enteekateeka, wabula eri omuntu. Omuntu oyo ye Mukama waffe Yesu Kristo. Mu kitundu kya Lukka, okuddamu kw'omusajja ono eri omulanga gw'okugoberera yali "sooka ongumiikirize." Yali ayagala kugoberera Yesu, naye si kye yali akulembeza.

Yesu teyandigambye nti omuntu abuusa amaaso ebyetaago bya bazadde be (laba Yokaana 19:25-27). Ensonga y'akukulembeza era kye kissiddwako essira mu mbooji eno. Omusajja ono agamba nti ayagala "kuziika kitaawe"okusooka. Mu biseera by'Endagaano Enkadde omuntu bwe yagamba nti alinze "okuziika kitaawe," tekitegeeza nti kitaawe yali afudde. Kyategeeza nti yali alinze kitaawe lw'afa okusobola okufuna obusika obwali bumugwanidde. Kale, omusajja ono bwe yakozesa ensonga eno, yali assa obusika bwe obw'omu maaso mu maaso g'okuyitibwa kwa Mukama waffe Yesu Mu kaseera akanyuvu Yesu lw'ayita omuntu okumugoberera n'okufuuka omukulembeze, tewali kintu kyonna kiteekwa kuteekebwawo ng'akakwakulizo ng'okuyitibwa kuzze.

Mu kitundu ekirala, Yesu yannyonyola mu bujjuvu obukulu bw'ebintu ebituufu okukulembeza:

**Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Omuntu yenna ayagala okugoberera, yeegane yekka, asitule omusaalaba gwe angoberera. (Matayo 16:24)**

Okwegaana kulina okujja nga tetunnakwata musaalaba. Embala ey'edda ey'okwefaako n'ekibi bilina okugaanibwa. (Soma Abaruumi 7-8 ku lutalo lwa Pawulo mu kitundu kino.) Ye bw'aba afudde, omusaalaba gulina okufuuka ekintu ky'olina okukulembeza. Omusaalaba kabonero ka kwewaayo, obulumu, okugaanibwa, okuvuma, n'ebizibu ebizingirwa mu kukola Katonda by'ayagala. Omusaalaba guyinza n'okutegeeza okukoowoola okufa olw'okuttibwa ku lw'Enjiri.

"Okusitula omusaalaba" tekitegeeza migugu gya bulamu. Bino bya bulijjo eri abantu bonna. Bye bibonyoobonyo, ebigezo, okuggwaamu essuubi, n'okwennyamira ebitujjira olw'okubeera mu a ensi ey'ekibi. Omukkiriza taggyibwa mu migugu egyo egy'obulamu. Afuna obulwadde, obubenje, omuliro, n'akabi ak'obutonde kubanga abeera mu nsi eyoonese ekibi. Naye emigugu gino si gyebayita "kusitula musaalaba." Okusitula omusalaba kya kyeyagalire, so si kintu ekissibwawo olw'emigugu gy'obulamu. Kwe kusalawo okugenda mu maaso (buli lunaku) okwegaana okwegomba kw'omuntu okusobola okukola Katonda by'ayagala.

Yesu yagamba nti, "Buli atasitula musaalaba gwe n'angoberera, tayinza kuba muyigirizwa wange." Okusitula omusaalaba tekisanyusa butonde bwa muntu kubanga kizingiramu okwegaana. Kiteekwa okuba nga kikolebwa kyeyagalire ku lw'obulungi bwa Kristo.

Okusitula omusaalaba, olina okuggyamu ebintu by'ensi mu mikono gyo. Omutima gwo bwe guba nga guteereddwa ku ssente n'ebintu, emikono gyo gijjudde nnyo okutwala omusaalaba. Singa obudde bwo



bwe buba kutwaliibwa ssanyu n'ebintu ebisanyusa omubiri, emikono gyo gijjudde nnyo gwe okusobola okusitula omusaalaba. Oluvannyuma lw'okwegaana n'okwata omusaalaba, ekiddako kwe kugoberera. Olina okuleka emabega obulamu obw'edda n'enkolagana ey'ekibi.

Tojja kufuuka mukulembeze ng'otudde n'olinda kibeewowo. Olina okutwala omutendera ogusooka: Weegaane, kwata omusaalaba gwo, ogoberere. Matayo yandibadde asobola okusigala ku mmeeza y'omusolo ne Peetero ku butimba bwe. Bombi baali basobola okukola emirimu gyabwe mu bwesimbu era bayinza okubanga baakola banyumirwanga ebyo bye yayitamu mu by'omwoyo. Naye bwe baali baagala okufuuka abakulembeze ab'eb'omwoyo, baalina okweresa embeera enkadde n'oyingira mu mpya. Matayo yava ku mmeeza z'omusolo ate Peetero n'aleka obutimba bwe.

Kino tekitegeeza nti buli muntu alina okuva ku mulimu gw'alina kati n'awaka asobole okufuuka omukulembeze. Kiki ekyo ekyetaagisa mu kukyusa mu bulamu. Mu mbeera ezimu era kiyinza okutegeeza okuvaawo awaka, emirimu n'abaagalwa bo ku lw'Enjiri. Olina okugoberera wonna Yesu gy'akulemberamu.

### **3. EBIRUUBIRIRWA EBISUKKULUMU: (Lukka 9:61-62)**

Omusajja owookusatu mu Lukka 9:57-62 yayagala okugoberera, naye yayagala okukikola ku bukwakkulizo bwe. Okusiibula ab'omu maka ge kyali kintu kya bulijjo, naye Yesu yali amuyise. Kiki ekwali ekigendererwa ekituufu mu bulamu bwe? Yali ayagala kufuuka mukulembeze oba okugoberera enteekateeka ye ey'obulamu? Ebigendererwa by'omusajja ono eby'obulamu tebyatereezebwa. Yali yeekutte wakati w'obulamu obukadde n'obupya.

#### **ENKOLA N'OBUBAKA BW'ABAYIGIRIZWA**

Omulanga ogw'okufuuka abayigirizwa gwali guzingiramu okuweebwa omulimu ogw'okuyigiriza amawanga gonna. Enkola y'abayigirizwa yali ya kubeera mujulizi. Yesu yagamba nti, "Mulibeera bajulirwa bange" (Ebikolwa 1:8). Essira eryassibwako si ekyo kyebandikoze naye ekyo kebandifuuse, kyebandikoze kyalina kuva mw'ekyo kyebali.

Okutuuka ku nkomerero, abagoberezi ba Yesu beetwala ng'abajulirwa. Okutuukira ddala ku nkomerero y'obulamu bwe, Pawulo yagamba nti:

**Kale bwe nafuna okubeerwa okuva eri Katonda, okutuusa ku lunaku luno nnyimiridde nga ntegeeza abato n'abakulu,...**

**...Nti Kristo kimugwanira okubonaabona, era abeere abeere omuberyeberye okuzuukira okuva mu bafu, alage ekitangaala eri abantu n'ab'amawanga. (Ebikolwa 26:22-23)**

Okujulira kwali kubuulira, kuyigiriza, kubatiza, n'okulaga amaanyi ga Katonda okuyita mu byamagero n'okuwonya. Obubaka bw'obujulizi bwabwe bwali Njiri y'Obwakabaka bwa Katonda:

**Era Enjiri eno ey'Obwakabaka ejja kubuulirwa mu nsi yonna okubeera obujulirwa eri amawanga gonna; awo enkomerero y'erijja. (Matayo 24:14)**

Pawulo afunza ebintu ebikulu ebiri mu Njiri:

**Kubanga nasooka kubawa bye nnafuna, Kristo yafiirira ebibi byaffe ng'ebyawandiikibwa bwe bigamba;**

**Era nti Yaziiikibwa era nti yazuukira ku lunaku olwokusatu okusinziira ku byawandiikibwa. (1 Abakkolinso 15:3-4)**

Kino Pawulo kye yayita "amazima g'Enjiri" (Abaggalatiya 2:5). Obubaka obulala bwonna bwali tebukkirizibwa (Abaggalatiya 1:8).

### **YESU N'OBUYIGIRIZIBWA**

Yesu yalina emyaka 3 n'ekitundu gyokka egy'obuweereza mweyayina okukola omulimu Katonda gwe yali amutumye okukola. Guno gwali mulimu gw'amaanyi nnyo. Yasobola okulambula ebifo bitonotono mu bbanga lino ettono era yatuukirira abantu batono ddala.

Okukakasa okumaliriza obutume bwe, Yesu yakulembeza obuyigirizwa. Yali amanyi abayigirizwa be era abayigirizwa be baali bagenda kutuuka mu bibuga ebingi eby'ebyalo n'ebibuga bye yali tagenda kufuna mukisa kukyalira.

**Eky'okulabirako C:** Abamu ku bapya abakyuse bagenda mu kkanisa akaseera, olwo ne badda mu bulamu bwabwe obukadde obw'ekibi. Abalala basigala mu kkanisa, naye nga bakyali bato mu by'omwoyo. Kiki ekiyinza okuba ekizibu? Eddagala lye liruwa?

.....  
.....  
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Weekenneenye ebizibu by'okukula mu by'omwoyo ebiragiddwa mu ssuula eno. Kola olukalala lw'ebintu mu kkanisa yo yennyini eziremesa okukula n'okweyongera. Ebizibu bino biyinza bitya okuterezebwa?
2. Ddamu weetegerereze essomo era ozuule ebintu ebikulemesa okukula kwo okw'obuntu n'okukulankulana. Oyinza otya okutereeza ebizibu bino?
3. Weekenneenye ekanisa yo n'obulamu bwo obw'omwoyo. Waliwo ebintu ebiremesa eby'omwoyo okukula okuggyako ebyo ebyogeddwako mu ssuula eno? Bwe kiba bwe kityo, kola olukalala lw'ebizibu bino era munoonye eddagala lya Baibuli eri buli kimu.
4. Soma ebbaluwa eri amakanisa omusanvu mu Okubikkulirwa essuula 2-3. Kola olukalala lw'ebizibu ebyaliwo mu kkanisa zino n'eddagala eryaweebwa Omwoyo Omutukuvu.

# ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI

## EKIFO AWATENDEKERWA

### EBIGENDERERWA:

Bw'omala essuula eno ojja kusobola:

- Okuwandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
- Okuzuula enkola Pawulo ze yakozesa okuyigiriza abakkiriza mu Efeso.
- Okunyonnyola ekifo eky'okutendekebwamu e Efeso.
- Okunyonnyola ekigendererwa ky'ekifo eky'okutendekebwamu mu.
- Okufunza ebiragiro by'okutandikawo ekifo eky'okutendekebwamu.
- Okutandika ekifo eky'okutendekebwamu.

### ENNYIRIRI ENKULU:

**Naye abantu abatali bamu ne bakakanyaza emitima gyabwe ne bagaana, ne batandika n'okwogera obubi ku kkubo mu kibiina. Paulo n'abaviira, n'atwala abakkiriza, ne bakunganiira mu kisenge eky'essomero lya Tulaano buli lunaku:**

**Ne bamala emyaka ebiri n'okusingawo nga bakola bwe batyo, era Abayudaaya bonna n'Abayonaani bonna n'Abayonaani bonna abaaberanga mu kitundu ekyo ekya Asiya ne bawulira ekigambo kya Mukama. (Ebikolwa 19:9-10)**

### ENNYANJULA

Nga tonnaba kusoma ssuula eno, soma Ebikolwa 19:1-20. Ekitundu kino kiwandiika ku buweereza bw'Omutume Pawulo mu kibuga Efeso. Mu Efeso Pawulo yakozesa enkola ey'enjawulo ey'okukuza abantu mu by'omwoyo. Yatandikawo essomero ly'okutendeka abantu mu by'okugaziya. Mu ssuula eno ojja kuyiga engeri y'okukubisaamu ng'oyita mu kutendeka abantu.

### ENKOLA MU EFESO

Pawulo bwe yasooka okutuuka mu Efeso, yanoonya abayigirizwa abaali babeera eyo. Abasajja n'abakyala banno baali bamaze okukkiriza Enjiri ne bafuuka abagoberezi ba Yesu (Ebikolwa 19:1).

Abakkiriza bano abapya baali beetaaga okwongera okutendekebwa okusobola okuweereza obulungi mu kibuga kyabwe. Okufaayo kwa Pawulo okusooka kwali kuyigiriza abayigirizwa bano ebisingawo ku Bwakabaka bwa Katonda.

Pawulo yabayigiriza ng'ayita mu bumanyirivu. Ekintu kye yasooka okukola kwe kubatuusa mu mbeera empya ey'omwoyo, okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu (Ibikolwa 19:2-8). Okuyita mu kwolesebwa kwa Katonda amaanyi mu bulamu bwe, Pawulo yabayigiriza ng'akozesa ekyokulabirako. Baalaba ebyamagero bingi ebinene nga bikolebwa mu linnya lya Mukama (Ibikolwa 19:11-12). Abo abataali bagoberezi ba Yesu abatuufu beenenya (Ibikolwa 19:13-17). Abakkiriza abapya baawangulwa eri Mukama waffe Yesu Kristo (Ibikolwa by'Abatume 19:17-20).

Okuwakanya Enjiri bwe kwava mu bakulembeze b'eddiini, Pawulo yatandikawo ekifo eky'okutendekebwamu eri abayigirizwa mu Efeso:

**Naye abantu abatali bamu ne bakakanyaza emitima gyabwe ne bagaana, ne batandika n'okwogera obubi ku kkubo mu kibiina. Paulo n'abaviira, n'atwala abakkiriza, ne bakunganiira mu kisenge eky'essomero lya Tulaano buli lunaku. (Ibikolwa 19:9)**

Ekifo Pawulo kye yatandikawo kyalimu omusomo gw'okutendeka abayigirizwa okumala emyaka ebiri. Ekigendererwa ky'essomero kyali lya kukubisaamu abayigirizwa abaali bagenda okubunyisa obubaka bw'Enjiri:

**Naye abantu abatali bamu ne bakakanyaza emitima gyabwe ne bagaana, ne batandika n'okwogera obubi ku kkubo mu kibiina. Paulo n'abaviira, n'atwala abakkiriza, ne bakunganiira mu kisenge eky'essomero lya Tulaano buli lunaku:**

**Ne bamala emyaka ebiri n'okusingawo nga bakola bwe batyo, era Abayudaaya bonna n'Abayonaani bonna n'Abayonaani bonna abaaberanga mu kitundu ekyo ekya Asiya ne bawulira ekigambo kya Mukama. (Ibikolwa 19:9-10)**

Ekifo kino eky'okutendekebwa kyali tekyesogamizibwa ku buwangwa. Abayizi baaweerezanga Abayudaaya n'ab'amawanga (amawanga g'ensi agatali Bayudaaya). Essomero eryo teryalina nsalo za bitundu. Abayizi tebaweereza mu kibuga kyabwe eky'e Efeso kyokka, batuuka ne ku ssemazinga wa Asiya yenna. Ekifo eky'okutendekebwa ekyatandikibwawo Pawulo kyatuukiriza ekigendererwa kyakyo:

**...Bonna abaabeera mu Asiya ne bawulira ekigambo kya Mukama waffe Yesu Kristo, Abayudaaya n'Abayonaani. (Ibikolwa 19:10)**

**Bwe kityo ekigambo kya Katonda kyakula n'amaanyi era ne kiwangula. (Ibikolwa 19:20)**

Essomero eryali mu Efeso lyatendeka abakkiriza okubeera abaweereza abalungi ab'Enjiri. Abayigirizwa bano beeyongera mu by'omwoyo okutuuka mu Asiya yonna n'Ekigambo kya Katonda. Paulo yakubisaamu obuweereza bwe mu kutandikawo ekifo ng'ekyo kino.

### **ENKOLA EYEEYONGERAYO**

Soma Ebikolwa 19:23-41 ne 20:1. Okukola n'okutunda ebintu eby'obusamize, ebitabo n'ebirala, yali bizinensi nnene mu Efeso. Abantu bwe beenenya okuva mu kibi ne bagoberera ekkubo ly'Enjiri, baalekerawo okugula ebintu bino ebyakozesebwanga mu kusinza bakatonda ab'obulimba. Baayokya ebintu ebyo bye baali bamaze okugula.

Abasuubuzi abaali beeyimirizaawo mu kutunda ebintu bino baanyiiga nnyo. Ekyavaako okwekalakaasa era ku nkomerero, Pawulo yalina okuva mu kibuga. Naye Pawulo bwe yagenda, yalekawo ekintu ekikulu ennyo mu Efeso. Yaleka ekibinja ky'abayigirizwa abatendeka okugenda mu maaso n'omulimu gw'Enjiri. Yaleka kifo ekyali kiteereddwawo eky'okutendekabwa ekyagenda mu maaso n'okuyigiriza abayigiriza abaggya okufuuka obuyigirizwa. Ekifo Pawulo kye yatandikawo kyagenda mu maaso n'enkola y'okukubisaamu wadde nga Paulo yali avude mu kibuga ekyo.

### **OBWETAAGO LEERO**

Obwetaavu bw'ebifo eby'okutendekabwamu ebifaananako bwe bityo bukyaaliwo ne leero. Nga abakyufu beeyongera obungi, kikulu nnyo batendekabwe ng'abayigirizwa. Abayigirizwa balina okusoomoozebwa n'obuvunaanyizibwa bwabwe obw'okutuuka eri ensi n'Enjiri.

Ng'amawanga gafuna enkyukakyuka mu by'obufuzi, abaminsani bangi bawalirizibwa okuva mu mawanga mwe baweerezanga. Bwe kiba nti enkola y'okukubisaamu eby'omwoyo egenda kugenda mu maaso nga tebaliwo, balina okulekawo ebifo eby'okutendekabwamu ebifaananako ng'ekyo ekiri mu Efeso.

Ekitundu ekisigadde mu ssuula eno kiwa ebiragiro ebikwata ku kuteekawo ekifo ng'ekyo. Kiyinza okutandikabwawo ekibinja ky'amakanisa oba kiyinza okutandika omuntu omu, okufaanako Pawulo, alina okwolesebwa ku nkola eno ey'okukubisaamu.

### **ENGERI Y'OKUTANDIKAWO EKIFO EKITENDEKERWAMU**

Okutandikawo ekifo eky'okutendekabwamu:

#### **1. NOONYA ENTEEKATEEKA YA KATONDA:**

Wadde nga Pawulo yatendeka abayigirizwa buli we yaweerezanga, teyatandikawo kifo kya kutendekabwa mu buli kifo. Oyize enkola nnyingi ez'okukubisaamu eby'omwoyo mu musomo guno. Ekigendererwa kya Katonda eky'okukubisaamu abayigirizwa okubunyisa Enjiri kisigala kye kimu. Enkola ekigendererwa ekyo kye kituukibwako eyawukana.

Omutendera ogusooka mu kutandikawo ekifo eky'okutendekebwa mu kugaziya kwe kunoonya Katonda by'ayagala. Harvestime International Institute ekuwa omusomo ogutumiddwa "Okumanya Eddobozi lya Katonda" oguyinza okukuyamba okutegeera engeri Katonda gy'abikkulira omuntu by'ayagala. Kubanga enteekateeka ya Katonda eyawukana ku bitundu ebitali bimu, kubanga obuwangwa bwawukana, obwetaavu n'enkola z'okutegeka ebifo eby'okugaziya bijja kwawukana.

## **2. TEGEERA EKIGENDERERWA:**

Olina okuba ng'otegeera bulungi ekigendererwa ky'ekifo ekitendekebwamu ekikoleddwa oluvannyuma lw'Ekyokulabirako ky'e Efeso. Ekigendererwa ky'essomero ng'eryo si kutendeka basajja na bakazi kukola mirimu gya busuubuzi, amakolero, okulima, n'ebirala. Amatendekero n'amasomero g'ebyemikono binno gabikola.

Essomero ly'e Efeso lyatendekanga abayigirizwa era ne babayamba okukola omulimu gw'obuweereza. Ekigendererwa kyali kya kubunyisa Njiri mu bitundu (mu Asiya yonna) ne mu buwangwa (eri bombi Abayudaaya n'Abamawanga). Abakyufu abapya olwo ne batendekebwa ng'abayigirizwa mu nkola egenda mu maaso ey'okukubisaamu.

Abamu ku bayigirizwa bano bayinza okuba nga baali basuubuzi oba balimi. Naye essomero ly'e Efeso teryabatendeka mu mirimu gino. Lyatendeka abakkiriza okubeera abayigirizwa abazaala, ka babe baakola mu katale oba ng'abaweereza b'Enjiri abajjuvu.

Ekifo kino eky'okutendekebwa tekyadda mu kifo kya kkanisa. Abakkiriza beeyongera okukuŋaana mu kkuŋaaniro, ekifo eky'ekkanisa eyasooka we yakukuŋaaniranga. Abakkiriza nabo baagenda mu maaso n'okusisinkana mu mu maka gaabwe.

Essomero ly'e Efeso lyali lya kugaziya ku kkanisa. Essomero teryakyusa buweereza bwa Kkanisa, naye okugigaziya. Ekigendererwa ky'enteekateeka y'okutendeka ng'eyo si kudda mu kifo ky'ekintu kyonna ekiriwo ekitongole ekibunyisa Enjiri n'obunyikivu.

Kirungi okuwandiika ekigendererwa ky'essomero. Kino kiyitibwa "Ekiwandiiko Ky'ekigendererwa. Kijja kukuyamba okusigala nga oli mwesigwa eri ekigendererwa ky'ekifo eky'okutendekebwamu. (Harvestime International Intitute ekuwa Omusomo gwa "Obuwanika bw'ebigendererwa" guno gunnyonnyola engeri y'okuwandiika kino.)

## **3. SSAAWO EMBALIRIRA:**

Embalirira kwe kuteebereza ssente mmeka ezigenda okugula ekintu. Ekifo ky'okozesa ku ssomero engeri gy'ogimanyisaamu, n'ensoma gy'olonda eyinza okukosebwa ssente z'onokozesa.

Bw'oba olina ssente ezisobola okutandikawo essomero, olina okukola embalirira y'ensimbi zino. Ekyo kitegeeza ggwe olina okuwandiika ssente entongole z'oteekateeka okusaasaanya ku bintu eby'enjawulo ng'omuwendu gw'osaasaanya ku bikozebwa, okumanyisa abantu, ensoma, n'ebirala.



Bw'oba tolina ssente kutandikawo kifo, saba Katonda akugabirire mu by'ensimbi. Singa ekibinja ky'amakanisa gakolagana okutandikawo ekifo kino, mpozzi buli kkanisa esobola okuwaayo ku nteekateeka eno. Abayizi mu ssomero basobola okuwaayo ebiweebwayo.

Ebbula ly'ensimbi tekikwetaagisa kukulemesa kutandika kifo kya kugaziya. Kozesa ensoma ya Harvestime International Institute era otandike essomero mu maka oba ekifo ekifaananako bwe kityo wotajja kusalwa ssente za kupangisa. Abasomesa n'abakozi basobola okwewaayo okutendeka abayizi.

#### **4. LONDA EKIFO:**

Ekibuga Efeso Pawulo kye yalonda ng'ekifo eky'obuyigirizwa kyali kijjudde abantu, gwali mwalo gw'ebuyobusuubuzi. Era kyali kifo kya bulambuzi era nga kye kitebe ky'okusinza katonda omukazi ow'obulimba Diana.

Ensonga zino zonna zaaviirako abantu bangi okubeera mu kibuga Efeso n'okukikyalira. Okutuukirira abantu abangi mu Efeso n'Enjiri gwawa omukisa munene ogw'okutendeka abayizi. Enjiri teyasobola kubuulirwa bantu bangi abaali babeera mu kibuga kyokka, naye n'abo enkumi n'enkumi z'abantu abaali bakyalira ekibuga ng'abalambuzi n'abasuubuzi. Abantu bano abaakkiriza Enjiri bwe baddayo eka, obubaka ne babutwala. Baddayo eri ebikumi n'ebikumi by'ebibuga ebirala n'ebyalo okubunyisa Enjiri.

Olw'okuba Efeso ye yali ekifo ekikulu eky'okusinzaamu katonda omukazi ow'obulimba Diana, kyawa omukisa olw'okutendekabwa mu by'okugoba zi dayimooni n'ebikolwa eby'obusamize. Olw'okuba nti Abayizi basobola okuyiga ku maanyi g'emisambwa agaakolera mu kibuga kino ekibi, mazima ddala bandisobodde okuweereza mu ebifo ebirala ebirina obuyinza obutono obwa Sitaani.

Pawulo teyaggya bayigirizwa mu bifo byabwe okusobola okutendekabwa. Yabatendekera mubifo byabwe ebizaalirwa. Baasigala mu kitundu kyabwe era ne bayiga mu lulimi lwabwe. Paulo yalonda ekifo ekirungi ennyo essomero eky'essomero okutendekabwa. Saba Katonda akulung'amywa mu kifo ekifo w'otendekerwa.

Nga bw'olowooza ku kifo awagenda okuzimbibwa ekifo kino, buuza ebibuuzo bino:

**Ekisooka:** Ekifo kino kituukirirwa abantu abagenda okutendekabwa?

Abantu balina okusobola okutuuka ku ssomero okufuna okutendekabwa. Bw'oba obeera mu kyalo, ettendekero ettendekero lirina okubeera mu kifo ng'omuntu asobola okutambula wo. Mu kibuga, ekifo kirina okuba okutuukibwako n'entambula ey'olukale. Noonya ekifo ekiri wakati ekiyinda okutuusibwako abantu amangu abasinga obungi b'oteekateeka okutendeka.

**Ekyokubiri:** Ekifo kirungi?

Efeso kyali kifo kirungi nnyo kubanga kyali kibuga kya mwalo ku nnyanja ku makubo ag'obusuubuzi. Bwe kisoboka, ettendekero liteeke mu kifo ng'ekyo. Londa ekifo abantu we bakunjaanira, okukyala, oba awali omuwendo gw'abantu ogusinga obungi.

Toty kuteeka kifo awali ebigo bya Sitaani. Kijja kuwa omukisa omunene abayizi okuteeka mu nkola ebyo ebiba bibasomesbwa. Efeso kyali kifo ng'ekyo awaali amaanyi ga Sitaani.

**Ekyokusatu:** Kifo ki ekirina okukozesebwa?

Tekyetaagisa kuzimba kizimbe kya njawulo ku kifo awatenderwa. Pawulo yakozesa ekifo ekjaliwo eyali ey'omusajja ayitibwa Tyrannus. Osobola okutandika ekifo eky'okugaziya mu kkanisa eriwo, ekizimbe ky'essomero, amaka, oba ekisenge ky'enkiiko ez'olukale.

Bwe kiba kisoboka, kiba kirungi okuteeka essomero mu kifo ekitaliiko ludda--ekizimbe ekitali kya ddiini y'ekkanisa entongole. Kino kisobozesa abantu okuva mu makanisa mangi okwetabamu nga tebalina kakwate kubanga ekifo eky'eddiini endala kyekikozesebwa.

Abasumba abamu batya nti singa abantu bagenda mu bifo ng'ebyo bafa kubafiirwa. Amadiini agamu tegakkiriza bammemba baabwe kuyingira mu kkanisa endala. Endowooza ng'ezo si ntuufu, naye ng'ate weziri. Okulonda ekifo ekitaliimu ludda kimalawo ebizibu bino bingi. Oyinza okusobola okukozesa ekifo kya gavumenti oba ekifo ky'ekibuga. Mpozzi oyinza okukozesa awaka, ekisenge ky'enkuŋaana z'olukale, enkambi, oba ekizimbe ky'amasomero ekiriwo.

Gezaako okufuna ekifo ekituukira ddala ku muwendo gw'abayizi b'osuubira okutendeka. Londa a ekifo ekijja okusikiriza ekibiina ky'abantu b'oteekateeka okutuukako. Okugeza bw'oba oyagala okutendeka abantu okuva mu bifo ebyavu eby'ekibuga, bayinza obutawulira bulungi kujja mu wooteeri ey'omutindo ogusookerwako okufuna okutendekebwa.

## **5. LONDA ENSOMO ESAANIRA:**

Ensoma eba kkoosi ya kusoma etegekeddwa. Kakasa nti olonda ensoma eja enakutuusa ku kigendererwa ky'ekifo kino nga kino kwe kutendeka n'okubawa abayigirizwa eby'okukozesa. Okugeza, omusomo ku engeri y'okumanya eddobozi lya Katonda kikulu nnyo mu kutuukiriza ekigendererwa ky'essomero okusinga omusomo ku byafaayo by'ekibiina kyo.

Ensoma mu kifo ekitendekebwamu erina okussa essira ku Yesu bye yayigiriza ekyatwala eky'aleetera abalayiki abakyusibwa ne bafuuka abayigirizwa abaali basobola okutuuka mu nsi n'Enjiri. Ensoma erimna okuba yesigamiziddwa ku Baibuli. Ensoma ng'eno efunibwa okuyita mu Harvestime International Institute. Wandikira Harvestime okufuna "Orientation And Administrative Guide" ekuwa ebisingawo ebikwata ku nsoma gye tuwa.

Mu kulonda ensoma olina n'okulowooza ku mutendera gw'obuyigirize bw'abantu b'oyagala okutendeka. Basobola okusoma n'okuwandiika? Ennimi ki ze boogera, ze basoma oba ze bawandiika? Bwe kiba nga waliwo ennimi z'omu kitundu eziwerako, waliwo olulimi lw'obusuubuzi olw'awamu oluyinza okukozesebwa mu ssomero? Osobola kusomeseza mu nnimi bbiri, ng'okozesa omuvvuunuzi?

## 6. LONDA ABASOMESA N'ABAKOZI:

Saba Katonda akulungameye mu kulonda abasomesa b'ogenda okukola nabo. Kakasa nti bakkiriziganya n'ekigendererwa ky'essomero n'ensoma egenda okusomesebwa. Omutindo gw'abasomesa gulina okulowoozebwa. Balina okusobola okuwuliziganya ku ddaala erisaanira abayizi abatendekebwa. Naye ekisinga obukulu okusinga okusoma kwabwe kwe bumanyirivu bwabwe mu by'omwoyo n'ebirabo eby'omwoyo.

Londa abasomesa abasobola okulungameya abayizi mu kuteeka mu nkola bye bayiga. Londa abasomesa abateeka ekyokulabirako ekituufu nga balaga amaanyi ga Katonda mu bulamu bwabwe n'obuweereza bwabwe. Jjukira nti e Efeso abayizi tebaayiga mu bibiina byokka. Baayiga nga bayita mu bumanyirivu era okuyita mu kyokulabirako ekyatekebawo omusomesa waabwe, Pawulo.

Londa abakkiriza abalina ekirabo eky'omwoyo eky'okuyigiriza. Bawe okutendekebwa okulala okusobola okubayamba okukulaakulanya ekirabo kyabwe. Omusomo gwa Harvestime Institute ogutumiddwa "Obukodyo bw'okusomesa" gujja kukuyamba mu kutendeka abasomesa ku kifo kino eky'okutendeka.

Oyinza okwetaaga abakozi abamu ng'oggyeeko abasomesa. Oyinza okwetaaga omuntu ayonja n'okuteekateeka ebisulo oba okufuna ensoma. Omuntu ayinza okwetaaga okuba ng'avunaanyizibwa ku kulanga essomero lino. Lowooza ku ssomero mu bujjuvu. Mirimu ki egijja okwetaaga okukolebwa okukuuma essomero nga likola? Londa abakozi abalina obusobozi okukola ebyetaagisa emirimu.

## 7. ESSOMERO LIRANGE

Abantu tebasobola kugenda mu ssomero lino kufuna kutendekebwa bwe baba nga tebamanyi nti weeliri. Olina okusaasaanya amawulire g'ekifo kino mu kyalo oba ekibuga kyonna mw'oteekateeka okuweereza.

Engeri gy'olangirira essomero kyawukana okusenziira ku kifo essomero lyo we liri ne sseente mmeka z'olina ezisobola okulimanyisa. Ekifo kyo eky'okutendekebwa mu bwe kiba mu kyalo ekitono, osobola okukilangirira ng'ogenda nju ku nju n'okukyalira buli kkanisa mu kyalo. Amawulire gasobola okusaasaana mu kigambo ky'akamwa. Osobola okwogera ssekinnoomu n'abasumba ku pulogulaamu eno. Osobola okwogera nga sekinnoomu eri abakkiriza abalina okwagala okutendekebwa. Ekyalo kyonna osobola okukituukako mu ngeri ennyangu nga tewali sseente zisaasaanyizibwa. Mu kibuga, amawulire tegasaasaana mangu bwe gatyo olw'omuwendo gw'abantu omungi. Oyinza okukozesa ezimu ku nkola zino wammanga okumanyisa abantu essomero lino:

**Okukyalira ekkkanisa:** Funa olukalala lw'amakanisa gonna mu kibuga. Osobola okufuna olukalala ng'olwo okuyita mu ndagiro y'amasimu oba ekitongole kya gavumenti ekiwandiisa amakanisa. Tuukirira omusumba wa buli kkanisa n'okugabana okwolesebwa kw'ekifo kino. Musabe akukirize okugabanako ne bammemba b'ekkanisa ye mu kusaba okwa bulijjo.

**Amawulire g'Ekkkanisa:** Singa amakanisa mu kibuga kyo gagaba amawulire aga buli wiiki eri bammemba, tegeka akapapula akatono akagenda okuteekebwa mu mawulire g'ekkanisa. (Laba ekyokulabirako mu

"Okwongera Okusoma". Ak'ekitundu ky'essuula eno.)

**Ebifulumizibwa mu mawulire:** Tegeka ekiwandiiiko ekikwata ku ssomero lino eri empapula z'amawulire ez'omu kitundu. Buuza ku bikwata ku ssente ezisaasaanyizibwa okuteeka akalango akasasulwa nga bwe kiri. (Laba ekitundu "Okwongera okusoma" eky'essuula eno.)

**Ebipande:** Kolayo ekipande ekiranga essomero. Teeka ekipande mu kifo ekiyingirwamu mu kkanisa we kisobola okulabibwa ng'abantu na bayingira n'okufuluma. Singa ekkkanisa eba n'enzigi oba amadirisa g'endabirwamu nga gatunudde mu oluguudo olujjudde abantu, teekawo ekipande kisobole okulabibwa abantu okuva ku mabbali g'ekkubo abayita ku Kkanisa.

Funa olukusa okuva mu maduuka g'ebitabo g'Abakristaayo mu kitundu, bizinensi z'Abakristaayo, amatendekero/amasomero, n'ebirala, okuteeka ebipande ku bipande byabwe. Teeka ebipande mu bifo eby'amaduuka, bbanka-- wonna abantu we bakunjaanira. Kakasa nti ofuna olukusa okuva mu bannannyini byo nga tonnaba kukikola. Kakasa nti tewali mateeka ga gavumenti gakugira bipande ng'ebyo.

**Emikolo gy'Ekikristaayo:** Singa wabaawo enkung'aana, ebivvulu, oba enkujaana ezitegekeddwa mu kitundu kyo nga ejja kusikiriza abakkiriza, saba obukulembeze okulangirira ekifo eky'okutendekebwa mu kiseera ky'omukolo.

**Obwammemba bw'ekkanisa:** Saba bammemba b'ekkanisa okugaba ebipande n'ebiwandiiko by'omu ngalo. Ebiwandiiiko by'omu ngalo eyinza okuba dizayini y'emu ekozesebwa ku biyingizibwa mu mawulire g'ekkanisa.

**Enkungaana z'obuweereza:** Bwe wabaawo olukiiko lw'abaweereza oba enkungaana mu kibuga, tuukirira abakulembeze n'okusaba obudde okugabana mu lumu ku nkiiko zaabwe ebikwata ku kifo eky'okutendekebwa. Mubeere n'ebipande, ebipapula by'omu ngalo, n'ebiyingizibwa mu mawulire by'ogenda okuva buli muweereza.

**Enkalala z'amadiini:** Weereza ebbaluwa eri buli musumba n'ekkanisa mu kibiina kyo. Buuza abasumba abalala olw'enkalala z'amabaluwa ezisangibwa mu bibiina byabwe.

**Ebibina by'Abakristaayo mu kitundu:** Tuukirira obukulembeze bw'ebibiina by'Abakristaayo eby'omu kitundu. Okugeza, "Youth For Christ," "Campus Crusade," "Young life," "Full gospel businessmen Fellowship," "Women's Aglow," "Teen Challenge," n'ebibiina ebifaananako bwe bityo. Sisinkana abakulembeze era n'okusaba olukusa okugabana amawulire g'ekifo ekigaziyizibwa mu lumu ku nkiiko eza bulijjo ez'ekibiina kyabwe.

## **8. KOLA OLUSOMA OLUSOOKA:**

Olusoma olusooka mu kifo ky'okutendekebwa kikulu nnyo. Muli basumba bonna n'abakkiriza b'omu kitundu balina okulwetabamu. Olukungana lulina okubeeramu:

1. Okwanjula abasomesa n'abakozi.
  2. Okunnyonnyola ekigendererwa ky'ekifo eky'okutendeka.
  3. Okwanjula ensoma egenda okukozesebwa mu ssomero.
  4. Ekiseera eky'okusaba, okutendereza, n'okuyimba
  5. Ekitundu ky'okusomesa ekikubiriza, ekyokulabirako ky'ebyo essomero bye linaakuwa.
  6. Okusaba okuggalawo okw'okuwaayo ekifo n'abasomesa.
  7. Okuwandiisa abo abaagala okwetaba mu nteekateeka y'okutendekebwa. Okwewandiisa kulina okukolebwa ku nkomerero y'olutuula olusooka nga tebannavaawo. Abayizi bajja kuba basisinkanye abasomesa, nga bafunye ennyanjula ku nsoma, n'okufuna eky'okulabirako ku bigenda okusomesebwa.
- Kino kisaana okubakubiriza okwewandiisa mu musomo gw'okutendekebwa ogujjuvu. (Laba ekyokulabirako kya foomu y'okwewandiisa mu kitundu "Okwongera Okusoma" mu musomo guno.)

## **9. EMISOMO GY'EKIBIINA EGY'ABULIJJO**

Bino by'ebimu biragiro ebikwata ku kukola emisomo gy'ekibiina egya bulijjo:

- a. Weetegeke: Buli musomesa alina okuba ng'amanyi bulungi essomo ly'alina okusomesa. Alina okuba n'ebikozesebwa ebituufu nga yetegeke buli kiseera ky'ekibiina. Alina okuba n'ebigendererwa ebitongole ku buli ssomo. Bw'oba okozesa ensoma ya Harvestime International mu ttendekero, ebigendererwa biwandikiddwa ku ntandikwa ya buli ssuula. Kakasa nti ebibiina nabyo bitegekeddwa bulungi abayizi. Buli muyizi abeere n'ebitabo ebisomesebwa. Oyinza okuteekawo ebifo eby'okuwuliriza/okulaba amaloboozi ne vidiyo singa oba olin ebyuma ebituufu olw'ekyo. Abayizi basobola okuwuliriza ebiragiro ebikubiddwa mu maloboozi ne vidiyo.
- b. Beera mu budde: Tandika era okomekkereze emisomo gy'ekibiina mu budde, okuggyako ng'Omwoyo Omutukuvu akulungamiza mu ngeri endala.
- c. Saba: Ggalawo era oggalewo emisomo gy'ekibiina mu kusaba.
- d. Weekenneenye era ofundikire: Tandika buli kitundu kya kibiina n'okuddamu okwetegereza mu bufunze ebyo ebyasomesebwa mu kiseera ky'ekibiina ekisembayo. Ggalawo buli kibiina n'okufunza essomo erisomesebwa.
- e. Kozesa enkola ez'enjawulo ez'okusomesa: Okutendekebwa mu nkola zino soma omusomo gwa Harvestime International Institute ogwa, "Obukodyo bw'okusomesa."
- f. Beera muggule eri okulungamizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu: Kino kikulu nnyo okusinga okumaliriza omusomo ng'ogoberera enkola etegekeddwa.

- g. Lambika abayizi okuteeka mu nkola ebyo ebisomesebwa: Okugeza, bw'oba osomesa ku kuwonya, sabira abaliwo nga balwadde. Bw'oba oyigiriza ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, sabira abantu bajjule Omwoyo Omutukuvu.
- h. Tegeka ebigenda mu maaso mu kuyiga ebweru w'ekibiina: Waayo emirimu gy'okusoma abayizi gye balina okumaliriza wakati w'entuula z'ekibiina. Bawe emikisa okussa mu nkola kyebayize nga bayita mu buweereza obw'omugaso mu kkanisa yaabwe ne mu kitundu kyabwe.

Jjukira: ekigendererwa ky'essomero kwe kuzimba abayigirizwa bakozezebwa mu kusala obuwangwa n' ennyiriri z'ebitundu okubunyisa obubaka bw'Enjiri.

## OKWEGEZAAMU

1. Wandika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.

.....  
.....  
.....

2. Nkola ki Pawulo ze yakozesa okuyigiriza abakiriza mu Efeso?

.....  
.....  
.....

3. Nnyonyola ekifo eky'okutendekebamu e Efeso.

.....  
.....  
.....

4. Kigendererwa ki eky'ekifo eky'okutendekebamu?

.....  
.....  
.....

5. Funza ebiragiro ebiweereddwa mu ssuula eno ku kutandikawo ekifo eky'okutendekebamu.

.....  
.....  
.....

(Eby'okuddamu mu bigezo biweereddwa ku nkomerero y'essuula esembayo mu kitabo kino.)

## OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Eriya yategeka essomero lya bannabbi mu ndagaano enkadde lye yali akulira (laba 2 Bassekabaka 2:4). Bw'olowooza ku buweereza bwa bannabbi, misomo ki gy'olowooza egiyinza okugatibwamu mu nsoma y'essomero lino?
2. Harvestime International Institute ewa emisomo gy'okutendeka egiyinza okukozesebwa tendekero lino, n'omusomo guno guli kitundu ku nsoma eno. Ekitongole kino kiri enteekateeka y'okutendeka Abakristaayo abaabulijjo abaagala okukozesebwa Katonda mu buweereza obulungi. Essira lisinga kulissa ku ebyo Yesu bye yayigiriza okukyusa abantu ababulijjo okufuuka abakkiriza abatuuka mu nsi yaabwe n'obubaka bw'Enjiri mu kwolesebwa amaanyi. Ensoma ya Harvestime International Institute egabanyizibwamu ekitabo eky'ennyanyula n'emisomo mukaaga ez'okutendekebwa okusookerwako. Okumanya ebisingawo tuwandikire.
3. Ebyokulabirako by'oyinza okukozesa mu kutegeka ebikozesebwa okumanyisa abantu ekifo eky'okutendekebwamu:

### **Ekiwandiiko eky'ekyokulabirako eky'olupapula lw'amawulire:**

Amakanisa g'ekitundu (erinnya ly'ekibuga) gakuyita okwegatta ku Harvestime International Institute erigenda okutandika mu kifo kino (ennaku).

Okusenziira ku (erinnya ly'omusumba w'ekitundu mu kkanisa), ssentebe w'akakiiko akateekateeka ekitundu, Harvestime International Institute ya buli mukozi Omukristaayo ow'amadiini gonna.

Ettendekero lino ligenda kukola (ennaku za wiiki, ebiseera) ku (ekifo).

Emisomo gy'okutendekebwa n'abasomesa gijja kubaamu (wandiika amannya g'amasomo gonna n'abasomesa, okugeza, "Emisingi gy'okukkiriza" esomesebwa Rev. Jim Smith, omusumba w'ekkanisa ya "First Church", n'ebirala)

Okumanya ebisingawo, tuukirira (erinnya, endagiri, essimu y'omuntu gw'oyinza okutuukirira okufuna ebisingawo).

### **Ekyokulabirako eky'okulangirira ku leediyo oba ttivvi:**

Amakanisa g'ekitundu (erinnya ly'ekibuga) gakuyita okwegatta ku Harvestime International Institute erigenda okutandika mu kibuga kino (ennaku).



Okusenziira ku (erinnya ly'omusumba w'ekitundu mu kkanisa), ssentebe w'akakiiko akateekateeka ekitundu, Harvestime International Institute ya buli mukozi' Abakristaayo n'amadiini gonna.

Emisomo gy'okutendekebwa n'abasomesa gijja kubaamu (wandiika amannya g'amasomo gonna n'abasomesa).

Okumanya ebisingawo, tuukirira (erinnya, endagiri, essimu y'omuntu gw'oyinza okutuukirira okufuna ebisingawo).

**Ffoomu y'okwewandiisa ey'ekyokulabirako:**

---

HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE

Okwewandiisa

Erinnya: \_\_\_\_\_

Gy'obeera: \_\_\_\_\_

Essimu: \_\_\_\_\_ Emyaka: \_\_\_\_\_

Ekkansa: \_\_\_\_\_

Kifo ki eky'obukulembeze ky'ovunaanyizibwako mu kiseera kino mu kkanisa yo?

Obuyigirize bwo buli ki? \_\_\_\_\_

Ennimi ki z'oyogera, z'osoma, era z'owandiika obulungi? \_\_\_\_\_

(Osobola okuteeka ebintu ebirala byonna by'oyinza okwagala ku foomu eno ey'okwewandiisa.)

---

**Ebiragiro Eri Abasumba:**

Ebbaluwa eno wammanga osobola okugiweereza abasumba b'amakanisa gonna ag'omu kitundu n'amawulire agakwata ku ttendekero lya Harvestime Institute:

Omusumba omwagalwa:

Tukwanjulira omukisa omulungi okusanyusa ogw'okutendeka abakulembeze b'Abakristaayo mu kkanisa yo.

Eno y'engeri gy'oyinza okweyambisa omukisa gw'okutendekedwa kuno okw'enjawulo okuleeteddwa mu (erinnya ly'ekibuga) ettendekero lya Harvestime

1. Weekenneenye n'obwegendereza ebintu ebissiddwako. Tutaddemu ekiwandiiko eky'enjawulo eky'okuyita abantu nga kikwata ku Ttendekero lino.
2. Kakasa nti buli mmemba omukulu mu kibiina kyo afuna kkopi y'akatabo akalangirira ettendekero lino.
3. Kozesa akapupula ng'ekipande mu kkanisa yo. Teeka emu ku miryango awayingiriirwa n'okufuluma.
4. Bw'oba olina amakanisa g'amatabi g'olabirirwa oba enkalala zonna ez'amabaluwa ez'ekkanisa yo, ziweereza olw'obwammemba bwabwe.
5. Ekkansa yonna gy'oyinza okukyalira oba okwogereramu, tambula n'akapapula akalanga ettendekero eryo era egabane nabo omukisa guno
6. Bw'oba ng'okoze Kuluseedi, olukunjaana olunene, enkambi, genda n'obupapula obulanga ettendekero lino era obugabire oba abandyagadde okulyegattako.
7. Bw'oba oli mmemba w'ekibiina ky'abaweereza eky'omu kitundu mu kibuga oba mu kibiina, manyisa ettendekero lino eri bammemba bano era ogabe obupapula.

Okumanya ebisingawo ku bupapula tuukirira:

(Erinnya, endagiriro, essimu y'omuntu gw'olina okutuukirira)

Akapapula ak'ekyokulabirako akalanga ettendekero lino:

Wammanga kyakulabirako ky'akapapula akalanga ettendekero lya Harvestime International Institute. Kyusa mu katono ku ebyo ebikwata ttendekero lyo:

EKIJJA MU MANDERA...HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE...

OKUTENDEKEBWA ABAKRISTAYO OLV'OKUBUULIRA ENJIRI MU MASOMO AMATONO

Ennaku z'omwezi: September 13-January 5 nga bwe kiri

Ebiseera: Mmande-Lwakusatu-Lwakutaano: 6:30 p.m. okutuuka ku ssaawa 9:30 ez'olweggulo.

Ekifo: Ekisenge ky'olukale, 114 N. G St., Madera

AMASOMO MULIMU:

Engeri z'okukungula mu Mwoyo

Okulaba Ensi mungeri ya Baibuli

Emisingi Gy'okukkiriza

Obukodyo bw'Okusomesa

Obulamu bw'Obwakabaka

Enkola z'okukubisaamu

Entalo z'Omwoyo

Ennono z'Amaanyi

Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu

Ennono z'obuwanika obwa Baibuli

Okumanya Eddoboozi lya Katonda

Okwekenneenya obwebulungulule

Enkola Y'Okwekenneny Baibuli

Obuwanika bw'ebigendererwa

Okunoonyereza mu Baibuli

Enkola z'okukunga abantu

Okubuulira Enjiri Okulinga Ekizimbulukusa

Olutalo Lw'Omubiri

ABASOMESA:

Rev. Bill Smith, omusumba w'Ekkanisa ya First Church Modesto. Omusumba Smith yatikkirwa mu Moody Bible Institute era atambudde nnyo mu nsi yonna mu kubuulira enjiri.

Rev. Tim Jones, eyali omuminsani e China, abadde aweereza mu kusimba amakanisa mu kiseera kyonna mu mawanga ga Asiya.

Joan Tully, dayirekita w'abavubuka mu Second Church e Madera, abadde aweereza mu Bayorub mu Bayindi.

-Eri Abakristaayo bonna ab'amadiini gonna-Satifikeeti z'okumaliriza zigenda kuweebwa.

-Okuyingira kwa bwereere (oba ssente ze\_\_\_\_\_)

Okumanya Ebisingawo Tuukirira: Erinnya, endagiriro, essimu...

### **Ebbaluwa eyita abantu:**

Eno y'ebbaluwa egenda okuweerezebwa abakkiriza bonna ab'omu kitundu. Jjukira okukyusaamu ku ebyo ebikwata n'ettendekero lyo ku ky'okulabirako ekikuweereddwa:

Mukwano gwaffe omwagalwa:

Oyagala okumanya engeri y'okufuula buli ddakiika y'obulamu bwo obw'omuwendo eri Katonda? Osobola okuyiga engeri eno ku...Harvestime International Institute. Ku ttendekero lya Harvestime International Institute ojja kuyiga amasomo nga:

Engeri z'okukungula mu Mwoyo

Okulaba Ensi mungeri ya Baibuli

Emisingi Gy'okukkiriza

Obukodyo bw'Okusomesa

Obulamu bw'Obwakabaka

Enkola z'okukubisaamu

Entalo z'Omwoyo

Ennono z'Amaanyi

Obuweereza Bw'Omwoyo Omutukuvu

Ennono z'obuwanika obwa Baibuli

Okumanya Eddoboozi lya Katonda

Okwekenneenya obwebulungulule

Enkola Y'Okwekenneny Baibuli

Obuwanika bw'ebigendererwa

Okunoonyereza mu Baibuli

Enkola z'okukunga abantu

Okubuulira Enjiri Okulinga Ekizimbulukusa

Olutalo Lw'Omubiri.

Abakulembeze b'ebano:

Rev. Bill Smith, omusumba w'Ekkansa ya First Church Modesto. Omusumba Smith yatikkirwa mu Moody Bible Institute era atambudde nnyo mu nsi yonna mu kubuulira enjiri.

Rev. Tim Jones, eyali omuminsani e China, abadde aweereza mu kusimba amakanisa mu kiseera kyonna mu mawanga ga Asiya.

Joan Tully, dayirekita w'abavubuka mu Second Church e Madera, abadde aweereza mu Bayorub mu Bayindi.

Harvestime International Institute si seminaliyo ya by'addiini... buweereza obw'ekiseera ekitono okukutendeka okubeera n'obulamu obw'Ekikristaayo obuvaamu ebibala n'okutuukiriza obuweereza bwo Katonda bweyakuyitira. Ennaku z'Ekitongole kino ze September 13 okutuuka nga January 5. Emisomo gigenda kubeerawo ku Mmande, Lwakusatu, ne ku Lwokutaano okuva ku ssaawa 6:30 ez'ekiro. okutuuka ku ssaawa 9:30 ez'olweggulo. Ku Public Hall, 114 N G. St. Madera. Nsaba obeere wa ddembe okuntuukirira ku (559) 661-1126 bw'oba oyagala okumanya ebisingawo. Okwewandiisa kugenda kukolebwa mu kiro ekisooka ekya Institute ku Mmande nga September 13th

## OKUDDAMU KU BIBUZO BY'OKWEGEZAAMU

### ESSUULA ESOOKA:

1. Yesu n'abagamba nti Mujje mungoberere, nange ndibafuula abavubi ba bantu. (Makko 1:17)
2. Ekiragiyo kya Yesu ekyasooka era ekisembayo eri abagoberezi be kyali kya kuzaala mu by'omwoyo. Laba Makko 1:17 ne Ebikolwa 1:8.
3. Okukubisaamu kitegeeza okweyongera mu muwendo nga tuyita mu kuzaala. Okukubisaamu y'enkola y'okweyongera. Ekintu bwe kikubisibwamu kiddibwamu emirundi n'emirundi mu ngeri y'emu.
4. Okweyongera mu by'omwoyo kukolebwa nga tuzaala mu by'omwoyo. Omukkiriza azaala ngagabana Enjiri n'abalala, okubakulemba okufuuka abakkiriza, n'okubanyweza nga abayigirizwa ba Mukama waffe Yesu Kristo.
5. "Enkola" ye nteekateeka y'okutuukiriza ekiruubirirwa ekigere.
6. "Engeri" nkola eziyinda okugattibwa okutuuka ku kiruubirirwa.
7. "Enkola z'okukubisaamu" ez'omwoyo nkola ezisobozesa abakkiriza okutuuka ku kiruubirirwa ky'okuzaala mu by'omwoyo.
8. Geraageranya ebigambo byo mu bufunze n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula Esooka.

### ESSUULA EY'OKUBIRI:

1. Kubanga ani anyooma olunaku olw'ebintu ebitono? (Zakaliya 4:10)
2. Geraageranya mu bufunze bw'okoze n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'okubiri.
3. Okukula mu bitundu, Okukula kw'amawanga, Okukula kw'omuwendo, Okukula mu by'omwoyo.
4. Okujuliza kwonna ku bino wammanga biyinda okukozesebwa: Okubala 1:1-3, 2:23-24, 26:1-4, Matayo 9:13, Lukka 15:7, 19:10 Ebikolwa 1:15, 2:41, 4:4, 6:7, 9:32, 12:24, 16:5, 19:20, 28:30-31, Yokaana 3:16, 2 Peetero 3:9
5. Geraageranya mu bufunze bw'okoze n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'okubiri.
6. a. Kikyaamu.                      b. Kikyaamu.

### **ESSUULA EY'OKUSATU:**

1. Era n'engeri nnyingi bwe zityo n'ayogera nabo Ekigambo, nga bwe baali basobola okukiwulira. (Makko 4:33)
2. Olugero mbooji ekozesa ekyokulabirako okuva mu nsi ey'obutonde okulaga amazima ag'omwoyo. Amakulu amatuufu ag'ekigambo "olugero" kwe "kugeraageranya." Mu ngero Yesu yakozesa ebyokulabirako eby'obutonde era n'abigeraageranya n'amazima ag'eby'omwoyo. Olugero ye mbooji ey'oku nsi erimu amakulu ag'omu Ggulu.
3. Okutegeera amazima ag'omwoyo agasomesebwa mu ngero kwaweebwa abayigirizwa kubanga baalina ebirowoozo eby'omwoyo. Abo abatalina birowoozo bya mwoyo baawulira engero ne balemererwa okuzitegere.
4. Laba okukubaganya ebirowoozo ku ngero mu Ssuula ey'okusatu.

### **ESSUULA EY'OKUNA:**

1. N'ebyo by'owuliddeko mu bajulirwa abangi, biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)
2. "Okujulira" kwe kwogera by'olabye, by'owulidde, oba by'oyiseemu. Mu kkooti y'amateeka, omujulizi y'oyo awa obujulizi ku muntu oba ekintu. Ng'abajulizi, tulina okuwa obujulizi obukwata ku Yesu n'enteekateeka ye ey'obulokozi bw'abantu bonna.
3. Ekigambo "abalayiki" kitegeeza "okubeera abantu ba Katonda abalonde. Amakulu agasookerwako ag'ekigambo kiri "abantu ba Katonda bonna. Ekigambo "omulayiki" kyajja okukozesebwa ku abo abaali tebaweeriza ku mikolo egy'enjawulo egy'ekiseera kyonna mu kkanisa.
4. Ekigambo "Kalaje" kitegeeza abaweeriza abakugu mu kkanisa. Bannaddiini kitegeeza abo abatwala obuweeriza ng'omulimu gwabwe era ebiseera ebisinga bakozesebwa ekiseera kyonna mu kkanisa.
5. Okuyitibwa kw'abalayiki kitegeeza obuvunaanyizibwa bwa buli mukkiriza okubeera "kabona" oba omuweeriza w'Enjiri eri abatakkiriza.
6. Enteekateeka ya Katonda efunziddwa mu Bikolwa 1:8. Omwoyo Omutukuvu ge maanyi ag'obwakatonda agali emabega w'enkola y'okukubisaamu, Yesu Kristo y'alina okuba obubaka era ensi gyetuweerereza obubaka buno. Abakkiriza balina okuba ebikozesebwa by'okukubisaamu. Enkola ya Katonda buli mukkiriza kwe kuba "Omujulizi" ku Njiri, okuyigiriza abantu okusobola okuyigiriza abalala. 2 Timoseewo 2:2

7. Andereya ne Ananiya.
8. Tandika okubuulira Enjiri n'ab'enjanda, mikwano gyo, ne bakozi banno. Enjiri ebuna amangu okusingira ddala ku b'okologana nabo.

#### **ESSUULA EY'OKUTANO:**

1. Era nkugamba nti ggwe Peetero, era ku lwazi luno ndizimba Ekkansa yange; era emiryango gya Geyeena tegirigiwangula. (Matayo 16:18-19)
2. Abakkiriza bonna abatuufu mu Yesu Kristo abazaalibwa omulundi ogw'okubiri mu Bwakabaka bwa Katonda.
3. Ekkansa yazaalibwa Omwoyo Omutukuvu ku lunaku lwa Pentekooti. Laba Ebikolwa 4.
4. Geraageranya eby'okuddamu byo ku lukalala lw'ebifaananyi ebiri mu Ssuula ey'Okutaano.
5. Okusinza, okuweereza, okukolagana, obutume.
6. Laba okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'Okutaano
7. Laba okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'Okutaano.

#### **ESSUULA Y'OMUKAAGA:**

1. Omubiri ogwo gugattibwa mu nnyingo ne mu binywa era ne gugattibwa wamu nga gukula, Katonda nga y'agukuza. (Abakkolosaayi 2:19)
2. Okukula kw'omunda kitegeeza okukula n'okukulaakulana mu by'omwoyo kw'abakiise b'ekkanisa. Kitegeeza okukula mu mutindo okusinga obungi.
3. Okukula mu mwoyo kitegeeza okukula mu by'omwoyo ekivaamu okukula mu bulamu bwa Kristo mu mukkiriza.
4. Laba okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'Omukaaga.
5. Laba okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'Omukaaga
6. Laba okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'Omukaaga.

#### **ESSUULA EY'OMUSANVU:**

1. Ekigambo kya Katonda ne kyeyongera, n'omuwendo gw'Abayigirizwa ne gweyongera nnyo mu Yerusalemi. (Ebikolwa 6:7)



2. Okukula kw'okugaziwa kubaawo ng'abakkiriza bawangula abakyufu abapya eri Kristo ne babaleeta mu kukolagana n'ekkanisa yaabwe ey'omu kitundu. Kivaamu okukula kw'omuwendo gw'ekkanisa y'omu kitundu.
3. Geraageranya by'ofunziza n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'Omusanvu.
4. Geraageranya eby'okuddamu byo ku kukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'Omusanvu.

#### **ESSUULA EY'OMUNAANA:**

1. Era bwe kityo amakanisa ne ganywerera mu kukkiriza, ne geeyongera obungi buli lunaku. (Ebikolwa by'Abatume 16:5)
2. Okukula kw'okugaziya kubaawo ng'ekkanisa etandika ekanisa endala mu buwangwa obufaanagana. Ekanisa empya kwe kugaziya ekanisa "maama", nga omwana mu nsi ey'obutonde bw'ali okugaziya mu mubiri gw'abazadde be.
3. Okusimba ekanisa kukozezebwa okunyonnyola okugaziya n'okuzimba omukutu gw'okukula kw'ekkanisa. "Asimba" ekanisa empya nga omulimi bw'asimba ensigo mu nsi ey'obutonde. Ensigo ejja kuzaala ekimera ekihya nga "maama" mwe kyava.
4. Abantu b'ekkanisa ya Yerusalemi baasaasana olw'okuyigganyizibwa. Baagenda buli wamu nga babuulira Ekigambo era ng'abakyufu abapya balokoka, amakanisa amapya ne gatondebwawo.
5. Zino ze ngeri ekanisa ey'okugaziya gy'eyinza okutandikamu:
  - Ekanisa emu etandikawo ekanisa endala.
  - Amakanisa agawerako gakolagana okutandikawo ekanisa endala.
  - Ekanisa ennene yeeyawulamu okukola ebitongole by'ekkanisa bibiri oba okusingawo eby'enjawulo.
  - Omukkiriza ssekinnoomu alagibwa mu kitundu ekimu okutandikawo ekanisa.
6. Bino bye bika by'Ekanisa ezigaziyizibwa:
  - Amakanisa agaweereza eri ekitundu eky'enjawulo.
  - Amakanisa agaweereza eggwanga erimu.
  - Amakanisa agalina ebigendererwa eby'enjawulo.
7. Ebikulu mu Baibuli kwe kusimba Amakanisa amapya mu bitundu ebitatuukiddwaako, ebifo ebikkiriza, ebibuga n'oluvannyuma mu byalo.
8. Obubaka obuvaamu Amakanisa amapya bwesigamye ku Baibuli, nga bwesigamye ku Kristo, nga kwesigamye ku bwetaavu bw'abantu.

### **ESSUULA Y'OMWENDA:**

1. ...Okuzibula amaaso gaabwe, n'okubakyusa okuva mu kizikiza okudda mu musana, n'okuva mu maanyi ga Sitaani eri Katonda, balyoke basonyiwe ebibi, n'obusika mw'abo abatukuzibwa olw'okukkiriza okuli mu nze. (Ebikolwa 26:18)
2. Okukula okw'okusala ensalo kubaawo ng'Ekkansa ebuna mu ggwanga, ennimi oba amawanga oba mu buwangwa obw'enjawulo.
3. Ebikolwa 1:8. Enjiri yali ya kubuna okuva e Yerusalemi okutuuka ku "nkomerero" z'ensi.
4. Omutume Pawulo.
5. Geraageranya ebigambo byo mu bufunze n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula ey'Omwenda.

### **ESSUULA EY'EKKUMI:**

1. Awo Yesu n'agamba abayigirizwa be nti, "Omuntu yenna bw'ayagala okungoberera, yeegaane, asitule omusaalaba gwe, angoberere. (Matayo 16:24)
2. Ekigambo "Omukyufu" kitegeeza abakiriza abapya mu Yesu abazaalibwa omulundi ogw'okubiri olw'okukkiriza ne bafuuka ekitundu ky'Obwakabaka bwa Katonda.
3. "Omuyigirizwa" ye mukyufu azimbiddwa ku misingi gy'enzikiriza y'Ekikristaayo era nga asobola okusitula abakyufu abapya n'okubasomesa. Ekigambo "omuyigirizwa" kitegeeza omuyizi, omuntu ayiga ng'agoberera. Kisingako ku kumanya kw'omutwe. Kikoma n'okukyusa obulamu bw'omuntu.
4. Ebintu bisatu ebikulu eby'okuyitibwa okufuuka abayigirizwa, okumanya omuwendo, ebigobererwa ebituufu, n'ebigendererwa ebituufu.
5. Emisingi omwenda emikulu egy'okutendeka abayigirizwa gye gino:

Okusunsula

Okulagira

Okwetabamu

Okwolesa

Okutukuzibwa

Okwolesebwa

Okulabirira

Okusigira.

6. Omuyigirizwa y'oyo:

Eyeerekereza byonna

Abeera mu Kigambo

Yeefiriza

Muwulize

Agoberera Yesu

Muweereza

Afuula Obwakabaka bwa Katonda ekintu kye ekikulu

Agulumiza Katonda okuyita mu kubala ebibala

Alaga Okwagala kwa Katonda

7. Ekigezo ekituufu eky'obuyigirizwa kye kibaawo nga toli n'abayigirizwa. Basigala nga beesigwa era nga bayigiriza abalala abalina obusobozi okugenda mu maaso n'enkola y'okukubisaamu?

**ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU:**

1. Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'abatatya Katonda, atayimirira mu kkubo ly'aboononyi, so tatuula mu ntebe y'abanyooma. Naye okusanyuka kwe kuli mu mateeka ga Mukama; era mu mateeka ge mw'afumiitiriza emisana n'ekiro. Era aliba ng'omuti ogusimbibwa ku mabbali g'emigga egy'amazzi, egibala ebibala byagwo mu biseera byayo; n'ekikoola kye tekiriwotoka; era buli ky'akola kiriraba omukisa. (Zabuli 1:1-3)

2. Ekintu bwe kikonziba mu nsi ey'obutonde, omubiri tegukula ku bunene bwagwo obutuufu. Okukonziba bwe kubaawo mu by'omwoyo, abantu tebakula era n'ekkanisa tekula.

3. Ekyokulabirako A: Ow'oluganda anyiize alina okugoberera ebiragirowo ebiweereddwa mu Matayo 18:15-17.

Ekyokulabirako B: Ekkkanisa eyinza okuba n'enkola ya "jja" okusinga "genda". Wayinza okubaawo emirimu egitavaamu bibala ebyetaaga okusalibwa.

Ekyokulabirako C: Ekkkanisa eno eyinza okuba nga tetendeka bakyufu kufuuka bayigirizwa.

## **ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI:**

1. **Naye abantu abatali bamu ne bakakanyaza emitima gyabwe ne bagaana, ne batandika n'okwogera obubi ku kkubo mu kibiina. Paulo n'abaviira, n'atwala abakkiriza, ne bakunganiira mu kisenge eky'essomero lya Tulaano buli lunaku:**

**Ne bamala emyaka ebiri n'okusingawo nga bakola bwe batyo, era Abayudaaya bonna n'Abayonaani bonna n'Abayonaani bonna abaaberanga mu kitundu ekyo ekya Asiya ne bawulira ekigambo kya Mukama. (Ebikolwa 19:9-10)**

2. Pawulo yayigiriza ng'ayita mu bumanyirivu obw'obuntu (Ebikolwa 19:2-8), ng'akozesa ekyokulabirako (Ebikolwa 19:11-12), era mu ssomero ly'okutendekebwa (Ebikolwa 19:9).
3. Ekifo eky'okutendekebwamu e Efeso kyali kya myaka ebiri nga kitendeka abayigirizwa okuweereza mu buwangwa ne mu bitundu okubunyisa Enjiri (Ebikolwa 19:10-20).
4. Ekigendererwa ky'ekifo ekitendeka abayigirizwa mu kugaziya kwe kutendeka abayigirizwa n'okubazimba olw'omulimu gw'obuweereza.
5. Geraageranya by'ofunziza n'okukubaganya ebirowoozo mu Ssuula Ekkumi n'Ebbiri.